

ENNONO Z'OKWEKENNEENYA OBWEBULUNGULULE

HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE.

Olusoma luno luli kitundu ku “**Harvestime International Institute,**” ng’enteekateeka egenderera okuyamba abakkiriza okufuna amakungula g’omwoyo agatuukiridde.

Omulamwa omukulu mu kutendekebwa kuno kwe kusomesa ekyo Yesu kyeyasomesa, ekyaleetera abavubi, abawooza n’abalala okufuuka abakristaayo ab’omugaso, abaatambula amawanga n’enjiri nga boolesa amaanyi.

Ekitabo kino ssomo ery’etongodde ku ago agasomesebwa, okuseeseetula abakkiriza okuviira ddala ku kwetaba nga bayita mu busigire, okw’ekubisaamu, okwetegeka n’okwekuhjaanya okutuuka ku kiruubirirwa eky’okubuulira enjiri.

© Harvestime international institute

<http://www.harvestime.org>

EBIRI MU KITABO

Enkozesa y’ekitabo kino.....	3
Ebyandikoleddwa abasomera mu bibinja.....	4
Ennyanjula y’olusoma.....	5
Ebigendererwa by’olusoma.....	6
1. Obwebulungulule.....	7
2. Okwekenneenya obwebulungulule.....	17
3. Okusinziira ku Baibuli: Endagaano enkadde.....	26
4. Okusinziira ku Baibuli: Endagaano empya.....	33
5. Okwekenneenya obwebulungulule okw’obuntu.....	40
6. Okwekenneenya ekibinja ky’abantu.....	58
7. Okwekenneenya ekitundu.....	73
8. Okwekenneenya eggwanga.....	83
9. Okwekenneenya ekitundutundu.....	93
10. Okwekenneenya ekitongole ky’obukristaayo ekiriwo.....	102
11. Engeri y’okuteekateeka.....	114
Okujuliza.....	121
Ebiddibwamu ku bibuuzo eby’okwegezaamu:.....	124

ENKOZESA Y'EKITABO KINO.

(Ensengeka y'ekitabo)

Buli ssomo lirimu bino:

Ebigendererwa: Bino by'oba osuubira okutuukako oluvannyuma lw'okusoma essuula. Bisomeemu nga tonnatandika ssomo.

Olunnyiriri olukulu: Luno olunnyiriri luba luteeka essira ku kintu ekikulu ekiri mu ssuula, osaana olukwate.

Ebiri mu ssuula: Soma ekitundu weeyambise Bayibuli ojulize ebyo ebitateereddwa mu kitabo kino.

Okwegezaamu: Funa omulimu gw'okwegezaamu oluvannyuma lw'okusoma essuula. Gezaako okuddamu ebibuuzo nga teweyambisa Bayibuli yo yadde ekitabo kino. Bw'omaliriza okwegezaamu, genda ozuule ebiddibwamu ku ebyo ebikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.

Okweyongerayo okusoma: Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongerayo okusoma ekigambo kya Katonda, okulongoosa engeri gy'osoma n'okugiisa ebyo by'osomye mu bulamu bwo ne mubuweereza.

Ebigezo ebyakamalirizo: Bwoba nga weetabye mu lusoma luno, waweebwayo ebigezo eby'akamalirizo, era ku nkomerero y'olusoma luno oteekeddwa okubikola byonna bw'omala obikomyewo ku mutendera omulala okusuumuusibwa ku ddaala nga bwe kirina okuba.

EBINTU EBIRALA EBYETAAGIBWA.

Weetaaga Bayibuli eya King James version.

EBYANDIKOLEDDWA ABASOMERA MU BIBINJA.

OLUTUULA OLUSOOKA.

Okuggulawo: Mugguleewo na kusaba olwo mweyanjule. Funa ebyetagisa era owandiike abayizi.

Tegeka ebinaagoberewanga mu kibinja: Funayo anaakubiriza entuula ezo, obudde, ekifo, n'ennaku zokutuulirangako.

Okutendereza n'okusinza: Mwanirize okubeerawo kw'omwoyo omutukuvu mu musomo gwammwe.

Gabira abayizi ebitabo: Banjulire omutwe gw'ekitabo, ensengeka yaakyo n'ebigenderewa by'olusoma nga bwe kiba kirambikiddwa mu miko egisooka mu kitabo.

Tegeka omulimu ogusooka: Abayizi bajja kusoma essuula eziba zibaweereddwa era batwale ebyokwegezaamu nga tebanaddamu kutuula mulundi guddako. Obungi bw'essuula ez'okusoma mu buli lutuula bujja kusinziira ku buwanvu bwazo, ebirmu, n'obusobozi bw'ekibinja kyo.

OLUTUULA OLWOKUBIRI N'EZIDDIRIRA.

Okuggulawo: Musabe, yaniriza era owandiise abayizi abapya bonna era obagabire n'ebitabo. Abaliwo beewandiise. Mweweeyo akaseera k'okutendereza n'okusinza.

Okwejjukanya: Mubufunze bajjukize ku bye mwayigako mu lutuula olwayita.

Essomo: Nnyonyola buli kitundu ekiri mu ssuula, nga weyambisa emitwe egiri mu nnukuta z'ekyapa enkwafu nga bw'olambika. Buuza abalina ebibuuzo oba ensonga yonna ku bisomeseddwa. Giisa ebisomeseddwa mu bulamu bwabwe n'obuwerezeza.

Okwegezaamu: Yita mu byokwegezaamu ebyaggwa. (**Weetegereze;** Bw'oba nga toyagala bayizi kulaba biddibwamu biri mu kitabo, empapula kwe biri osobola okuzijjamu mu kitabo).

Okweyongera okusoma: Bino bisobola okukolebwa omuntu kinoomu oba ng'ekibinja.

Ebibuuzo ebyakamalirizo: Bwe kiba ng'ekibinja kyo kiri kitundu ku lusoma luno, era ofuna ebigezo ebyakamalirizo ku lusoma luno lwenyini. Fulumiza buli muyizi omulimu ogugwe era otwale obuvunanyizibwaku bigezo ebyo okutuuka ku nkomerero y'olusoma.

ENNYANJULA Y'OLUSOMA

Olusoma luno lwanjula ennono z'okwekenneenya obwebulungulule ezeetaagibwa olw'okutegeka n'okukuhijaanya ebyetaagisa eby'omwoyo olw'okubuulira enjiri.

Essomo lino liggyayo omugaso gw'okwekenneenya obwebulungulule mu kuteekateeka engeri z'okutuukirira ensi n'enjiri.

Okwekenneenya obwebulungulule kinnyonnyolwa era kirabikira ne biragibwa mu ndagaano empya n'enkadde. Ebiragiro biweebwa okwekolera okwekenneenya obwebulungulule ng'omuntu n'okwekenneenya ebibinja by'abantu, obutonde bw'ebitundu, amawanga, ebitundu by'ensi n'ebitongole by'obukristaayo.

Olusoma luno lwe lw'okubiri mu nsengeka ey'obusatu "obw'okuteekateeka" okusomesebwa okuweebwa aba Harvestime International Network. "Ennono z'okuddukanya eza Baibuli" ky'ekikulemberamu, ate "obuwanika obw'ebigendererwa" ky'ekikigoberera.

Kirungi okusoma ebitabo bino okusinziira ku ngeri gye bisengekeddwa okusobola okutegeera obulungi obukulembeze, okuteekateeka n'okutegeka ebyetaagisa olw'obuweereza obutuukiridde.

EBIGENDERERWA BY'OLUSOMA

Bw'omaliriza olusoma luno, onooba osobola:

- Okunnyonnyola omutwe "okwekenneenya obwebulungulule."
- Okuzuula ebiruubirirwa by'okwekenneenya obwebulungulule.
- Okuzuula ebyokulabirako by'endagaano enkadde ku kwekenneenya obwebulungulule.
- Okuzuula eby'okulabirako by'endagaano empya ku kwekenneenya obwebulungulule.
- Okukola okwekenneenya kwo ng'omuntu.
- Okwekenneenya obutonde bw'ekitundu.
- Okwekenneenya eggwanga.
- Okwekenneenya ekitundu ky'ensi.
- Okwekenneenya ekitongole ky'obukristaayo ekiriwo.
- Okunnyonnyola enteekateeka ya Harvestime International Network eyitibwa "REAP"
- Okukozesa okwekenneenya kw'obwebulungulule okuteekateeka engeri z'okubuliramu enjiri.

ESSUULA ESOOKA

OBWEBULUNGULULE

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunyonnyola ekigambo "obwebulungulule."
- Okunyonnyola obwebulungulule omuntu mwe yasooka okubeera .
- Okunyonnyola ekyaaleetera omuntu okukyuka n'ava mu bwebulungulule obwasooka okudda mu ky'alimu.
- Okuzuula engeri essatu obwebulungulule leero gye buyinza okukosaamu obulamu bw'omuntu obw'omwoyo.
- Okufunza enteekateeka ya Katonda ey'okulokola omuntu okuva mu bw'ebulungulule obw'ekibi.
- Okunyonnyola engeri obwebulungulule gye bukwatagana n'ekiruubirirwa ky'ekkanisa.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Mukama n'alaba ng'ekibi ky'omuntu kiyinze nnyo ku nsi; nga buli ndowooza y'omutima gw'omuntu mbi njereere ebbanga lyonna. (Oluberyeberye 6:5)

ENNYANJULA

Buli mukkiriza eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri ayitiddwa Katonda okubeera ekitundu ku mubiri gw'omwoyo ogumanyiddwa ng'ekkanisa. Omulimu omukulu ogwaweebwa ekkkanisa kwe kutwala enjiri eri amawanga gonna:

Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu.

Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo. (Matayo 28:19-20)

N'abagamba nti, "Kyawandiikibwa dda nnyo nti Kristo kimugwanira okubonaabona, n'okufa era ku lunaku olwokusatu azuukire mu bafu.

Era mu linnya lye Enjiri ey'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi eribuulirwa amawanga gonna okutandikira mu Yersaalemi. (Lukka 24:46-47)

Okufuba okutuukiriza omulimu guno kikosebwa ekintu ekiyitibwa, "obwebulungulule." Essomo lino lyanjula okuyiga okukwata ku bwebulungulule, okukinnyonnyola n'okulambulula engeri obwebulungulule gye bukwataganamu n'ekiruubirirwa ky'ekkanisa.

OBWEBULUNGULULE

Obwebulungulule bulimu ebirabika, enkolagana, obuwangwa, n'ensonga z'omwoyo ebiba byetoolodde omuntu. Mulimu ebitundu byonna eby'omukitundu omuntu mw'abeera, emirimu, n'abawereza.

Obwebulungulule obulabika: Mulimu ebintu byonna omuntu by'alabako ebiba bimwetoolodde. Kitegeeza ensi, ekibuga oba ekyalo mw'abeera. Kitegeeza ebyo byonna by'ayinza okulaba n'amaaso ge ag'omubiri okugeza; ebizimbe, ettaka, ensolo, emiti, ensozi, n'ebintu ebirala by'aba ali nabyo n'ebirala ebiringa ebyo.

Obwebulungulule obulabika liyinda okubeera eddunga, ensozi, oba ekizinga. Kiyinda okuba ekifo ekirina embeera y'obudde ennungi nga osobola n'okulimayo ebirime. Kiyinda era okubeera ekifo nga kizibu, nga kirina embeera y'obudde embi ereetawo ebbula ly'emmere. Obwebulungulule obulabika buyinda okubeera obw'ekibuga ekirimu omugotteko gw'abantu oba ebyalo ebirimu abantu abatono ddala.

Obwebulungulule obw'enkolagana: Kitegeeza abantu ababeera mu bwebulungulule obulabika. Obwebulungulule obw'enkolagana kitegeeza abantu mw'obeera, mw'okolera n'okuweereza.

Abantu sekinoomu ababeera mu buli kitundu baba kitundu ku maka. Amaka gano gayinda okusindiira ku bika oba ensikirano. Mu bibinja bwe biti mugabanyizibwamu: abaavu, abagagga, abayivu n'abatali bayivu. Eggwanga lyo likolebwa ebibinja by'abantu ebiberako ngabw'onoobisomako gye bujja mu kitabo kino. Engeri abantu gye basengekebamu mu bwebulungule bwabwe ky'ekiyitibwa, "ensegeka y'abakolaganira awamu mu kitundu"

Obwebulungulule bw'obuwangwa: Kino kitegeeza enkola ezikkirizibwa mu bulamu n'empisa ez'ekibinja ky'abantu. Enkola bw'eti mubaamu ebintu nga olulimi, empisa, ennono, n'ebintu ebibeezaawo abantu.

Obuwangwa era mulimu ebintu nga ennyimba, obuyiia, ebiwandiiko, eby'enjigiriza n'enkola ez'ebyobufuzi. Obuwangwa bukula okusindiira ku ddiini, obukulembeze n'okujjumbira okutuukiriza ennono okumala ekiseera ekiwanvu.

Obuwangwa bukyuka okusindiira ku ggwanga n'ebibinja by'abantu abali mu ggwanga. Okugeza, mu biro bya Baibuli obuwangwa bw'abayudaaya bwayawukanako ku bwa bannamawanga. Abayudaaya tebaalyanga nnyama ey'ekika ekimu era baakomolanga n'abantu. Bannamawanga bo baalyanga ennyama eya buli kika era tebaakomolwanga. Ebibinja byombi byalina enjawulo mu ddiini, ennono n'ensengeka y'ebitundu byabwe.

Obwebulungulule obw'omwoyo kitegeeza ebintu ebikosa omwoyo gw'omuntu. Katonda ali mu busatu: Katonda kitaffe, Katonda Omwana Yesu Kristo ne Katonda Omwoyo Omutukuvu. Omuntu yatondebwa mu kifaananyi kya Katonda ng'ali mu busatu. Omuntu alina omubiri, emmeeme, n'omwoyo.

Obwebulungulule obw'omwoyo bwebwo obukosa emmeeme n'omwoyo gw'omuntu. Waliyo amaanyi g'omwoyo amabi agafugibwa Sitaani. Waliyo amaanyi g'omwoyo agafuga obulungi era ge ga Katonda. Amaanyi ag'omwoyo gabeera galwanagana n'emmeeme n'omwoyo gw'omuntu.

(Olusoma lwa Harvestime International Institute olwa, “Enkola z’omwoyo: *Ekitabo ky’olutalo olw’omwoyo*,” lunnyonyola essomo ly’obwebulungulule obw’omwoyo mu bulambulukufu)

Okutegeera obwebulungulule obulabika, obw’enkolagana, obuwangwa, n’ensonga ez’omwoyo eziri mu bwebulungulule bw’omuntu. Tuteekwa okwetegereza ebyo ebyatuweebwa mu kigambo kya Katonda, Baibuli. Tuteekwa okuddayo mu byafaayo eby’ebiro ebyasooka, nga bwe tukimanyi okuva ku gye bitandikira mu nsi.

ENTANDIKWA Y’EBINTU BYONNA

Baibuli esomesa nti Katonda abaddengawo. Talina ntandikwa wadde enkomerero. Abeera mu ggulu, ye yatonda ekifo mw’abeera nga ly’eggulu. Era yatonda n’ekifo omuntu mw’abeera nga y’ensi. Buli kintu kyonna kyatondebwa Katonda:

Mu ye ebintu byonna mwe byatondebwa mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n’ebitalabika oba ntebe za bwakabaka oba bwami, oba bafuzi oba ab’obuyinza; ebintu byonna byatondebwa nga biyita mu ye era ku lulwe.

Kristo yaliwo nga byonna tebinnabaawo, era mu ye ebintu byonna mwe binywezebwa. (Abakolosaayi 1:16-17)

Buli kintu Katonda kye yatonda ku ntandikwa kyali kirungi:

Awo Katonda n’alaba byonna by’akoze nga birungi nnyo. Ne buba akawungeezi, ate ne buba enkya, olwo lwe lunaku olwomukaaga. (Oluberyeberye 1:31)

ENSIBUKO Y’EKIBI

Mu bintu ebyalina obulamu Katonda bye yatonda mwalimu Malayika. Waaliwo malayika ey’enjawulo Katonda gye yatonda eyitibwa Lusifa. Baibuli etulaga nti Lusifa yali atuukiridde, nga mulungi nnyo era ng’alina ekifo eky’omuwendo mu ggulu.

Lusifa yafuna amalala olw’obulungi bwe n’ekifo kye yalina. Yakunga Malayika endala okuwakanya Katonda. Mu malala ago, Lusifa yayagala okusukkuluma ku Katonda yagezaako okusuula obwakabaka bwa Katonda mu ggulu.

Olw’ekibi, Lusifa ne Malayika ezaamwegattako mu lutalo luno baasulibwa ku nsi okuva mu ggulu. Lusifa n’atandika okuyitibwa Sitaani oba omubi. Ne Malayika ze z’eziyibwa ddayimooni. Osobola okusoma ku kyafaayo kino mu Isaaya 14:12-15 ne Ezeekyeri 28:14-16. Sitaani ge maanyi g’omwoyo agali emabega wa buli kibi, ebikolwa byonna eby’obutali butuukirivu, na buli kintu ekibi mu nsi.

OBWEBULUNGULULE OBWASOOKA

Katonda nga yaakatonda ensi, kyali kifo ekituukiridde. Katonda yatunuulira omulimu gw’ebitonde bye byonna n’agamba, “Kirungi” (Oluberyeberye 1). Katonda bwe yatonda omuntu mu kifaananyi kye, naye

yali atuukiridde. Teyalina kibi era yalina enkolagana ey'omwoyo ne Katonda: Oluberyeberye 1:26, n'essuula eyookubiri.

Awo Katonda bwe yatonda omukazi yalagira ababiri bano okuzaala abaana. Adamu ne Kaawa baalina okujjuza ensi n'abantu abalala abataalina kibi nga bbo bwebaali: Oluberyeberye 2:18-25, 1:28

Adamu eyasooka ne Kaawa baalinga babeera mu lusuku Edeni. Ennimitiro eno kyali kifo kirungi omujjudde ebitonde ebyewunyisa Katonda bye yatonda:

Mukama Katonda yali asimbye ennimitiro Adeni ku luuyi olw'ebuvanjuba, omuntu gwe yabumba n'amuteeka omwo.

Mukama Katonda n'ameza mu ttaka buli muti ogusanyusa amaaso era omulungi okulya. N'ateeka omuti ogw'obulamu, n'omuti ogw'okumanya ekirungi n'ekibi wakati mu nnimitiro. (Oluberyeberye 2:8-10)

Katonda yatonda obwebulungulule obutuukiridde. Naye jjukira, Sitaani yali asuiliddwa ku nsi okuva mu ggulu. Sitaani yaleetawo enkyukakyuka ey'amaanyi mu bwebulungulule buno Katonda mwe yateeka omuntu.

EKIBI KIYINGIRA MU BWEBULUNGULULE

Olw'okutondebwa mu kifaananyi kya Katonda, omuntu yalina amagezi mangi era ng'asobola okukola okusalawo kwe. Omuntu yali asobola okusalawo okugondera oba obutagondera Katonda. Ojja kujjukira nti Sitaani yava mu kibi. Olw'okuba nti ekibi kyaliwo, omuntu yali asobola okulondawo ekirungi oba ekibi. Omuntu yalondako kibi. Obutagonda bw'omuntu obwasooka bwe buyitibwa, "okugwa kw'omuntu." Ekitegeeza nti omuntu yagwa okuva mu butuukirivu eri ekibi. Osobola okusoma embooji eno mu bujjuvu n'ebyalimu ebyewunyisa mu kitabo kya: Oluberyeberye 2-3

Mu lusuku Adeni, mwalimu emiti mingi. Adamu ne Kaawa gye baali bayinza okulyako. Naye waaliwo omuti gumu abantu bano gwe baalina okwewala:

Mukama Katonda n'alagira omuntu nti, "Emiti gyonna egy'omu nnimitiro olyangako.

Naye omuti ogw'okumanya ekirungi n'ekibi ogwo togulyangako, kubanga lw'oligulyako tolirema kufa. (Oluberyeberye 2:16-17)

Omuntu yalina obusobozi bw'okwesalirawo. Yali asobola okugonda oba obutagondera Katonda. Sitaani yatwala omuntu, omukazi n'omusajja mu butagondera Katonda. Olw'obutagonda bwabwe, ekibi kyayingira mu bwebulungulule bwabwe.

OBWEBULUNGULULE BUKYUKA

Ekibi kyaleetawo enkyukakyuka ennene eri omuntu ne mu bwebulungulule bwe. Katonda yali yalabula omuntu ku mpeera y'ekibi nti kwe kufa. Kuno kwalimu okufa okw'omubiri n'okwomwoyo. Okufa

okw'omwoyo kwe kwali okuggyawo enkolagana y'omuntu ne Katonda. Okufa okw'omubiri kwekwo okwali kulabibwa ng'omubiri gw'omuntu gufudde.

Olw'okuba Adamu ne Kaawa baayonoona, ekibi n'okufa byajja eri buli muntu:

Ekibi kyajja mu nsi olw'omuntu omu, ne kireeta okufa mu nsi. Mu ngeri y'emu olw'okuba nga bonna baayonoona, bonna balifa (Abaruumi 5:12)

Olw'okuba nga Adamu ne Kaawa, ekibi kyajja eri abantu bonna. Ekitegeeza nti buli azaalibwa asikira ekibi kino. Nga empisa bwe zisikirwa, n'ekibi eky'omwoyo kyasirikirwa.

Buli muntu ayonoona bw'aba ng'atwaliddwa embala eno ey'ekibi n'alwanyisa Katonda:

Naye buli muntu akemebwa ng'okwegomba kwe okubi, bwe kuli, n'asendebwasendebwa.

Okwegomba okwo bwe kumala okuba olubuto, ne kuzaala ekibi, n'ekibi bwe kikula ne kizaala okufa. (Yakobo 1:14-15)

Olw'embala y'ekibi n'ebikolwa by'abantu eby'okwonoona, abantu bonna bayita mu kufa okw'omubiri n'okwomwoyo:

Ffenna twayonoona era tetusaanira kitiibwa kya Katonda. (Abaruumi 3:23)

Obwebulungulule bw'omuntu obulabika nabwo bwakolimirwa. Katonda yagamba ensi ejja kuleeta amaggwa n'amatovu. Omuntu yalina okukola ennyo mu kitundu mw'ali:

N'agamba Adamu nti, "Kubanga owulidde eddobozi lya mukazi wo, n'olya ku muti gwe nakulagira obutagulyangako, "ensi ekolimiddwa ku lulwo; mu ntuuwo zo mw'onoofuniranga ekyokulya ennaku zonna ez'obulamu bwo.

Ensi eneekumerezanga amaggwa n'amatovu, onoolyanga ebibala eby'omu nnimiro.

Mu ntuuwo zo mw'onoggyanga ekyokulya, okutuusa lw'olidda mu ttaka mwe wava, kubanga oli nfuufu ne mu nfuufu mw'olidda. (Oluberyeberye 3:17-19)

Ensi eno yennyini yayonoonebwa olw'ekibi ky'omuntu:

Yimusa amaaso go olabe ku ntikko y'obusozi. Waliwo ekifo we bateebakira naawe? Ku mabbali g'ekkubo we watulanga n'olinda abasajja ng'oli nga Omuwalabu mu ddungu; nn'olyoka oyonoona ensi n'obwenzi bwo n'ekibi kyo.

Noolwekyo enkuba kyevudde eziyizibwa, n'enkuba eya ttoggo n'etetonnya. Naye era otemya nga malaaya tokwatibwa nsonyi. (Yeremiya 3:2-3)

Tekyalwa okutuusa Katonda bwe yatunuulira ensi gye yatonda:

Mukama n'alaba ng'ekibi ky'omuntu kiyinze nnyo ku nsi; nga buli ndowooza y'omutima gw'omuntu mbi njereere ebbanga lyonna. (Oluberyeberye 6:5)

Kino wammanga ky'ekifunze ku ngeri obwebulungulule bw'omuntu gye bwakyukamu olw'ekibi:

1. **Omuntu yakyuka mu mwoyo:** Yali takyalina nkolagana ne Katonda. "Okufa okw'omwoyo" kitegeeza okwawukana ne Katonda okw'olubeerera olw'ekibi. Buli muntu mu mulembe ogwaddangako yasikira embala y'ekibi eno era abantu bonna baayonoona.
2. **Omuntu yakyuka mu ndabika:** Omubiri gwe gwalina okukkadiwanga, yali wa kufa, era nga wakuddayo mu nfuufu Katonda mwe yamutondera.
3. **Ensi yennyini yakolimirwa:** "Amaggwa n'amatovu" bikiikirira ekikolimo ekyateekebwawo. Omuntu yalina okusisinkana obuzibu obw'amaanyi wakati we n'ensi ejjudde ekibi mwe yabeeranga.

OBWEBULUNGULULE OBULIWO

Obwebulungulule bw'ensi obuliwo mu bulamu bw'omuntu bukyali bubi okutuusa nga Katonda asaanyizaawo ensi y'ekibi eriwo kati n'atonda eggulu n'ensi ebipya. Buli kitonde kisinda okuba nga kiggibwa mu kifo kino ekibi ekyafuuka olw'ekibi:

Tumanyi ng'ebitonde byonna bisinda era ne birumwa ng'omukazi alumwa okuzaala bw'abeera. (Abaruumi 8:22)

ENGERI OMUNTU GY'AKOSEBWA

Okubeerawo kw'ekibi mu nsi eriwo kati kukosa omuntu mu mwoyo kubanga waliwo abalabe b'omwoyo babiri abakola. Ensi, omubiri ne Sitaani:

1. **Ensi:** Sitaani akolera mu nkola z'ensi embi, n'ekibi kyayo kyonna, okwagala ebintu, n'ebiwanuuzibwa ebitali bya bwa Katonda.
2. **Omubiri:** Abantu bonna baazalibwa boononyi. Sitaani akozesa embala eno ey'obwonoonyi okutwala abantu eri ebikolwa ebibi. Embala eno (eyitibwa "omubiri" mu Baibuli) eviirako ebikolwa ebibi eby'obutali butuukirivu.
3. **Sitaani:** Sitaani akyakolera mu bwebulungulule buno okutuukiriza ekiruubirirwa kye. Akolera mu ddayimooni ne mu bakazi n'abasajja abagondera okwagala kwe.

EKKUBO LY'OKUTOLOKA

Katonda ataddewo ekkubo ly'okutolokeramu okuva mu bwebulungulule obw'ekibi. Omuntu asobola okutaasibwa obuvune bw'ekibi ky'okufa kw'omwoyo (Okwawukana ne Katonda):

Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw'atyo n'awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo. (Yokaana 3:16)

Okuyita mu Yesu, omuntu asobola okulokolebwa okuva mu kufa okw'olubeerera. Abakkiriza abatuufu abafa mu mubiri olunaku lumu balizukizibwa mu kufa ne bafuna obulamu obutaggwaawo:

Kubanga Mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n’eddoboosi ery’omwanguka, eddoboosi lya malayika omukulu nga liwulirwa, n’ekkondeere lya Katonda, n’abo abaafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira.

Naffe abalamu abaasigalawo ne tulyoka tubeegattako, ne tusitulibwa mu bire okusisinkana Mukama waffe mu bbanga; bwe tutyo tunaabeeranga ne Mukama waffe ennaku zonna. (1 Abasessaloniika 4:16-17)

Ensi y’ekibi mwe tubeera ejja kusaanawo olunaku lumu, era Katonda anaatodayo eggulu n’ensi ebipya:

Naye olunaku lwa Mukama waffe lulijja ng’omubbi bw’ajja nga tewali n’omu amanyi; eggulu lirivaawo nga liwuuma nnyo, n’ebiririko birizikirizibwa n’omuliro, era ensi n’ebintu ebigirimu birisirikka.

Naye nga Katonda bwe yatusubiza, tulindirira obwengula obuggya n’ensi empya omuli obutuukirivu. (2 Peetero 3:10, 13)

Wadde ng’ensi ekyali mu kikolimo eky’ekibi, abakkiriza basobola okusumululwa okuva mu kikolimo ne bafuna obulamu obutataggawo okuyita mu Yesu Kristo. Yesu yagamba:

Omubbi ky’ajjirira kwe kubba n’okutta n’okuzikiriza. Nze najja, zibe n’obulamu, era zibe nabwo mu bujjuvu. (Yokaana 10:10)

Embala yo ey’ekibi esobola okukyusibwa amaanyi ga Katonda okusobola okubala ekibala ky’omwoyo eky’okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, obukkakkamu, obulungi, okukkiriza, obuwoombeefu, n’obuteefu (Abaggalatiya 5:22-23). Wadded ng’okyalu mu nsi, oba toluina kubeera mu kifo kino ekijjudde ekibi:

Sikusaba kubaggya mu nsi, naye nkusaba obakuume eri omubi.

Si ba nsi nga nange bwe siri wa nsi. (Yokaana 17:15-16)

Oli mu nsi n’ekiruubirirwa eky’okubuulira enjiri eri ensi eno embi:

Nga bwe wantuma mu nsi, nange bwe ntyo mbatuma mu nsi. (Yokaana 17:18)

Tusobola okujaguza kubanga Yesu:

Kristo oyo eyeewaayo ku lw’ebibi byaffe, alyoke atununule mu mulembe guno omubi ng’okwagala kwa Katonda, era Kitaffe bwe kuli. (Abaggalatiya 1:4)

OBWEBULUNGULULE N’EKIRUUBIRIRWA KY’EKKANISA

Obwebulungulule kikulu nnyo eri ekiruubirirwa ky’ekkanisa eky’okutuukirira amawanga n’enjiri:

Ekiisooka: Obuweereza bwonna bukolebwa mu bwebulungulule obw’ensi bw’oyizeeko obukyamu ennyo. Bw’otegeera kino tojja kwewuunya ng’olumbiddwa omulabe bw’oba ng’oweereza.

Ekyokubiri: Waliyo ebika by'obwebulungule eby'enjawulo mu nsi nga buli gumu gwawukana ne kumulala. Ng'abantu bonna bwe bakosebwa ekibi ekiri mu nsi okutwaliza awamu, era bakosebwa n'obwebulungulule obw'enjawulo obw'ebifo bye babeeramu. Bw'otegeera embeera y'ebifo mwe babeera awo oba osobola okubabuulira enjiri.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Nnyonnyola ekigambo "Obwebulungulule."

.....
.....
.....

3. Nnyonnyola ku bwebulungulule bw'omuntu obwasooka.

.....
.....
.....

4. Nnyonnyola ku bwebulungulule bw'omuntu obuliwo.

.....
.....
.....

5. Kiki ekyaletawo enkyukakyuka okuva ku bwebulungulule obwasooka n'obwebulungulule bw'ensi obuliwo?

.....
.....
.....

6. Nokolayo engeri ssatu obwebulungulule obuliwo gye bukosaamu omuntu mu mwoyo.

.....
.....
.....

7. Enteekateeka ya Katonda ey'okulokola omuntu okuva mu bwebulungulule bw'ekibi y'eriwa?

.....
.....
.....

8. Obwebulungulule bukwatagana butya n'ekiruubirirwa ky'ekkanisa?

.....
.....
.....

(Ebidibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma Oluberyebereye 3, olabe engeri Sitaani gye yakozesa obwebulungulule mu kukema kwe okwasooka. Olusuku olwatondebwa Katonda lwali lutuukiridde. Naye mwalimu omuti gumu ogwagaanibwa. Omuntu yaweebwa okusalawo. Okugondera Katonda yeewale omuti guno n'okusigala mu kifo kino ekyali kyebulunguluddwa obutuukirivu oba obutagondera Katonda ng'aganya ekibi okuyingira mu bwebulungulule mwe yali. Mu Oluberyebereye 3, Kaawa yali mu kifo ekyali kyebulunguludde omuti ogwagaanibwa. Baibuli erabula ku kibi nti:

Lyewalenga, tolitambulirangamu, liveeko okwate ekkubo lyo. (Engero 4:15)

Kaawa yawulira: Eddoboozi lya Sitaani mu bwebulungulule obw'omuti ogwagaanibwa.

Yalaba: Ekintu ekyogombesa mu kifo ekyo. Kyali kibala ekyaganibwa.

Yatwala: Ekintu ekibi mu bwebulungulule obwo.

Yalya: Ekibala ekyaganibwa. Nga tannalya ekibi kyali bweru naye tekimukosa mu mwoyo, naye bwe yakiryako, nafuuka omwonoonyi.

Yawa: Kaawa yali kitundu ku "bwebulungulule obw'enkolagana" eya Adamu kubanga yali mukyala we. Yasikiriza Adamu okwonoona bwe yamuwa ku kibala ekyagaanibwa. Abantu abamu basendebwa eri ekibi okuva mu abo ababa babeetoolodde mu bwebulungulule obw'enkolagana.

Adamu yalya: Naye yalya ku kibala. Entambula y'ekibi yali etandise olwo era ne yeeyongera mu maaso mu byafaayo byonna. Abantu bonna baafuuka aboonoonyi era n'obwebulungulule obw'ensi ne bujjula ekibi.

2. Nnyonnyola ku bwebulungulule obulabika Luti bweyalondawo mu Oluberyebereye 13:8-11
3. Bwebulungulule kika ki obw'omwoyo obwali mu kibuga ekya Sodoma Luti kye yalonda? Laba Oluberyebereye 13:13 ne 18-19
4. Geraageranya obwebulungulule obw'omwoyo obunnyonnyolwa mu Oluberyebereye 6:5 ku bunnyonnyoddwa mu Okubikkulirwa 21:10-27

ESSUULA EYOOKUBIRI

OKWEKENNEENYA OBWEBULUNGULULE

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo
- Okunnyonyola omutwe "Okwekenneenya obwebulungulule."
- Okuzuula ebika omukaaga eby'okwekenneenya obwebulungulule ebirina okunnyonyolwa mu lusoma luno.
- Okuleetayo ensonga omusanvu lwaki okwekenneenya obwebulungulule kya mugaso mu kubunyisa enjiri eri amawanga gonna.
- Okufunzaayo obubi omukaaga obulina okwewalibwa mu kwekenneenya obwebulungulule.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

kubanga buli mwana wa Katonda awangula ekibi n'okwegomba ensi, era kuno kwe kuwangula okwawangula ensi, kwe kukkiriza kwaffe. (1 Yokaana 5:4)

ENNYANJULA

Essuula eno eyanjula "Okwekenneenya obwebulungulule," akakodyo akayambako okutegeera ekifo abantu mwe babeera n'engeri gye bakola ekinene okuziyiza enjiri okubatuukako.

"Okwekenneenya obwebulungulule" kinnyonyolwa era n'ebika by'okwekenneenya kuno biragibwa. Obubi obw'okwewala nabwo bunnyonyoddwa n'omugaso gw'okwekenneenya obwebulungulule gunnyonyoddwa.

OBWEBULUNGULULE OBW'ENJAWULO

Mu ssuula ewedde oyize nti mu bwebulungulule mulimu ebirabika, enkolagana y'abantu, obuwangwa, n'ebintu eby'omwoyo ebiba byetoolodde omuntu. Era wayize nti ensi ejjudde ekibi era n'abantu abagirimu nga beetaaga omulokozi.

Obuweereza bwonna bukolebwa mu bwebulungulule bwonna okutwaliza awamu mu nsi. Naye mu nsi eno embi, mulimu okwawukana mu bintu ebibaawo mu bwebulungule nga buli wamu waba wa njawulo ku walala. Okugeza, mu kitundu omuli ebika ebitonotono mu bitundu eby'amalungu byawukanako n'ebyo ebiri mu bibuga ebiri ku mulembe nga ekya New York.

Ng'abantu bonna bwe bakosebwa obwebulungulule obulimu ekibi mu nsi, era bakosebwa n'ebintu ebirala ebibeera bibeetoolodde. Bw'otegeera ebitundu byabwe obulungi osobola okugenda mu maaso n'obabuulira enjiri.

OKWEKENNEENYA OBWEBULUNGULULE

“Okwekenneenya obwebulungulule” kijja kukuyambako okutegeera ebifa mu bitundu eby’enjawulo. Okwekenneenya ekintu kitegeeza okukisomako mu bulambulukufu, newekebejja buli kitundu ekikikola. “Okwekenneenya obwebulungulule” kitegeeza okusoma buli kitundu n’ozuula ebikirimu ebirabika, enkolagana y’abantu, obuwangwa, n’ebyekuusa ku by’omwoyo. Weekenneenya obwebulungulule bwonna mu bulambulukufu.

EBIKA BY’OKWEKENNEENYA OBWEBULUNGULULE

Waliyo ebika mukaaga ebinnyonnyoddwa mu lusoma luno eby’omugaso ennyo mu kubuulira enjiri eri ensi. Buli kimu kigenda kunnyonyolwa mu ssuula eno.

OKWEKENNEENYA NG’OMUNTU: Kuno kwe kwekenneenya kwo ng’omuntu eri ebikwebulunguludde ng’omukkiriza.

OKWEKENNEENYA EKIBINJA KY’ABANTU: Kino kikolebwa ebibinja by’abantu eby’enjawulo. Ebibinja bino byogera ennimi ez’enjawulo, birina obulombolombo obw’enjawulo era nga bitegekeddwa mu ngeri ez’enjawulo. Buli kitundu ky’obutonde, eggwanga, n’eddiini y’ensi biba bikolebwa ebibinja by’abantu eby’enjawulo.

OKWEKENNEENYA EKITUNDU: Ekitundu ky’ekibaamu obutonde obw’enjawulo n’eggwanga. Kiyinza okubeera ensi, ekibuga, ekyalo oba ettwale.

OKWEKENNEENYA EGGWANGA: Eggwanga be bantu n’ettaka ebigattiddwa awamu n’ensalo nga bakulemberwa gavumenti emu.

OKWEKENNEENYA ETTUNDUTUNDU: Ettundutundu ly’ensi likolebwa amawanga ag’enjawulo mu kitundu ky’ensi eky’enjawulo. Okugeza, amasekkati ga Amerika, mulimu amawanga nga Guatemala, Costa Rica, Nicaragua, Belize, Panama, Hondurasi ne El Salvador.

OKWEKENNEENYA EBITONGOLE BY’OBUKRISTAAYO EBIRIYO: Zino ze kkanisa, ebiwayi byenzikiriza n’ebitongole ebirala ebyatandikibwawo olw’obuweereza bw’ekikristaayo.

OMUGASO GW’OKWEKENNEENYA OBWEBULUNGULULE

Okutegeera obwebulungulule kikulu nnyo mu kubuulira enjiri kubanga...

KIYAMBAKO ABAKKIRIZA OKUZUULA EKIFO KYABWE EKY’OBUWEEREZA:

Mu ssomo “ly’okwekenneenya ng’omuntu” ojja kwekenneenya obusobozi bwo obw’omwoyo, obunafu, okuyitibwa n’ebirabo byo. Okwekenneenya kuno kulungi kubanga kukuyamba okuzuula ekifo eky’obuweereza bwo ekituufu. Kiggyayo obunafu obw’omwoyo bw’oteekeddwa okulwanyisa osobole okuba ng’otuukiridde bulungi n’obusobozi bwo obw’omwoyo bw’oyinza okukozesa ku lwa Katonda.

KIKOSA BULI MUNTU:

Mu kubuulira enjiri, kikulu nnyo okutegeera nti tewali ayita ku kukosebwa okw'obwebulungulule okw'ensi eno. Waliwo ebikyamu mu buli buwangwa ate embala y'ekibi eri ekolera mu buli muntu yenna atali mukkiriza. Sitaani ajja kuba ng'akolera mu buli kitundu ky'ensi eno mw'oyinza okugenda okuweereza. Ojja kweyongera ng'olwanagana n'ensi, omubiri n'omulabe.

OKUKWASAGANYA ENJIRI N'OBWEBULUNGULULE:

Obusobozi bw'abantu obw'okutegeera enjiri bukosebwa ebibeetoolodde, okugeza: Oteekeddwa okugabana ekigambo kya Katonda mu lulimi abantu lwe bategeera ababa bakuwuliriza.

Era olina okubuulira enjiri mu ngeri ekkirizibwa mu buwangwa ne mu bantu abo. Mu bibinja by'abantu abamu kiba kyetaagisa okumala okukkirizibwa abakulembeze abantu balyoke bakuwulirize. Engeri gy'obuuliramu obubaka bwo esinziira ku mbeera z'abantu n'eddaala ly'obuyigirize bw'abo abakuwuliriza. Oteekwa okubeera ng'oleeta obubaka mu ngeri esaanidde.

Oteekwa okukyusa enneeyisa yo osobole okukkirizibwa mu buwangwa obumu, okugeza: Omutume Paulo yalya ennyama, naye mu mawanga agamu gye yaweerezanga nga tebagirya. Yagezaako okukyusa enneeyisa ye okusobola okutuukirira abantu bano n'enjiri:

Kale obanga kye ndya kyesittaza muganda wange, siryenga nnyama emirembe gyonna, nnemenga okwesittaza muganda wange. (1 Abakolinso 8:13)

Ate tokyusanga nneeyisa yo kukontana na kigambo kya Katonda, naye awetaagisa enkyukakyuka ennyangungu, kikolebwe olw'okwongerayo enjiri.

Mu bitundu by'abantu ebisinga osobola okukozesa obuwangwa n'obatusaako obubaka buno obw'enjiri. Naye okukola kino olina okubeera ng'otegedde bulungi obuwangwa bw'omukitundu obw'abantu abakirimu. Obuwangwa busobola okukola ng'olutindo olugenda mu bwakabaka bwa Katonda oba ekiziyiza ekikumira abantu ebweru waabwo.

KATONDA AGANYA OKUKOZESA KW'OBWEBULUNGULULE OKUSOMESA ENJIRI:

Yesu yakozesa obwebulungulule okubuulira enjiri. Yanyumyanga embooji ezikwata ku buwangwa bw'abantu ng'akozesa ebintu ebikalu ebya bulijjo nga: ehjaano, ebyennyanya, ebimuli, ettaala, n'ebizimbe okusomesa ebintu eby'omwoyo.

Yesu teyajja bayigirizwa be okuva mu bwebulungulule obumu okudda mu bulala, teyabaggalira mu bigo. Yesu yasomesanga abasajja n'abakazi mu bitundu byabwe gye baali babeera, bakolera ne gye baweerereza. Yakwanaganya enjiri ku mbeera zaabwe ng'abantu. Obwebulungulule ky'ekisaawe mwe baatekeranga mu nkola ebyo bye baali bayizeeko.

(Kuno kwe kwolesebwa kwa Harvestime International Network. Eno y'ensonga lwaki olusoma luno lujja gy'oli mu kitundu kyo mw'oli)

OKUZUULA ETTAKA LY'OMWOYO EGGIMU:

Mu nsi ey'omubiri, abalimu basooka kwekenneenya ttaka nga tebannasimba bimera byabwe. Kino bakikola olw'ensonga enkulu ssatu:

Esooka: Nga baagala okulondako ettaka erisinga obulungi kwe bayinza okumalira amaanyi gaabwe. Bamanya nti ettaka erisinga obugimu ly'eriyinza okubawa amakungulu amangi.

Eyookubiri: Bazuula ettaka ebbi okumanya engeri gye bayinza okulitegekamu olw'okulima. Mu buwangwa obumu abalimi bakozesa ebigimusa okulongoosa ettaka. Abalala batemawo emiti ne balibikka oba ne bagyokera ku ttaka, olwo ne bakozesa evvu erivaamu nga ekigimusa.

Ekyookusatu: Beekenneenya ettaka ne bazuula engeri z'okulima ezisingayo obulungi. Okugeza: baba beetaaga okufukirira oba enkuba emala, kiki kye banaasimba? Banaakungula batya ebimera byabwe?

Okwekenneenya obwebulungulule mu nsi ey'omwoyo kwefaanaanyiriza ddala n'omulimi ky'akola mu nsi ey'omubiri. Twekenneenya abantu, ebitundu, amawanga olw'ensonga ezifaanagana:

Esooka: Tuba twagala okumanya ebitundu ebisinga okubeera ebigimu mu mwoyo. Ebitundu ebimu biba byetegefu eri amakungula g'omwoyo. Baibuli egamba nti abakozi batono nnyo mu nnimiro za Katonda ez'amakungula. Olw'okuba nti abakungula mu mwoyo batono, twagala essira tuliteeke nnyo ku bitundu ebyeteefuteefu eri okukungulwa mu mwoyo.

Eyookubiri: Twagala okumanya enkola ezigonza ebitundu ebiteetegese kukungulibwa bisobole okukkiriza. Abantu abamu, ebitundu, amawanga n'ebitundutundu si beetegefu kwaniriza njiri. Tuteekwa okuzuula lwaki na ngeri ki ezinaayamba okukyusa ettaka ly'omwoyo nga lino.

Eyookusatu: Tuzuula engeri ezisinga obulungi ez'okukozesa era ekyo kitutwala ku nsonga ey'amaanyi endala ey'okwekkeenya eyitibwa.

OKUZUULA EBINTU EBIKOSA EKIRUUBIRIRWA KYO:

Ekiruubirirwa ky'ekkanisa kwe kubunyisa enjiri. Obwebulungulule bukosa kinene enkola eyinza okuba nga y'eneereetawo okutuukirira kw'ekiruubirirwa. "Enkola" eno ebeera kakodyo oba enteekateeka etutwala ku kutuukirira kw'ekiruubirirwa. Bw'oba wa kutuukiriza kiruubirirwa eky'okubuulira enjiri mu nsi, awo olina okubeerayo n'enkola oba enteekateeka ez'okutuuka ku kiruubirirwa kino (ojja kwongera okuyiga ku nkola n'okuteekateeka mu ssuula esembayo ey'olusoma luno)

Enteekateeka y'emu si y'ejja okukola ku buli muntu mu kifo kyonna. Kiri bwe kiti kubanga abantu ababiri nga tebeebulunguluddwa bintu bingi basigala be bamu kiringa ennimiro bw'ebeeramu ekimera ekimu oba nga n'ennimiro ze zimu biba bisigala by'ebimu mu nsi ey'omubiri.

Bwe weekenneenya ebibinja by'abantu, obutonde bw'ebitundu, amawanga n'ebitundutundu, ofuna obubaka obukuyambako okuteekateeka enkola ezinaakuyamba okutuukirira abantu mu bitundu eby'enjawulo n'enjiri. Obwebulungulule bwe busalawo enkola ezikkirizibwa okugabana enjiri olw'enjawukana mu nkola z'ebyobufuzi.

Okugeza, mu nsi ezimu tosobola na kukola nkuhjaana za kubuulira njiri. Mu mawanga agamu tosobola kufunayo na ttaka kw'ozimba na kkanisa. Mu mawanga agamu tosobola na kufunayo lukusa lwa kuyingirayo kubuulira njiri.

Amawanga bwe gatyo tekitegeeza nti obiveeko ng'alemereddwa. Olina kukyusa nkola zo ez'okubuuliramu enjiri mu kitundu bwe kityo. Okugeza mu kifo ky'okugendayo ng'omuminsani, osobola okusaba olukusa lw'okuyingirayo ng'omusuubuzi oba omukozi w'emirimu egya bulijjo naye mu ngeri y'emu nga bw'obuulira n'enjiri.

Mu kifo ky'okukuba enkuhjaana, osobola okukozesa enkola eya muntu ku muntu nga bw'obuulira. Mu kifo ky'okukuhjaanira mu bizimbe by'ekkanisa, osobola okukuhjaanya abantu mu maka g'abakkiriza.

Okwekenneenya obwebulungulule kikuyambako okuteekateeka obulungi ebintu nga na wa ew'okuteeka ekkkanisa, ebintu by'oyinza okutuusa ku bantu, n'okugera ekiseera ekituufu abantu kye bayinza okukuhjaaniramu. Okwekenneenya obwebulungulule kiyamba okuzuula engeri z'okubuulira enjiri eziyinda okuba nga zituukiridde era nga zikkirizibwa mu kitundu, mu buwangwa ne mu mwoyo.

OKUKWANAGANYA ENKOLA ZA KATONDA N'OMUNTU

Katonda yasindika amataba ku nsi okusalira omuntu omusango kubanga waaliwo ekibi eky'amaanyi:

Mukama n'alaba ng'ekibi ky'omuntu kiyinze nnyo ku nsi; nga buli ndowooza y'omutima gw'omuntu mbi njereere ebbanga lyonna.

Mukama n'anakuwala nnyo kubanga yatonda omuntu ku nsi, n'alumwa nnyo mu mutima gwe.

Awo Mukama n'agamba nti, "Ndiggya ku nsi omuntu gwe natonda, ndisaanyaawo omuntu, n'ensolo n'ebinyonyi, kubanga nejjusizza olw'okubitonda. (Oluberyeberye 6:5-7)

Soma ku mbooji ya Sodoma ne Gomola mu Oluberyeberye 18-19. Katonda yasindika ebibonerezo bino ku lw'ekibi ekyali mu bitonde bino.

Soma ku mbooji y'e Nineevi mu kitabo kya Yona. Katonda yategeka ekibonerezo ku kibuga kino ekyali kijjudde ekibi. Ekibuga kyonna bwe kyakiikirirwa, Katonda bonna yabakwata mu ngeri ez'enjawulo kubanga obwebulungulule bw'ekibuga n'obulamu bw'abantu byali bikyuse.

Waliwo eby'okulabirako ebirala bingi mu Baibuli ku ngeri Katonda gye yakwatamu ensonga z'omuntu. Bw'oba wakutegeera enkola za Katonda eri omuntu, oteekwa okutegeera obwebulungulule.

OBUZIBU OBW'OKWEWALA

Okwekenneenya obwebulungulule kikulwa kya Baibuli. Ojja kwongera okisomeko mu ndagaano enkadde n'empya mu masomo abiri agaddako. Naye nga tonneeyongerayo na ssomo lino, waliyo obuzibu bw'olina okumanya.

Okuzuula obuzibu buno, tujja kukozeza embooji ey'okwekenneenya obwebulungulule eyakolebwa abasajja ekkumi n'ababiri mu Baibuli. Sooka osome embooji eri mu Okubala 13-14

Waliyo obuzibu mu kwekenneenya obwebulungulule obulagibwa mu mbooji. Bino by'ebimu ku bizibu by'oyinza okwewala.

TEWEEKENNEENYA NA KUTEGERA KWA MUBIRI KWOKKA:

Obubaka obusinga bw'ozuula mu kwekenneenya obwebulungulule obufuna okuyita mu kwetegereza ensi ey'omubiri. Naye olini okutunula n'osukkako ku nsi ey'omubiri n'otunuulira ey'omwoyo.

Abaagenda okuketta e Kanani baalaba abasajja ab'amaanyi mu nsi ey'omubiri. Ensobi gye baakola kwe kwekenneenya obwebulungulule n'okutegeera kwabwe okw'omubiri kwokka. Okutegeera okw'omubiri kwalaba ng'abasajja b'amaanyi nnyo.

Tokola kusalawo kwa mwoyo okusenziira ku by'olaba mu mubiri byokka. Embeera ez'omubiri zikuyambako kutegeera ngeri gy'oyinza okukozeza okwekenneenya ebintu, naye ebintu bisaanye okwekenneenyezebwa ne mu mwoyo.

TOKYAMUUKIRIRA LWA MULIMU:

Abakessi ekkumi abaaketta Kanani baakyamukirira olw'omulimu omunene. Baalaba ng'abasajja bali b'amaanyi nnyo okutumibwa. Baali batunuulira maanyi ga mulabe n'obunafu bwabwe nga bo. Beekaliriza nnyo ebiremesa okusinga omukisa gwe baali bafunye.

Okwekenneenya kw'obwebulungulule obumu kiyinza okukulaga ebiremesa ebingi. Naye totunuulira bunene bwa mulimu, tunuulira bunene bwa Katonda. Totunuulira by'otosobola, naye tunuulira busobozi bwa Katonda. Tokyamukirira lwa maanyi ga mulabe kubanga oyo ali mu ggwe w'amaanyi n'okusinga oyo ali mu nsi: 1 Yokaana 4:4 ne 5:4

TOTWALIBWA ALIPOOTA ENKYAMU

Alipoota enkyamu eyaweebwayo abakessi bano ekkumi mu Okubala 13 yakola mu kusalawo kw'abantu ba Katonda. Bwe weetegeka okukola omulimu gwa Katonda, wajja kubeerawo abantu abajja okukugamba nga bwotalina busobozi kugukola. Bajja kukujjuza ne birowooza byabwe ebikyamu saako n'alipoota enkyamu.

Tobaganya kukuvuga. Bw'okikola, ojja kwesanga ng'obungeeta mu ddungu ery'omwoyo nga Isirayiri bwe yakola. Oyinza okusubwa omukisa ogw'amaanyi ogw'okuyingira n'okusabayo ettwale lyo eripya ewa Katonda.

TOBA NA KUTYA WADDE OBUTAKKIRIZA:

Abayisirayiri baakuumibwa ebweru w'ensi ensuubize ey'e Kanani olw'okutya n'obutakkiriza bwabwe okusenziira ku kwekenneenya kwe baakola:

N’agamba Adamu nti, “Kubanga owulidde eddoboosi lya mukazi wo, n’olya ku muti gwe nakulagira obutagulyangako, “ensi ekolimiddwa ku lulwo; mu ntuuwo zo mw’onoofuniranga ekyokulya ennaku zonna ez’obulamu bwo.

Ensi eneekumerezanga amaggwa n’amatovu, onoolyanga ebibala eby’omu nnimiro.

Mu ntuuwo zo mw’onoggyanga ekyokulya, okutuusa lw’olidda mu ttaka mwe wava, kubanga oli nfuufu ne mu nfuufu mw’olidda. (Abaebbulaniya 3:17-19)

Tokuumibwa bweru wa kitundu kyonna lwa kutya oba obutakkiriza ebijja olw’ekyo ky’oyize.

TOKUḥḥAANYA MAZIMA OLW’OKUGAFUNA OBUFUNYI:

Kola okwekenneenya olw’ekiruubirirwa, so si lwa kufuna mazima ku kitundu. Abakessi abaagenda e Kanani baafuna amazima mangi ku kitundu, abantu baamwo n’ebintu ebyalimu. Naye tebaakolera ku ekyo kye baayiga. Tebaayingira kutwala ttaka ku lwa Katonda.

Osobola okumala obudde bungi ng’okuḥḥaanya obubaka n’okuteekateeka naye okuleka ng’ofulumye n’ogenda eri ennimiro y’amakungula n’oteeka mu nkola obukodyo bwo, abantu tebajja kutuusibwako njiri.

TOTUNUULIRA NNYO KU “SINGA” WABULA TUNUULIRA “OTYA?”

Mu Okubala 13, abakessi abaasindikibwa e Kanani baatumibwa kulaba engeri ki eyandikozeseddwa okutwala ekitundu, so si kusalawo oba banaakitwala. Oluvannyuma lw’emyaka amakumi ana nga Isirayiri esazeewo okukomawo ku nsalo z’e Kanani, abakessi era baatumibwa okwekenneenya Kanani. Naye abasajja bano baategeera ekiruubirirwa kyabwe okusinga ku bakessi abaasooka. Baalina okumanya “BATYA?” so si “SINGA.” Baalina okweyongerayo eri ensi ku lwa Katonda: Yoswa 2

Ng’abakkiriza, tutumibwa okutuukirira amawanga n’enjiri. Bwe tukola okwekenneenya tuba tugenderera kusalawo “TUTYA” ng’engeri entuufu esaanidde okutuukirira abantu n’enjiri.

KWEGEZAAMU

1. Wandiiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Nnyonnyola omutwe "Okwekenneenya obwebulungulule."

.....
.....
.....

3. Leetayo ebika by'okwekenneenya obweblungulule by'osomye mu lusoma luno.

.....
.....
.....

4. Leetayo ensonga musanvu eziraga lwaki kyamugaso okwekenneenya obwebulungulule olw'omulimu gw'ekkanisa ogw'okubuulira enjiri eri amawanga gonna.

.....
.....
.....

5. Leetayo obuzibu bwa mirundi mukaaga bw'olina okwewala ng'okola okwekenneenya kw'obwebulungulule.

.....
.....

(Ebidibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Paulo yakozesa obwebulungulule ng'olutindo so si ng'ekiziyiza enjiri. Soma ebijuliza bino wammanga olabe engeri obwebulungulule gye bwakosaamu engeri ye (obukodyo) bw'okubuuliramumu enjiri.
 - Yaweereza abo abaalabikanga okubeera aba wansi ng'abatuukirira okusinziira ku bwe baali: Abaruumi 12:16
 - Yakozesa olulimi olutuukira ku buwangwa: Ebikolwa 22:1-2
 - Yakyusa enneeeyisa ye okutuukana obuwangwa n'eddiini y'abo aleme kubanyiiiza: 1 Abakolinso 8:10-13, Abaruumi 14:15
 - Teyakakaatika buwangwa bwe obw'ekiyudaaya ku bantu nti basobole okukkiriza enjiri ye: Ebikolwa 15:1-32
2. Eky'okulabirako ky'ekyo ekibaawo bwe weekenneenya ekintu ekimu ekiragibwa mu kunnyonnyola okw'omubiri kiri mu kitabo kya Ebikolwa 27. Abaali mu lyato beekenneenya ebintu n'okutegeera okw'omubiri kwokka. Okwekenneenya kwabwe kwakireetera okulabika nga basaanye okweyongerayo naye Paulo yali yafuna okulaba okwomwoyo. Katonda yali amubikkulidde nti si ky'ekyali ekiseera ekituufu okweyongerayo n'olugendo.
3. Eky'okulabirako ky'okukyamuukirira ennyo olw'embeera z'ozudde mu kwekenneenya kikuweebwa mu 2 Bassekabaka 6:14-17. Gekazi yatunuulira omulimu omunene ogwamuweebwa mu kifo ky'amaanyi ga Katonda.

ESSUULA EYOOKUSATU

OKUSINZIIRA KU BAIBULI: ENDAGAANO ENKADDE

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuzuula ebyokulabirako by'endagaano enkadde ku kwekenneenya obwebulungulule.

ENNYANJULA

Baibuli ejjudde eby'okulabirako by'okwekenneenya obwebulungulule. Kwe kulaga obwebulungulule bw'omuntu ku nsi n'engeri gy'addamu eri ebyo ebimuvuga mu biba bimwebulunguludde.

Ekyokulabirako, Baibuli yeekenneenya obwebulungulule bw'omuntu ebyayita, ebiriwo, n'ebyo ebirijja. Eraga embeera y'abantu ey'omwoyo okwawukana ku Katonda era n'enjawulo eri wakati w'abakkiriza era n'enjawulo eri wakati w'abakkiriza abatuufu. Era yeekenneenya n'abalabe baffe ab'omwoyo.

Mu ssomo lino n'eriddako ojja kuyiga ku by'okulabirako by'okwekenneenya obwebulungulule mu Baibuli. Tekisoboka kwekenneenya buli kujuliza okukwatagana n'essomo kubanga kwa mirundi mingi. Olw'ensonga eno ebitundu ebikulu bye byokka ebinokodwayo.

(Okusenziira ku ngeri essomo lino gye lisengekeddwa, teriiyo "Lunyiriri lukulu, okwegezaamu oba okweyongera okusoma" eby'essuula eno)

OLUBERYEBERYE

Essuula 1-2: Katonda atonda ekifo ekituukiridde.

Essuula 3: Ekibi kiyingira obwebulungulule. Kyakosebwa kitya? Katonda yeekenneenya atya embeera y'omwoyo nga Adamu ne Kaawa nga bamaze okwonoona?

6:5-6: Wekkaanye engeri obwebulungulule gye bwali bukyuse ku bwe kinnyonnyoddwa mu Oluberyeberye 1-2

Essuula 6-7: Katonda yeekenneenya era n'abaako ky'akola ku mbeera y'ensi embi.

Essuula 11: Soma ku mbooji y'omunaala gw'e Babeeri. Geraageranya okwekenneenya okwakolebwa abantu, ku kwa Katonda.

13:6-13: Okusalawo kwe kusenziirwako amagenda. Luti yakola okusalawo okubi okusenziira ku kwekenneenya kw'obwebulungulule kwe yakola n'okutegeera okw'omubiri so si amagezi ag'omwoyo.

Isaac: Teyalemesebwa bisoomoozo ebyali mu bwebulungulule bwe (Laba 24:34-35, 25:32, 26:12-14)

Essuula 22: Ibulayimu yeekenneenya embeera etasoboka mu nsi ey'omubiri okukola ebintu mu ngeri ye so si nga Katonda bwe yali ateeseteese.

Essuula 37-48: Okusenziira ku kubikkulirwa okw'obwa Katonda, Yusuufu yeekenneenya ebimwebulunguludde mu buliwo n'ebirijja n'ataasa omulembe gwonna ku njala.

OKUVA

Essuula 2: Maama wa Musa yeekenneenya embeera enzibu era n'ataasa obulamu bwa Mutabani we.

Essuula 2-3: Musa yeekenneenya obwebulungulule bwe, yaddamu mu ngeri enkyamu, n'agenda mu ddungu.

6:9: Wekkaanye engeri obwebulungulule gye bwakosaamu Abayisirayiri mu kugondera obubaka bwa Katonda.

Essuula 7-13: Singa Falaawo yali yeekenneenya bulungi obwebulungulule bwe, yanditegedde ebyo Katonda bye yamukolako n'akola ekituufu.

Essuula 14: Okwekenneenya obwebulungulule n'okutegeera okw'omubiri, Isirayiri gaali gagyesibye. Katonda n'abiyingiramu era ne bataasibwa. Tetusobola kwekenneenya mbeera okusenziira ku kutegeera okw'omubiri kwokka.

15:22-27: Isirayiri ku mazzi g'e Mala. Baakola batya eri ekjaliwo? Katonda yakozesa atya obwebulungulule?

Essuula 32: Aloonni anenya abantu (obwebulungulule) olw'ekibi kye.

18:1-27: Okwekenneenya kwa Yesero ku bwebulungulule kyaviirako entegeka empya.

EBYABALEEVI

Ekitabo ky'Abaleevi kye kiraga amateeka ga Katonda eri abantu be. Amateeka agasinga gakwatagana n'obwebulungulule obw'omubiri, kwe kugamba; eby'okulya, eby'obulamu n'obuyonjo. Ebirala bikwata ku by'obufuzi kwe kugamba; Enteekateeka ya Katonda okukola ku bibi byabwe.

OKUBALA

Essuula 13-14: Enjawulo y'okwekenneenya okw'omwoyo ku kw'omubiri. Abakessi kkumi baalaba ensi n'okutegeera okw'omubiri. Ababiri beekenneenya n'endaba ey'omwoyo.

Essuula 16: Koola yeekenneenya embeera n'akola okusalawo okubi. Nsobi ki eyali mu kwekenneenya kwe?

Essuula 22:25: Soma ku mbooji ya Balaka ne Balamu. Okwekenneenya kwa Balaka kwaviirako okukuutira Balamu.

Wekkaanye: Ekitabo kya Okuva, Okubala n'ekyamateeka biraga ebyaliwo nga Isirayiri ebuungeetera mu ddungu nga bamaze okugaana okugenda mu nsi ensuubize olw'okutya n'obutakkiriza bwabwe. Bingi ebiyinda okuyigibwa ku ngeri abantu ba Katonda gye beekenneenyamu ne gyebakwatamu ebintu ebyali bibeetooloodde mu lugendo olw'emyaka amakumi ana.

EKYAMATEEKA

Essuula 1-4: Essuula zino zireeta ekyafaayo kya Isirayiri ng'eri mu lugendo olwo mu ddungu. Weetegerenze engeri gye baddamu ku yo bwe byakosa enkolagana yaabwe ne Katonda.

Essuula 6: Ngeri ki obwebulungulule obulungi gye buyinda okukosa enkolagana ne Katonda mu bubu?

YOSWA

Essuula 2: Okwekenneeny obwebulungulule okwakolebwa abakessi ababiri. Weetegerenze engeri okwekenneeny kwabwe gye kwayawukanamu n'okwabakessi abasooka mu Okubala 13-14. Okukkiriza tekukendeeza bizibu bw'omala okubyekenneeny. Okukkiriza kubalaba bulabi ng'abatono bw'ogeraageranya n'amaanyi ga Katonda.

Essuula 7: Yoswa teyali bulindaala ku bwebulungulule obw'omwoyo era kye yava awangulwa.

Essuula 9: Ebiva mu kwekenneeny kwa bulijjo omutali kulufhamizibwa kwa Katonda. Olunyiriri 14.

Wekkaanye: Okwekenneeny obwebulungulule kwa mugaso nnyo mu kitabo kya Yoswa mu kwetegekera entalo z'okutwala ettaka. Entegeka y'olutalo ebiseera ebisinga yasinziiranga ku kwekenneeny obwebulungulule. Kino kituufu ku ntalo eziri mu ndagaano enkadde. Kino kisoboka okuteekebwa mu nkola ne mu by'omwoyo?

EKYABALAMUZI

Ekitabo Ekyabalamuzi ky'ekitabo ekiraga ebyafaayo bya Bassekabaka abaafuga abantu ba Katonda. Bassekabaka abamu baali balungi abalala nga babi. Ekitabo era kiraga n'abalamuzi ba Katonda abaakuzibwa Katonda okusobola okununula abantu be mu busibe. Ebyaliwo olwa abakulembeze abaali n'abataali ba Katonda eri abantu byeyolekera mu bwebulungulule obunnyonyolwako. Ngeri ki abantu ba Katonda gye baddamu eri ebyaliwo mu bwebulungulule okusobola okumanya Katonda bwe yaddangamu gye bali mu mwoyo.

LUUSI

Soma ekitabo kino ekimpimpi olage engeri Nawume gye yeekenneenyamu embeera ye ng'aweddemu amaanyi. Nga Luusi alaze okukkiriza kwe (Essuula 1). Laba engeri Nawume gye yeekenneenyamu embeera era ne n'engeri Bowaazi gye yeekenneenyamu embeera ya Luusi. Bowaazi yakoleramu mu buwangwa bwe yalimu mu bwebulungulule okusobola okununula Luusi (Essuula 4)

1 SAMWIRI

2:11-13:21: Eri teyeekeenneya bulungi mbeera y'abenju ye ey'omwoyo.

15:1-35: Saulo yeekenneya okusenziira ku magezi ge ag'omubiri so si ku biragiro bya Katonda. Yafiirwa obwakabaka olw'ekyo.

2 SAMWIRI

Essuula 12: Obunnabbi bw'okwekenneya kw'omwoyo okwa Nassani kyaleetera Daudi okwenenya ekibi.

Essuula 13-19: Embooji y'okuwakanya kwa Abusolomu. Ngeri ki gye yasendebwasendebwa obwebulungulule? Daudi yagaana okulaba embeera nga bwe yali ddala?

1 BASSEKABAKA

9:1-10:10:29: Obwebulungulule bwa Sulemaani obw'omubiri bwali butya?

11:1-43: Ngeri ki obwebulungulule gye bwakosaamu Sulemaani mu mwoyo?

2 BASSEKABAKA:

Ekitabo kino kiraga bassekabaka abaakulemberako abantu ba Katonda. Wekkaanye engeri obwebulungulule gye bwakosaamu olw'okuba ne bakabaka ab'obwa Katonda n'abatali. Abantu baakosebwa batya?

1 NE 2 EBYOMUMIREMBE

Ekyafaayo ky'abantu ba Katonda eky'eddiini kiragibwa mu bitabo bino byombi. Bw'oba osoma ebitabo bino wekkaanye engeri obwebulungulule gye bwakosebwamu abakulembeze ab'obwa Katonda n'ababi.

EZERA

Ezera yeekenneya obwebulungulule bwa Yerusaleemu n'alaba ekyetaago ky'okuddamu okuzimba Yeekaalu. Mu kuzimba, yafuna okuwakanyizibwa kungi okuva mu baali bamwebulunguludde n'endowooza ey'omwoyo, yeekenneya buli mbeera era n'akola ekyetaagisa. Wekkaanye okwekenneya kwe nekye yakola ku kibi eky'abantu ba Katonda (Essuula 9-10)

NEKEMIYA

Okwekenneya kw'obwebulungulule kulagibwa mu kitabo kino nga kukwata ku kuzimba kw'ebisenge bya Yerusalemu okw'omusajja ono ayitibwa Nekemiya. N'okusingira ddala mu 2:11-20 mwe muli okwekenneya kw'embeera mu Yerusalemu. Mu kitabo kyonna Nekemiya yeeyongerayo okwekenneya nga bw'abaako byakola mu kukkiriza eri ebyo ebyagezaako okulemesa omulimu gwe ku lwa Mukama.

ESEZA

Essuula 2: Moludekaayi yeekenneenya bulungi embeera ekyamuviirako okuteeka Eseza mu kifo ekituufu akozesebwe Katonda.

Essuula 3-9: Eseza yeekenneenya embeera n'akolayo n'enteekateeka ey'okutaasa eggwanga lyonna.

YOBU

Ekitabo kino kiraga embooji ku musajja omutuukirivu ayitibwa Yobu eyalumbibwa Sitaani mu mubiri mu ndowooza, mu bintu, mu bantu we yali, ne mu mwoyo. Yobu yeekenenya embeera ye, mukwano gye egyakola okwekenneenya okukyamu okusenziira ku ndowooza ye ey'omubiri. Era ekitabo kikomekkerera n'okwekenneenya kwa Katonda.

ZABULI

1:1-3: Obwebulungulule bw'omuntu ow'obwa Katonda bwekenneenyezebwa.

3:6: Totya mbeera zikwebulunguludde.

11:4-5, 14:2-3, 17:3: Katonda yeekenneenya ebitonde byonna.

19:12, 14: Essuula 26, 51, 69, 40:2-3, 119:59: Daudi yawaayo obudde bungi nga yeekenneenya obulamu bwe. Bino byakulabirako ebitonotono ku ebyo ebingi ebiri mu Zabuli.

Essuula 78, 105-107. Zeekenneenya eggwanga lya Isirayiri.

115:4-8, 135:15-18: Okwekenneenya bikatonda ebikyamu.

ENGERO

Ebitundu ebisinga mu kitabo kino byekenneenya n'okulabula okwewala ebintu ebikyamu ebiri mu bwebulungulule (Laba: 1:10-19, 2:10-22, 4:14-19, 7:6-27, 9:13-18)

Essuula 5:14. Tusaanye okudduka obwebulungulule obumu: Laba 5:8

6:6-11: Soma ku bwebulungulule bw'ekiwuka olabe ky'oyinza okuyiga.

6:27-28, 22:24-25: Obwebulungulule obw'omubiri n'obwomwoyo butukosa.

20:4: Togannya kwekenneenya kwo okwobwebulungulule kukulemesa kukola mulimu gwo.

21:2: Katonda yeekenneenya emitima gyaffe.

21:29, 4:26: Tugambibwa "Okwegendereza amakubo go" era "Tereeza amakubo g'ebigere byo" kuno kwekenneenya kwa buntu:

24:30-34: Ennimitiro y'omugayaavu yeekenneenyezebwa.

27:23: “Manya embeera y’ekisibo” kino kitegeeza okuba ng’omanya abo b’ovunaanyizibwako.

OMUBUULIZI

Ekitabo kino kyekenneenya obulamu obuli “wansi w’enjuba” ku nsi so si Katonda. Omuwandiisi (Sulemaani) yeekenneenya buli kintu ekyali mu bwebulungulule bw’ensi n’alaba nga byonna butaliimu. Okufundikira kw’okwenneenya kwe kuweebwa mu Omubuulizi 12:13-14

OLUYIMBA

Ekitabo kino kiraga enkolagana eri wakati wa Kristo n’ekkanisa nga bwe kiragibwa mu bufumbo. Wekkaanye ebyekenneenyezebwa ku mugole omukazi n’omusajja.

ISAAYA – DANYERI

Ebitabo bya Isaaya okutuuka ku Danyeri biyitibwa ebya “bannabbi abakulu.” Mulimu obunnabbi obw’enjawulo nga buwanvuko obwaweebwa Katonda eri amawanga. Ddamu weetegereze ebitabo bino omanye ekiteegezebwa n’obwebulungulule obw’ekibi abantu b’amawanga gano mwe baabeeranga. Wekkaanye obunnabbi obw’engeri Katonda gye yateekateekamu engeri y’okubakwatamu olw’obwonoonyi obuyitiridde. Ebintu bino weebiri ne mu bwebulungulule obw’amawanga g’olaba galiwo kati mu nsi?

Wekkaanye n’embooji ku Danyeri ne mikwano gye esatu mu ssuula 1-3 ne 6. Tebaaganya bwebulungulule bukyamu kumalawo nkolagana yaabwe ey’omwoyo ne Katonda.

KOSEYA – MALAKI

Ebitabo ebya Koseya okutuuka ku Malaki biyitibwa “ebya bannabbi abatono” olw’okuba bimpi, so si nti obubaka obubirimu si bwa mugaso.

Bannabbi bano, olw’okulufhjamizibwa Katonda wekenneenye obwebulungulule obw’amawanga ag’enjawulo. Ddamu wekkaanye ebitabo bino, nga bw’olaga n’obwebulungulule bw’amawanga gano n’engeri Katonda gye yategekamu okugakolako olw’ekyo. Waliyo ebintu ebyaliwo mu mawanga ago nga ne Kati byeyoleka mu nsi?

Wekkaanye Amosi 4:6-13 ekiraga engeri Katonda gye yakozesa obwebulungulule okukola ku bantu be. Singa baali beekenneenyenza bulungi obwebulungulule bwabwe, Katonda yandibasonyiye n’okubawonya.

WEYONGERE N’OKUSOMA KWO...

Ekikulagibwa kino ku ndagaano enkadde, kyakuyambako okutegeera engeri ennungi gy’olina okukolera mu bwebulungulule. Abantu ba Katonda:

- Baawangulwa buli lwe beekenneenya obwebulungulule n’endowooza y’okutya n’obutakkiriza oba buli lwe baalemererwa okwekenneenya wadde.
- Baawangulanga buli lwe beekenneenyanga obwebulungulule n’endaba ey’omwoyo.

- Baaganyanga obwebulungulule okubafuga mu mwoyo, mu bulungi ne mu bubu.
- Baakosanga obwebulungulule mwe baaberanga, baakolera ne mwe baaweererezanga.
- Baakoleranga mu buwangwa obubeebulunguludde okutuukiriza enteekateeka ya Katonda.

Mu ndagaano enkadde, mulimu ebyokulabirako ebirala bingi ebyokwekenneenya obwebulungulule. Weeyongere n'essomo lino okoleyo naawe ekiwandiiko ky'ebyo by'ozudde.

ESSUULA EYOOKUNA

OKUSINZIIRA KU BAIBULI: ENDAGAANO EMPYA

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuzuula ebyokulabirako by'endagaano empya ku kwekenneenya obwebulungulule.

ENNYANJULA

Mu ssuula ewedde oyize ku kwekenneenya obwebulungulule okusinziira ku Baibuli mu ndagaano enkadde. Mu ssomo lino, ojja kwetegereza okusinziira ku ndagaano empya.

(Nga mu ssuula ewedde, olw'engeri y'okuyiga ey'essomo lino, temuli "lunyiriri lukulu, okwegezaamu n'ekitundu ekya okweyongera okusoma)

Bino by'ebimu ku kwekenneenya kw'obwebulungulule okusinziira ku ndagaano empya.

EBITABO EBY'ENJIRI

Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana.

Enjiri nayo eraga akakwate akali mu bwebulungulule bw'ebiro by'obuweereza bwa Yesu n'obwenjiri ye gye yeekenneenya obwebulungulule olw'ensonga eno, ebitabo bino tubigatta wamu. Bitunuulira buweereza bwa Yesu mu njiri. Wekkaanye n'okusinga engeri Yesu...

- Gye yeekenneenya obwebulungulule okuzuula n'okutuukirira ebyetaago by'abantu.
- Gye yeekenneenya ebibuuzo by'abaali bamukolokota aleme kugwa mu katego.
- Gye yeekenneenya endowooza n'ebikolwa by'abantu. (Okugeza, omuvubuka eyali tayinza kuwulira kuyitibwa kwa Yesu olw'obugagga, ebigererwa n'enteekateeka zaYuda, essa ettuufu eryokwewaayo kwa Peetero, n'ebirala
- Okwekenneenya embeera eriwo mu bibuga gye yaweereza. (Okugeza laba Matayo 23:37-39, Lukka 13:34-35 ne Matayo 11:21-24)

Ebitabo by'enjiri bitulaga okwekenneenya kw'obwebulungulule bw'eddiini mu biro ebya Kristo. Kiki ekiragibwa ku bakulembeze b'eddiini okusinziira ku kiragibwa ku bawandiisi, Abafalisaayo ne Abasaddukaayo?

Bino by'ebimu ku by'okulabirako ebirala ebijuliza ku kwekenneenya obwebulungulule.

Matayo 7:15-20: Engeri y'okwekenneenya obuweereza obutuufu n'obukyamu.

Matayo 13: Okwekenneenya kw'ettaka eritegekeddwa okwaniriza.

Matayo 10:5-15, Makko 6:10-11: Okwekenneenya obwebulungulule bw'oweereza n'okolerawo ekigambibwa.

Makko 13:5-37: Okwekenneenya embeera y'ensi erijja.

Lukka 14:7-14, 28-32: Ebyokulabirako ebiraga omugaso gw'okwekenneenya obwebulungulule.

EBIKOLWA BY'ABATUME

2:41-47, 5:42: Ennyiriri zino zeekenneenya obwebulungulule obw'omwoyo obw'ekkanisa eyasooka e Yerusalemu

6:1-6: Okwekenneenya kw'embeera okwava ku kulondebwa kw'abadinkoni abasooka.

6:7: Okwekenneenya kwa Yerusalemu.

8:17-24: Okwekenneenya kwa Peetero ku musajja ayitibwa Simyoni.

10:34-11:18: Okwekenneenya kwa Peetero ku Katonda akolera mu bannamawanga.

11:27-30: Okwekenneenya kw'embeera y'e Buyudaaya.

Essuula 13-28: Mu ssuula zino, Paulo yakyalira ebibuga bingi n'aweereza eri ebibinja by'abantu bingi. Wekkaanye engeri Paulo gye yeekenneenyamu n'atuusa n'enjiri mu bitundu ebirala.

Essuula 27: Okwekenneenya okw'emirundi ebiri okwawukana n'ebivaamu.

ABARUUMI

1:7-8: Paulo yeekenneenya abakkiriza b'e Rooma. Bintu ki ebisatu by'aboogerako?

1:21-32: Okunnyonyola kw'obwebulungulule bw'abantu abakyamu abaava mu kitiibwa kya Katonda.

3:9-19, 23, 5:12: Okwekenneenya ensi omutali Katonda.

10:1-3, 21: Okwekenneenya kw'eggwanga lya Isirayiri.

11:2-4: Okwekenneenya kwa nnabbi Eriya kujjukirwa.

16:17-18: Okwekenneenya kw'abo abaleetawo enjawukana mu kkanisa.

1 ABAKOLINSO

Essuula 8: Paulo yeekenneenya ba Katonda abakyamu (ebifaananyi)

9:19-22: Okwekenneenya kwa Paulo ng'omuntu.

10:27-33: Weekenneenye bulungi obwebulungulule bwo. Tonyiiza abalala olw'ebikolwa byo.

16:8-9: Okwekenneenya kw'ekibuga ky'e Efeeso:

2 ABAKOLINSO

1:8-9: Okwekenneenya kwa Asiya

2:12-13, 7:5, 8:1-5, 11:9: Okwekenneenya kwa Masedoniya.

4:7, 5:17: Okwekenneenya kw'abakkiriza mu Kristo

9:1-4: Okwekenneenya kwa Akayiya.

Paulo yeekenneenya ekanisa y'e Kkolinsu mu bitabo ebya 1 ne 2 Abakolinso. Oyiga ki ku kkanisa okusenziira ku kwekenneenya kwe?

ABAGGALATIYA

1:6-7, 3:1-5, 4:9-20, 5:1, 7-8, 6:15: Biki ebiragibwa ku kkanisa y'e Galatiya okusenziira ku bikuweereddwa mu nnyiriri zino?

1:4: Okwekenneenya kw'ensi ya kaakati.

1:11-2:21: Okwekenneenya kwe nga Paulo.

Essuula 3: Okwekenneenya kwa Ibulayimu

5:16-21, 6:7-8: Okwekenneenya obulamu obufugibwa omubiri.

5:22-26: Okwekenneenya obulamu obufugibwa omwoyo wa Katonda.

6:3: Weegendereze engeri gye weekenneenyamu.

ABAEFEESO

1:3: Okwekenneenya kwa Paulo ku mukisa ogw'omwoyo mu Kristo eri omukkiriza. Alaga bingi ku bino mu kitabo kya Abaeфеeso. Kola olukalala lwa bino okusenziira ku kwekenneenya kwe mu ssuula zino.

2:1-3, 11-12: Okwekenneenya ekya kye twali mu "biseera ebyayita" nga tetunnamanya Mukama.

2:4-10, 13-22: Kati tuli tutya olw'okuba tumanyi Yesu?

3:7-8, 4:1, 6:19-20: Okwekenneenya kwa Paulo.

4:3-6: Okwekenneenya kw'omubiri gwa Kristo ogumu omutuufu.

4:11-16: Okwekenneenya kw'ebiruubirirwa by'ebirabo by'omwoyo.

4:17-5:9: Soma okwekenneenya kwa Paulo ku nneeyisa yaffe mu "biro ebyayita." Geraageranya n'ebiragiro ebidda eri enneeyisa yaffe ng'abakkiriza.

6:11-18: Okwekenneenya kuno kulaga ki ku balabe baffe ab'omwoyo abatuufu?

ABAFIRIPI

- 1:12-14, 19: Okwekenneenya kw'embeera za Paulo.
- 1:15-18: Okwekenneenya kw'ebiruubirirwa by'obuweereza eby'enjawulo.
- 1:20-25: Okwekenneenya ebirungi by'obulamu n'okufa.
- 2:5-8: Okwekenneenya endowooza ya Yesu.
- 2:25-30: Okwekenneenya ku Paulo ku mukwano gwe, Epafulodito.
- 3:3-14: Okwekenneenya kwe nga Paulo
- 3:18-21: Okwekenneenya kw'abalabe b'omusaalaba.
- 4:11-13: Engeri Paulo gye yeekenneenya n'okukwatamu embeera.
- 4:14-18: Kiki ky'oyinza okuyigira ku kkanisa y'e Firipi okusenziira ku bubaka bwa Paulo bw'awa mu nnyiriri zino?

ABAKOLOSAAYI

Mu kkanisa y'Abakolosaayi mwalimu ekibinja ky'abakakensa abakkiriza abaaleeta enjigiriza enkyamu. Okwekenneenya kwa Paulo kututegeeza ki ku mbeera y'ekkanisa y'e Kkolosaayi? Okwekenneenya kwe kumuyamba kutya mu kukwasaganya embeera y'eyo? Biragiho ki Paulo by'awa okutereza embeera n'okulwanyisa enjigiriza enkyamu?

1 NE 2 ABASESSALONIIKA

Biki by'oyinza okuyiga ku kkanisa y'e Sessaloniika okusenziira ku bubaka obuteereddwa mu bitabo bino? Bintu ki ebirungi Paulo by'ayogera ku bakkiriza baayo? Bintu ki bye baali beetaaga okutereza?

1 TIMOSEEWO:

Ebitabo bya 1 ne 2 Timoseewo byawandiikirwa eri omuweereza omuto eyali ayitibwa Timoseewo. Soma ebitabo byombi olabe ebyo Paulo bwe yeekenneenya ebisaanyizo by'omuweereza w'enjiri atuukiridde.

- 1:4-7: Okwekenneenya ebyo ebyaleetera abantu okubeera nga bava ku njiri entuufu.
- 1:8-10: Okwekenneenya ekiruubirirwa ky'etteeka.
- 1:11-16, 2:7: Okwekenneenya kwa Paulo okw'obuntu.
- 1:18-20: Biki by'oyinza okuyigira ku Kimenu ne Alekizanda okusenziira ku kwekenneenya kwa Paulo mu nnyiriri zino?
- 3:1-13: Okwekenneenya kw'ebyetaago by'abakulembeze b'ekkanisa.

4:1-5: Okwekenneenya kw'embeera z'ebiro eby'oluvannyuma.

4:6-6:21: Soma ku kwekenneenya kwa Paulo ku bintu ebinaafuula Timoseewo omuweereza wa Katonda omulungi.

2 TIMOSEEWO

1:5-6, 13-14, 3:15: Okusenziira ku bubaka obukuweebwa mu nnyiriri zino, kiki ky'oyinza okuyigira ku bwebulungulule bwa Timoseewo?

1:11-12, 2:9-10, 3:10-11, 4:6-8, 18: Okwekenneenya kwa Paulo.

1:15-18: Okwekenneenya kw'embeera mu Asiya n'okwomusajja ayitibwa Oneesiforo.

3:1-9, 13, 4:3-5: Okwekenneenya kw'ebiro eby'oluvannyuma.

3:16-17: Okwekenneenya kw'ebiruubirirwa by'ekigambo kya Katonda.

4:9-17: Okwekenneenya kw'abantu Paulo beyakolagana nabo.

TITO

Ekitabo kya Tito nakyo kyawandiikibwa Paulo eri omuweereza omuvubuka. Biki Paulo bye yeekenneenya okulaga omuweereza w'enjiri atuukiridde? Okwongerezaako, soma n'ebitundu bino:

1:9-16, 3:10-11: Okwekenneenya kw'abasajja abatali ba bwakatonda.

3:3-7: Okwekenneenya "bwe twali" ku ekyo "kye tuli" mu Kristo.

FIREMOONI

Soma ekitabo kino eky'essuula emu yokka. Osobola okwekenneenya embeera eyo Paulo gye yali akwasaganya okusenziira ku bubaka obuli mu nnyiriri zino?

ABAEBBULANIYA

Essuula 3-4: Okwekenneenya lwaki Isirayiri yali tesobola kutuuka ku bintu ebirungi ebya Katonda.

5:12-14: Okwekenneenya kw'abakkiriza abatalina bukugu mu kigambo kya Katonda.

Essuula 7: Okwekenneenya kw'okufuba mu bulamu obw'omubiri.

Essuula 8: Okwekenneenya kw'obulamu obw'omwoyo.

Essuula 11: Okwekenneenya kw'okukkiriza n'omugaso gwa kwo mu bulamu bw'abasajja n'abakazi aba Katonda.

Essuula 12: Okwekenneenya kw'ebiruubirirwa by'okugolola.

Ekitabo kya Abaebbulaniya kiwa endagaano enkadde n'empya Katonda ze yakola n'omuntu, weekenneenye enteekateeka ze zino ez'enjawulo n'enkolagana ye n'omuntu.

YAKOBO

1:6-8: Okwekenneenya kw'omuntu alina okubusabusa.

1:12-14: Okwekenneenya kw'obwebulungulule bw'okukemebwa.

1:17: Okwekenneenya ensibuko y'ebirabo ebirungi.

1:27: Okwekenneenya kw'ebikulu mu ddiini entuufu.

2:1-9: Enkozesa y'okwekenneenya embi.

2:20-24: Okwekenneenya kwa Ibulayimu ng'omuntu.

2:25-26: Okwekenneenya kwa Lakabu ng'omuntu.

3:1-13: Okwekenneenya okwentiisa okw'ennimi zaffe okukosa obwebulungulule bwaffe.

3:14, 16: Okwekenneenya kw'obwebulungulule omubeera obuvuyo.

4:1-3: Okwekenneenya kw'embeera eziviirako entalo n'okulwanagana.

5:1-6: Okwekenneenya kw'abasajja abagagga.

5:16-18: Okwekenneenya kwa Eriyaasi ng'omuntu.

1 PEETERO

Peetero akwasaganya obwebulungulule bw'okubonaabona mu ssuula zino. Kiki ky'alaga mu kwekenneenya kw'ekiruubirirwa, ebivaamu n'endowooza y'omukkiriza entuufu ku bwebulungulule? Ddamu osome ekitabo wekkaanye n'ebiragirow ebiwebwa abakkiriza ku kutondawo obwebulungulule obutuufu mu kkanisa okuyita mu bulamu obw'obwa Katonda.

2 PEETERO

Essuula 2-3: Okwekenneenya kw'abantu abaali abalimba. Geraageranya okwekenneenya kwa Paulo n'okwa Yuda.

1 YOKAANA

Yokaana alaga engeri gy'oyinza okwekenneenya obulamu bwo osobole okumanya oba omanyi Katonda ddala. Soma ekitabo ekya 1 Yokaana obimenye.

1:6-10: Omugaso gw'okwekolera okwekenneenya

2:15-17, 5:19: Okwekenneenya kw'ensi.

2:18-19: Engeri y’okwekenneenya n’okutegeera omwoyo gw’abawakanya Kristo.

4:1-6: Okwekenneenya emyoyo okusenziira ku biragiro bino.

5:4: Engeri y’okuwangula buli bwebulungulule.

2 YOKAANA

Olunyiriri 4: Okwekenneenya kw’abakkiriza be yali awandiikako.

Olunyiriri 7:11: Okwekenneenya kw’abalimba.

3 YOKAANA

Olunyiriri 1, 3-8: Okwekenneenya omusajja ayitibwa Gayo.

Olunyiriri 9-12: Okwekenneenya eby’okulabirako eby’enjawulo ebya Dimetiriyo ne Diyokerefe.

YUDA

Olunyiriri 4: Okwekenneenya “kw’abantu abamu” kutandika, essuula yonna beekwatako. Biki by’oyiga ku bantu bano bw’osoma essuula eno?

Olunyiriri 5: Okwekenneenya kwa Missiri.

Olunyiriri 6: Okwekenneenya kwa Malayika embi.

Olunyiriri 7: Okwekenneenya kwa Sodoma ne Gomola.

OKUBIKKULIRWA

Ekitabo ky’okubikkulirwa kwe kwekenneeny kw’embeera y’ensi mu nnaku ez’oluvannyuma nga bwe tukimanyi. Soma ekitabo kyonna nga bw’onokolayo embeera ezo.

Essuula 2-3: Okwekenneenya kw’obwebulungulule bw’ekkanisa z’e Asiya. Osobola okunokolayo ku bisaanyizo ebiri mu kkanisa ya leero?

Essuula 21-22: Okwekenneenya kw’obwebulungulule obw’eggulu n’ensi ebipya Katonda by’alitonda.

ESSUULA EYOOKUTAANO

OKWEKENNEENYA OBWEBULUNGULULE OKWOBUNTU

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola "okwekenneenya obwebulungulule okwobuntu."
- Okunnyonnyola ekiri mu kwekenneenya obwebulungulule okwobuntu.
- Okuzuula ebiruubirirwa by'okwekenneenya obwebulungulule okwobuntu.
- Okukolayo okwekenneenya kw'obwebulungulule okukwo ng'omuntu.
- Okukozesa ebiva mu kwekenneenya kwo okutuukiriza obuweereza bwo.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Mwekebere mulabe obanga muli mu kukkiriza; oba temumanyi nga Yesu Kristo ali mu mmwe? Mpozi nga temukakasibbwa. (2 Abakolinso 13:5)

ENNYANJULA

Ofunye ennyanjula ku kwekenneenya kw'obwebulungulule okw'obuntu n'okukebera okusenziira ku Baibuli. Mu ssuula eno ogenda kufuna essomo ku ngeri y'okwekolera okwekenneenya kw'obwebulungulule. Kakasa nti omalirizza buli ssomo nga tonnaba kweyongerayo ku ssomo ddala kuba eriba liddako lizimbibwa ku ddala. Mu ssomo lino ojja kuyiga engeri y'okukola okwekenneenya kw'obwebulungulule okwobuntu.

OKWEKENNEENYA OBWEBULUNGULULE OKWOBUNTU

Okwekenneenya obwebulungulule okwobuntu kwe kusoma obwebulungulule bwo. N'olwessuula eno tandika ebitundu by'essomo lino ebinnyonnyola engeri gye weekenneenya obwebulungulule obwenjawulo nga kw'otadde n'enkolagana mu mubiri, eby'essomo, eby'ensimbi n'obwebulungulule obw'omwoyo.

EBIRUUBIRIRWA BY'OKWEKENNEENYA OBWEBULUNGULULE OKWOBUNTU

Bino by'ebiruubirirwa by'okwekenneenya obwebulungulule okwobuntu:

OKUMANYA EMBEERA YO EY'OMWOYO:

Baibuli eyogera ku kwekebera nga ggwe omanyembeera yo ey'omwoyo:

Mwekebere mulabe obanga muli mu kukkiriza; oba temumanyi nga Yesu Kristo ali mu mmwe? Mpozi nga temukakasibbwa. (2 Abakolinso 13:5)

Noolwekyo omuntu amalenga kwekebera, alyoke alye ku mugaati n’okunywa ku kikompe. (1 Abakolinso 11:28)

Olina okwekebera wekka mu by’okukkiriza. Kino kitegeeza okwekenneenya embeera yo ey’omwoyo okusenziira ku kigambo kya Katonda. “Okukakasa” naky’okukkiriza ekinyinza okutegeeza okukebera. Baibuli egamba:

Naye mwekenneenyenga ebintu byonna, kale bwe bibanga ebirungi mubinywezenga. (1 Abasessaloniika 5:21)

Okwekebera wekka mubaamu okwekenneenya ebintu by’obulamu bwo eby’omwoyo, era mubaamu n’okwekenneenya ebintu ebikolebwa. Muno mulimu embeera y’ebirabibwako, eby’ensi, eby’ensimbi, eby’enjigiriza n’ebirala. Oteekwa “okukakasa” oba okukebera “ebintu byonna” mu bulamu bwo.

Omuntu alina omubiri, emmeeme n’omwoyo. Ekituuka ku mubiri kikosa n’embeera yo ey’omwoyo. Embeera y’emmeeme n’omwoyo esobola okukosa omubiri gw’omwoyo. Eno y’ensonga lwaki okebera “ebintu byonna”

Kikulu nnyo okukebera ebintu by’obulamu byonna kubanga ebikolebwa ebikwata ku bulamu bwo bisobola okutaataaganya enteekateeka ya Katonda eri obulamu bwo. Ebintu by’ensi biyinzira okuziyiza omulimu gw’ekigambo kya Katonda mu bulamu bwo:

Naye okweraliikirira n’okusikirizibwa eby’obugagga n’okwegomba ebintu ebirala, bizikiriza ekigambo ne kitabala bibala. (Makko 4:19)

Ebikolebwa mu bulamu bisobola okuziyiza okubalira mu mwoyo:

Ezaagwa mu maggwa, be bawulira ekigambo, naye okweraliikirira n’obugagga n’amasanyu g’omu bulamu ne bibazisa, ne bataleeta bibala bikuze bulungi. (Lukka 8:14)

Okwenyigira mu bintu ebitubeezaawo bisobola okuziyiza olutalo olw’omwoyo:

Tewali muserikale ng’ali ku lutalo eyeeyingiza mu mitawaana gy’abantu abaabulijjo, alyoke asiimibwe oyo eyamuwandiika. (2 Timoseewo 2:4)

Ebikolebwa mu bulamu biyinzira okukutwaliriza n’otosobola kwetegekera kudda kwa Mukama:

Mwekuume muleme okwemalira mu binyumu n’okutamiira, n’okweraliikirira eby’obulamu, okujja kwange okw’amangu kuleme kubakwasa nga temugenderedde ng’abagudde mu mutego. (Lukka 21:34)

“Mwekuume” kitegeeza kwekebera nga ggwe okukakasa nti buli kintu ky’obulamu bwo obeera mwetegefu ku kudda kwa Mukama.

OKUZUULA OBUNAFU BWO OBW'OMWOYO:

Okwetereza si ky'ekiruubirwa ky'okuzuula obunafu bwo. Soma Abaruumi 7 olabe engeri Paulo gye yagezaako n'alemererwa. Tolina ky'oyinza kukola ku lulwo n'okyusa obunafu bwo.

Ekiruubirwa eky'okuzuula obunafu bwo kuba kukuwa mwagaanya gwa kukukwataganya n'emitendera gya Katonda akyuse obulamu bwo. Enkyukakyuka etandikira ku kuzaalibwa omulundi ogwokubiri:

Noolwekyo omuntu yenna bw'abeera mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby'edda nga bigenze, laba ng'afuuse muggya. (2 Abakolinso 5:17)

Enkyukakyuka yeeyongerayo olw'okwatula ebibi n'obunafu bwo n'okkiriza okusonyiyibwa kwa Katonda:

Bwe twogera nti tetulina kibi, twerimba ffekka, era n'amazima tegaba mu ffe.

Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. (1 Yokaana 1:8-9)

Okyuka nga bw'okwatagana n'enkola ya Katonda mu kukukyusa okuyitira mu mbeera z'obulamu:

Era tumanyi nga eri abo abaagala Katonda, era abo abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna bibatuukako olw'obulungi.

Kubanga abo be yamanya olubereberye, yabalonda okufaananyizibwa mu kifaananyi ky'Omwana we, ye abeerenga omubereberye mu booluganda abangi. (Abaruumi 8:28-29)

"Ebintu byonna," ebirungi n'ebibi mu mbeera z'obulamu, Katonda abikozesa okukutereza mu kifaananyi kya Yesu. Okyuka nga bwogondera omutindo gwa Katonda so si ogw'ensi:

Noolwekyo abooluganda mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'omwoyo.

So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw'amazima. (Abaruumi 12:1-2)

Enkyukakyuka ejja lw'amaanyi nga Mwoyo Mutukuvu. Paulo yalemererwa bwe yagezaako okwetereza nga ye mu Abaruumi 7

Kino kyasoboka olw'amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu. Obuwanguzi bwe bulagibwa mu Abaruumi 8. Eno y'ensonga lwaki Paulo yagamba:

Buli mulundi ng'anjamba nti, "Ekisa kyange kikumala, kubanga amaanyi gange gatuukirira mu bunafu." Noolwekyo kyennaavanga nneegulumiza n'essanyu lingi olw'obunafu bwange, amaanyi ga Kristo galyoke galabisibwe.

Kyenva nsanyukira mu bunafu, mu kuvumibwa, mu bizibu, mu kuyigganyizibwa, mu binzitoowerera, ku lwa Kristo, kubanga buli bwe mba omunafu, olwo nga ndi wa maanyi. (2 Abakolinso 12:9-10)

Paulo yamanya obunafu bwe naye teyabuganya kumumalamu maanyi. Yamanya nti amaanyi ga Katonda gajja kukyusa obunafu bwe. Bw'otozuula bunafu bwo n'okwatagana n'enkola za Katonda okukyusa obulamu bwo, olwo ojja kweyongera okulemererwa buli kiseera.

OKUZUULA OBUSOBOZI BWO OBW'OMWOYO:

Totuukirira mu buweereza bwo bw'otunuulira obunafu bwo. Osobolera ddala ng'okakasa obusobozi obw'omwoyo Katonda bwakuwadde. Mu lugero lwa ttalanta oluli mu Matayo 25:14-30, buli muweereza yalina okufaayo ku kyamuweebwa, so si ky'atalina.

Okuzuula obusobozi bwo obw'omwoyo olw'obuweereza, so si kwenyumiriza mu busobozi bwo. Buli busobozi bw'olina bukuweebwa Mukama, nga bwe kyali ne mu lugero luno. Ng'abakozi mu lugero luno, muvunaanyizibwa ku kukozeza obusobozi obw'omwoyo ttalanta, n'obusobozi obw'ekitiibwa kya Katonda.

Jjukira nti tetufaayo ku busobozi bwa mirundi emeka bw'ozudde, wabaawo omwagaanya gw'okulongoosa. Paulo yeekenneenya obusobozi bwe naye n'agamba yabeera:

Sigamba nti mmaze okufuna oba nti mmaze okutuukirira, wabula nfuba okufuna ekyo Kristo Yesu kye yagenderera nfune.

Abooluganda, mmanyi nti sinnakifuna, naye kye nkola kwe kwerabira ebyo ebiri emabega ne nduubirira ebyo ebiri mu maaso.

Nduubirira okutuuka awawakanirwa awali empeera ey'okuyita kwa Katonda okwa waggulu mu Kristo Yesu.

Noolwekyo ffe ffenna abatuukiridde ekyo kye tusaana okulowoozanga, naye obanga mulowooza bulala, na kino Katonda alikibabikkulira. (Abafiripi 3:12-15)

Nga bw'ozuula obusobozi bwo obw'omwoyo, jjukira nti obuwanguzi tebupimirwa ku ky'oli. Bupimibwa ku ekyo ky'oli okugeraageranyizibwa n'ekyo kye wandibadde mu Katonda. Obubaka obukulu obw'ekitabo kya Yobu mu Baibuli nti n'omuntu omutuukirivu asobola okufunamu bwe yeeyongerayo okubeera ne Katonda.

OKUZUULA EBIRABO BYO EBY'OMWOYO:

Ebirabo by'omwoyo buba busobozi obw'enjawulo obuweebwa Omwoyo Omutukuvu okusobozesa omulimu gw'obuweereza. Essomo lino lya mugaso nnyo kuba Harvestime International Institute erifaako mu kitabo kyonna.

Olusoma lwa "Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu," lunnyonnyola ebirabo by'omwoyo mu bulambulukufu. Bw'oba totegeeranga birabo bya Mwoyo oba nga tonnazuula birabo Katonda bye yakuwa, olusoma olwo lujja kukuyambako mu kitundu kino okukulaakulana mu mwoyo.

Baibuli esomesa nti buli mukkiriza alinayo waakiri ekirabo ky'omwoyo (1 Abakolinso 12:4-11) era nti ovunaanyizibwa ku kuzuula n'okukulaakulanya ebirabo byo (2 Timoseewo 1:6)

Luno lwe lukalala lw'ebirabo by'omwoyo:

Ebirabo eby'enjawulo: Ebirabo bino biweebwa olw'okuwa abantu ba Katonda obusobozi bw'okukola omulimu gw'obuweereza:

- Abatume.
- Bannabbi
- Ababuulizi
- Abasumba
- Abasomesa.

Ebirabo by'okwogera: Ebirabo bino binnyonnyola amazima ga Katonda:

- Obunnabbi
- Okusomesa
- Okugolola
- Ekigambo ky'amagezi
- Ekigambo ky'okumanya

Ebirabo by'obuweereza. Ebirabo bino biyambako ku mulimu gwa Katonda:

- Okuweereza
- Obuyambi
- Obukulembeze
- Obufuzi
- Okuwaayo
- Okulaga okusaasira
- Okwawula emyoyo
- Okukkiriza
- Okusembeza.

Ebirabo by'obubonero. Ebirabo bino biteekawo obuyinza bwa Katonda:

- Ennimi
- Okutaputa
- Ebyamagero
- Okuwonga.

OKUMANYA EKIFO KYO EKY'OBUWEEREZA:

Okuzuula ekirabo kyo eky'omwoyo mutendera gusooka gwokka ku kuzuula ekifo kyo eky'obuweereza. Bw'omala okuzuula ekirabo kyo, oteekwa okuzuula wa Katonda gy'ayagala obikozese mu mubiri gwa Kristo.

Soma 1 Abakolinso 12 mu Baibuli yo. Essuula eno ennyonnyola engeri ekkansa gy'efaanagana n'omubiri gw'omuntu. Ng'ekitundu ky'omubiri kyonna bwe kikola omulimu ogw'enjawulo, bwe kiba ne kubuli kitundu ky'omubiri gwa Kristo. Okubeera omutuukirivu, oteekwa okuzuula ekifo ky'obuweereza bwo mu mubiri gwa Kristo. Okuzuula okwagala kwa Katonda, oteekwa okwewaayo nga ssaddaaka ey'okukozesebwa nga ye bw'alaba nti osaanidde:

Noolwekyo abooluganda mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'omwoyo.

So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw'amazima. (Abaruumi 12:1-2)

Oteekwa okuzuula ebirabo byo eby'omwoyo weekenneenye obusobozi bwo obw'omwoyo n'obunafu bwo, era okakase oba kebera okwagala kwa Katonda mu bulamu bwo (Harvestime International Institute erina olusoma oluyitibwa "okumanya eddobozi lya Katonda" oluyinza okukuyamba mu mbeera eno)

Ekimu ku bibi eby'omubiri mu Abaggalatiya 5:20 kwe "kukoppereza." Okukoppereza kitegeeza okukyusa enkola yo ey'ebintu n'okola ng'omulala bw'abikola. Katonda tayagala okoppe buweereza bwabalala. Ayagala weezulire ekifo kyo eky'obuweereza ky'akutegekedde mu bulamu bwo:

Naye buli muntu yeekebere akakase omulimu ggwe, yenyumirize ye yekka so si mu muntu omulala. (Abaggalatiya 6:4)

OKUKOLA ENTEKATEEKA Y'OKUTUUKIRIZA OBUWEEREZA BWO:

Okwekenneenya kw'embeera yo ey'omwoyo, obusobozi, obunafu n'ebirabo by'omwoyo bikuleetera okuzuula ekifo kyo eky'obuweereza mu mubiri gwa Kristo. kirufhamya olw'okuzuula ekifo ky'obuweereza bwo.

Naye n'okumanya ekifo kyo kyokka tekimala. Oteekwa okuteekateeka engeri y'okutuukiriza obuweereza bwa Katonda bw'alina gy'oli, olwo n'olyoka otandika okukola by'otegese:

Omuweereza oyo eyamanya mukama we by'ayagala akole, kyokka ye n'atabikola agenda kuweebwa ekibonerezo kinene. (Lukka 12:47)

Okwekenneenya okw'obuntu tekumala okuggyako ng'okozesezza by'oyize okutuukiriza obuweereza.

ENGERI Y'OKUKUḥḥAANYAMU OBUBAKA

SABA:

Saba Katonda akubikkulire embeera yo ey'omwoyo, obusobozi, obunafu n'ekifo kyo mu nteekateeka ye. Daudi kino kye yakola:

Neetegereza, Ayi Mukama, ongezese; weekalirize ebiri mu mutima gwange ne mu mmeeme yange. (Zabuli 26:2)

SOMA EKIGAMBO KYA KATONDA:

Ekigambo kya Katonda gwe mutindo ogutakyuka kw'oyinza okwekebera:

Ayi Mukama, Ekigambo kyo kinywevu mu ggulu, kya mirembe gyonna. (Zabuli 119:89)

KOZESA EBIRABO BY'OMWOYO:

Ebirabo by'omwoyo biyinza okukuyambako mu kwekenneenya. Okugeza, Mukama ayinza okukuwa okwawula ku bukwatagana n'obunafu obuli mu bulamu bwo obw'omwoyo oba okukozesa omuntu alina ekirabo ky'okwawula oba ekigambo ekyokumanya aweereze gy'oli.

NOONYA OKULUḥḥAMIZIBWA MU BAKULEMBEZE B'OMWOYO:

Saba akukulembera mu by'omwoyo akuyambe mu kwekenneenya kwo. Katonda akuwa abakulembeze bakulunganye. Saba omukulembeze wo yeekenneenye obusobozi n'obunafu bwo eby'omwoyo. Musabe asabeko naawe kubikwatagana n'ekifo ky'obuweereza bwo.

NOONYEREZA MU BIWANDIIKO

Osobola n'okukozesa ku biwandiiko mu kwekenneenya. Ekyokulabirako, embalirira empandiike, sitatimenti za bbanka oba kebera ebiri mu bitabo by'okozesa nga weekenneenya eby'ensimbi byo.

KOLAYO OKUBUUZA EBIBUUZO:

Weebuuzo ku w'oluganda lwo oba mukwano gwo mu bunafu n'obusobozi bwo obw'omwoyo.

WEETEGEREZE OBULAMU BWO:

Weetegere obulamu bwo mu mbeera zo ez'enjawulo. Wekkaanye obusobozi obunafu bwo ne w'otuukiridde mu buweereza. Birabo ki eby'omwoyo ebirabise?

Weetegereze bw'obeera mu mbeera z'obulamu ezaddala. Weeyisa otya ng'olina okunyigirizibwa? Ekibala ky'omwoyo kyeyolekera mu bulamu bwo?

OKWEKENNEENYA OBWEBULUNGULULE BWO

Kozesa ebikuweereddwa wammanga okole okwekenneenya kwo:

WEEKENNEENYE ENKOLAGANA YO N'ABANTU:

Ekigambo kya Katonda n'obulamu bw'abakristaayo bwonna businziira ku nkolagana. Olwa kino, kigasa okwekenneenya enkolagana yo ne Katonda n'abalala:

Yesu n'addamu nti, "Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna.'

Eryo ly'etteeka ery'olubereberye era lye lisingira ddala obukulu.

N'eryokubiri eririfaananako lye lino nti, 'Yagalanga muliraanwa wo nga gwe bwe weeyagala wekka.

Amateeka amalala gonna gasinziira mu mateeka ago gombi ne bya bannabbi. (Matayo 22:37-40)

Weekenneenye enkolagana yo okusinziira ku bino:

KATONDA:

- Oli mukkiriza eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri?
- Wabatizibwa n'amazzi?
- Otambulira mu nkolagana ne Katonda? Waliyo ekibi ky'omanyi mu bulamu bwo kye weetaaga kikolebweko?
- Wabatizibwa Omwoyo Mutukuvu?
- Soma Baibuli olubeerera?
- Oyinza otya okulongoosa engeri gy'osomamu Baibuli?
- Osaba olubeerera?
- Oyinza otya okulongoosa obulamu bwo obw'okusaba?
- Olina ky'okola mu kkanisa yo?
- Obulamu bwo bwoleka ekibala ekya Mwoyo Mutukuvu? (Laba bino mu Abaggalatiya 5:22-23)
- Bintu ki mu nkolaganayo ey'omwoyo ne Katonda by'owulira nga tonnakula era nga weetaaga okukuzibwa?

OMWAGALWA WO:

- Olina enkolagana ennungi ne gw'obeera naye? (Mukolera wamu, muwuliziganya, obudde mubumalira wamu, n'ebirala)

- Musaba, musoma ekigambo kya Katonda era mugenda mwenna mu kkanisa? Bwe kiba nedda, kiki ky'oyinza okukola okuteeka ebintu bino mu nkola mu nkolagana yammwe?
- Bintu ki bye musobola ne munno mu nkolagana yammwe?
- Binti ki bye muli abanafu mu nkolagana yammwe?
- Enkolaganayo ne munno ekulemesa okuweereza?
- Kiki ky'oyinza okukolawo eri munno aleme kubeera muziziko gwa buweereza bwo eri Katonda?

AKUKOZESA:

- Oli mu nkolagana ennungi n'akukozesa?
- Bwe kiba sibwe kiri, oyinza otya okugirongoosa?
- Omuwa ekitiibwa?
- Okola ebintu byonna ku mulimu gwo nga bwe kiba eri Katonda? (Laba 1 Abakolinso 10:31)

ABAANA BO:

- Olina enkolagana ennungi n'abaana bo?
- Oyinza otya okulongoosa enkolagana yo n'abaana bo?
- Abaana bo balina empisa?
- Bintu ki mwe batalagira mpisa?
- Oyinza kukolawo ki okulongoosa empisa zaabwe mu ekyo?
- Abaana bo bakkiriza Yesu ng'omulokozi waabwe?
- Kiki ky'oyinza okukolera abaana bo bakole okusalawo kuno?
- Weekenneenye okukula kw'abaana bo abakkiriza okw'omwoyo. Oyinza kubayamba otya okubongerayo okukula mu by'omwoyo?
- Bw'obeera omukulembeze mu kkanisa, olina obuyinza ku b'enju yo nga bwe kiragibwa mu Tito 1:6 ne 1 Timoseewo 3:4-5? Bwe kitaba ekyo, nkyukakyuka ki ezirina okubaawo kino kituukirire?

ABALALA ABALI MU MAKI:

- Olina obuzibu mu nkolagana n'omuntu yenna mu maka go? Bwe kiba bwe kiti, ani era lwaki?
- Kiki ky'oyinza okukola okulongoosa enkolagana eno?

ABALALA MU MUBIRI GWA KRISTO:

- Osisinkana obuzibu okukolagana n'abantu abalala abali mu mubiri gwa Kristo? Bwe kiba bwe kiti, ani gw'ofunamu obuzibu?
- Kiki ky'oyinza okukola okuzzaawo enkolagana yo n'owooluganda ono. (Engeri y'okuzzaawo enkolagana eno eya Baibuli eragibwa mu Matayo 18:15-17)

ABATAKKIRIZA:

- Oliraanye abatakkiriza oba weetooloddwa bakristaayo bokka? (Tosobola kufuna baabula nga tobaliraanye)
- Mitendera ki gy'oyinza okuyitamu okufunira Kristo abatakkiriza b'oliraanye?

- Oyinza otya okuteekawo enkolagana n'abatakiriza olw'ekiruubirirwa ky'okugabanako nabo enjiri?
- Olinayo abakiriza bokolagana nabo naye nga si be b'ebyawandiikibwa era nga banyigiriza enkolagana yo ne Katonda?

Bwe kiba kityo, ki ky'oyinza okukola okutereeza embeera?

WEEKENNEENYE EMBEERA YO ERABIKA

- Baibuli egamba omubiri gwo ye yeekaalu y'omwoyo gwa Katonda. Olw'okuba nti omubiri gwo Katonda mw'abeera, olinya okugabirira obulungi (1 Abakolinso 3:16-17)
- Empeera yo erabika ekosa nnyo omwoyo gwo kubanga omuntu mubiri, mmeeme, n'omwoyo. Bw'oba tolaboriddwa bulungi mu ndabika, esobola mangu okuggwaamu amaanyi mu mwoyo. Tolina maanyi na busobozi kukola mulimu gwa Katonda.
- Ozitowa nnyo?
- Tozitowa wadde?
- Okozesa ku bintu ng'ebiragalalagala okugeza, omwenge, ssigala oba ebitamiiza ebirala?
- Okola ku dduyiro bulijjo?
- Olinya embeera ekulemesa okukola omulimu gwa Mukama. Bwe kiba kityo, kiki ky'oyinza okukikolera? (Ebimu ku bintu oyinza okubitereeza olw'endya ne dduyiro. Ebirala Katonda yasobola okubiwonya)

WEEKENNEENYE EDDAALA LY'OBUYIGIRIZE BWO

- Oli ku ddaala ki ery'obuyigirize kati?
- Kiki ky'oyinza okukola okulongoosa obuyigirize bwo osobole okugasa omulimu gw'obuweereza? (Okusoma amasomo ga Harvestime International Institute y'emu ku ngeri. Tomalibwamu maanyi bw'oba nga tewafuna mukisa gwa kusoma nnyo. Yesu yalonda abantu ba bulijjo ng'abavubi n'abakozesa nnyo mu buweereza. Bw'oba n'omukisa ogw'okwongera okusoma ng'owulira y'enteekateeka ya Katonda gy'oli, tukuzzaamu amaanyi weyongere mu maaso)

WEEKENNEENYE EBY'ENSIMBI ZO

- Otera okuwa ekimu eky'ekkumi? (Ekimu eky'ekkumi kye; 10% eky' ssente zonna z'oba ofunye Katonda z'akuwadde, eno nnono ya Baibuli)
- Owaayo ebiweebwayo oluvannyuma lw'ekimu eky'ekkumi?
- Omuwendo gw'okuwaayo kwo omwaka oguwedde kwali kutya?
- Wawaayo mmeka eri emirimu gy'obuminsani?
- Biki by'oyinza okukendeeza mu by'okukozesa okubeerawo osobole okufissa ekiwera ky'oyinza okuwaayo olw'omulimu gwa Mukama?
- Olinya amabanja? Bwe kiba kiti, kiki ky'oyinza okukola okugeemalako?
- Olinayo obujulizi obulungi olw'engeri gy'okwatamu ensimbi zo, ogabirira amaka go era n'osasula ebisale byonna, ssaako n'ebirala?
- Bw'oba tokikola, oyinza kukolawo ki osobole okulongoosa mu mbeera eno?

- Ofaayo nnyo ku ky'okuweza obugagga n'ebintu ebikalu? Ebintu bino by'ebikutwalira obudde n'amaanyi go ebiseera ebisinga?

WEEKENNEENYE OBUSOBOZI BWO OBW'OMWOYO:

- Okozesa bulungi obudde bwo mu by'omwoyo n'omulimu gw'obuweereza?
- Mirimu ki gy'oyinza okwerekereza osobole okufuna obudde bw'obuweereza?
- Omanyi obuweereza obw'enjawulo Mukama bw'akuwadde ku lw'omubiri gwa Kristo?
- Obutuukirizza kati? Bwe kiba si ky'ekyo, lwaki nedda?
- Omanyi ebirabo by'omwoyo by'owereedda? Bwe kiba si ky'ekyo, goberera bino wammanga:

OMUTENDERA OGUSOOKA: Zaalibwa omulundi ogw'okubiri:

Oteekwa okuzaalibwa omulundi ogwokubiri. Ebirabo by'omwoyo bijja olw'okuzaalibwa obuggya nga ne ttalanta bwe zijja olw'okuzaalibwa okw'omubiri. Bw'oba tewalokoka mu nsi ey'omubiri tosobola kubeera na ttalanta ez'omubiri. Bw'oba tozaalibwanga mulundi gwa kubiri mu nsi ey'omwoyo tosobola kuweebwa birabo bya mwoyo:

Peetero n'abagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo nammwe mujja kufuna ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa 2:38)

OMUTENDERA OGWOKUBIRI: Funa okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu.

Okulufhamizibwa ku ngeri y'okufunamu okubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu kufune mu kitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, "Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu."

OMUTENDERA OGWOKUSATU: Manya ebirabo eby'omwoyo.

Oteekwa okumanya ebirabo by'omwoyo kye biri. Bw'oba tomanyi, tojja kusobola kumanya kirabo eky'omwoyo Katonda ky'akuwa.

OMUTENDERA OGWOKUNA: Noonya ekirabo ky'omwoyo:

Kale mwegombenga ebirabo ebisinga obukulu, naye ka mbalage ekkubo eddungi erisinga gonna. (1 Abakolinso 12:31)

Ffenna waakiri tulinayo buli omu ekirabo kimu, naye tusobola n'okunoonyaayo ku birabo ebirala. Olunyiriri luno lutegeeza nti osobola okufuna ekirabo ky'otolina mu kiseera ekyo.

OMUTENDERA OGWOKUTAANO: Okuteekako emikono.

Leka akukulemba mu by'omwoyo akuteekeko emikono era osabe Katonda akubikkulire ekirabo kyo eky'omwoyo:

Togayaaliriranga ekirabo ekiri mu ggwe, kye waweewwa mu bunnabbi abakadde bwe baakussaako emikono gyabwe. (1 Timoseewo 4:14)

Ebinaava ku mutendera ogusooka n'okutuuka ku gwokutaano, Katonda mw'ajja okukubikkulira ekirabo kyo eky'omwoyo. Kino bwe kitabaawo, weeyongereyo n'emitendera gino.

OMUTENDERA OGWOMUKAAGA: Weekenneenye by'oyagala eby'omwoyo.

Birabo ki bye wandiyagadde okulaba nga bikula mu bulamu bwo? Birabo ki ebikuleetera essanyu bw'obirowoozaako oba bw'obikozesa. Onyumirwa ng'osomesa? Onyumirwa okubeera ng'osembeza abantu abangi mu maka go? Otera okuwalirizibwa okuwaayo omuwendo ogwa ssente omunene eri omulimu gwa Katonda?

OMUTENDERA OGWOMUSANVU: Okwekenneenyezebwa omukulembeze omukristaayo.

Omukulembeze w'obukristaayo yeekennenyezza obusobozi bwo obw'omwoyo. Kiki ky'ozudde ku buweereza bwo obw'obukristaayo? Obalabikira nga omufuzi omulungi, omusomesa oba omulala yenna? Mu byebalooza, birabo ki eby'obuweereza by'olaba nga bituukiridde bulungi?

OMUTENDERA OGWOMUNAANA: Weekenneenye obuweereza bwo obw'obukristaayo obwayita.

Mu bintu ki eby'ebirabo/ obuweereza mwe wafunira essanyu ery'amaanyi ng'oweereza? Bintu ki bye watuukiriza obulungi?

OMUTENDERA OGWOMWENDA: Zuula ebirabo by'olooza nti olina.

Kolayo olukalala lw'ebirabo by'olooza nti olina. Olukalala luno lusenziira ku:

- Okumanya kw'ebirabo by'ofunidde mu ssomo lino.
- Katonda by'akubikulidde okuyita mu kusaba.
- Ebyo omukulembeze w'obukristaayo by'alabye mu bulamu bwo.
- Okwekenneenye kw'okutuukiriza obuweereza bw'obadde okola gye buvuddeko.

(Olusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa, "Obuweereza obwa Mwoyo Mutukuvu" nalwo lujja kukuyambako okuzuula ebirabo byo)

OMUTENDERA OGWEKKUMI: Noonya ebyetaago by'omwoyo ebikwetoolode.

Byetaago ki ebiri ku muliraano gwo, mu kitundu oba mu kkanisa? Waliyo obwetaavu bw'abasomesa, ababuulizi, abafuzi, n'abalala. Kolayo olukalala lw'ebyetaago ebyo.

OMUTENDERA OGWEKKUMI N'EMU: Tuukirira ekyetaago ky'omwoyo.

Geraageranya olukalala lw'ebyetaago eby'omwoyo ku lukalala lw'ebirabo by'okkiriza nti Katonda y'abikuwadde. Okumanya ekyetaago tekitegeeza nti olina ekirabo ky'olina okutuukirira ekyetaago ekyo. Naye olina okumanya engeri ekyetaago ky'omwoyo bwe kituukana n'ekirabo ky'okkiriza nga Katonda y'akikuwadde.

Kola okusalawo kw'okutuukirira ekyetaago kino. Okugeza, bwe wabaawo obwetaavu bw'okusomesa mu kkanisa yo, weeweeyo otuukirize ekyetaago ekyo.

OMUTENDERA OGWEKKUMI N'EBBIRI: Kebera obuweereza bwo.

Bw'omaliriza okukola bino n'ekirabo kyo, kebera obuweereza bwo. Otuukiridde mu kuzozesa ekirabo kino? Kireetawo essanyu ery'amaanyi gy'oli. Olina by'olaba ebivuddemu? Omusumba wo oba omukulembeze w'omwoyo alabye ku bivuddemu? Bwe kiba kityo, Katonda akuleetedde okuzuula ekirabo kyo eky'omwoyo.

Bwe kiba nga kye wasalawo tekituukana na busobozi bwo obw'omwoyo era nga totuukiridde, kebera olukalala lw'ebirabo ebisoboka era osabe Katonda akulage ekirala ky'onooweerezaamu.

TEEKA MU NKOLA EBIVUDE MU KWEKENNEENYA KWO

Okwekenneenya kw'omaliriza tekujja kuba na mugaso okuleka ng'okutadde mu nkola mu bulamu bwo ne mu buweereza bwo. "Okuteeka mu nkola" ekintu kitegeeza okuba ng'okikozesa bulungi n'obaako ky'okikozesa.

Buli lw'oyagala okutuukiriza ekintu. Okukola omulimu gwa Katonda gwonna oteekwa okuba n'enteekateeka, Katonda ye Katonda ow'enteekateeka. Yateekateeka ensi eno era n'akola n'enteekateeka ye ey'okutonda. Okuva ku misingi gy'ensi, Katonda yakola enteekateeka ey'okukola omuntu omwonoonyi. Ekiseera ekituufu bwe kyatuuka, yatuukiriza enteekateeka ye bwe yatuma Yesu ku nsi afiirire ebibi by'abantu bonna.

Buli Yesu lwe yabanga agenda okukola mu bulamu bw'abantu, yabagambanga okwetegeka. Yagamba abasajja abazibe bagende banaabe mu kidiba. Yalagira abayigirizwa okumuletera emigaati n'ebyenyanja. Yalagira omulema okusitula ekitanda kye.

Oteekwa okukwatagana n'omulimu gwa Katonda eri obulamu bwo. Okukakasa ng'okola kino, oteekwa okuteekateeka okukikola. Bw'oteeka mu nkola ebiva mu kwekenneenya kwo ng'omuntu, teekateeka okukukozesa ky'oyize ku lw'ekitiibwa kya Katonda.

Weeyambise okulufjhamizibwa kuno oteeke mu nkola ebivudde mu kwekenneenya kwo. Jjukira okusabira buli kitundu. Saba Katonda akubikkulire enteekateeka ye omale owandiike buli nteekateeka mu mabanga agalekeddwawo:

1. MANYA EMBEERA YO EY'OMWOYO:

Weetegereze okwekenneenya kwo owandiikeyo ekiba ekifunza embeera yo ey'omwoyo. Era mu kifunze kino laga engeri b'okolagana nabo gye bakosa embeera yo ey'omwoyo, ey'omubiri, eby'ensimbi, eby'enjigiriza, obusobozi n'obunafu.

Kola enteekateeka: Kiki ky'oyinza okukola n'okolagana ne Katonda mu kulongoosa embeera yo, okukola n'okweyongerayo?

Nja _____

2. ZUULA OBUNAFU BWO OBW'OMWOYO

Weetegereze okwekenneenya kwo olage obusobozi bwo obw'omwoyo. Ku buli bunafu bwo laga engeri gyotegese okubulwanyisa:

OBUNAFU

ENTEKATEEKA YANGE MU KU BULWANYISA ERI...

3. ZUULA OBUSOBOZI BWO OBW'OMWOYO:

Weetegereze okwekenneenya kwo olage obusobozi bwo obw'omwoyo. Ku buli busobozi bw'olina era laga entekateeka gy'olina okubukozesa ku lw'ekitiibwa kya Katonda:

OBUSOBOZI

OKUBUKOZESA

ENTEKATEEKA YANGE KU LW'EKITIIBWA KYA KATONDA ERI...

4. ZUULA EBIRABO BYO EBY'OMWOYO:

Weetegereze ebivudde mu kwekenneenya kw'ebirabo byo eby'omwoyo. Leeta ebirabo by'omwoyo by'okkiriza nti olina era ku buli kirabo wandiika entekateeka yo gy'onookozesaamu ekirabo ekyo ku lw'ekitiibwa kya Katonda.

EKIRABO EKYOMWOYO

ENGERI GYE HJENDA OKUKOZESA EKIRABO KINO ERI...

5. ZUULA EKIFO KYO EKY'OBUWEEREZA:

Weetegereze okwekenneenya kwo kwonna. Nga bw'osaba maliriza enjogera zino:

Nzikiriza nti ekifo ky'obuweereza bwange mu mubiri gwa Kristo kye:

6. KOLAYO ENTEKATEEKA EYOOKUTUUKIRIZA OBUWEEREZA BWO:

Onotandika otya okutuukiriza obuweereza bw'okkiriza nti Katonda bw'akuwadde? Soma essuula ey'ekkumi n'emu ekuyamba okukola enteekateeka:

OKWEGEZAAMU

1. Wandika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Nnyonyola omutwe "Okwekenneenya obwebulungulule okwobuntu."

.....
.....
.....

3. Kiki ekiri mu kwekenneenya obwebulungulule okwobuntu?

.....
.....
.....

4. Leetayo ebiruubirirwa mukaaga eby'okwekenneenya kw'obwebulungulule okw'obuntu.

.....
.....
.....

(Ebidibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma embooji ya Samusooni mu Ekyabalamuzi 13-16. Ono ye muntu eyandifunye mu kwekenneenya kwe. Teyamanya mbeera ya mwoyo gwe bwe yagenda mu lutalo eri Abafirisuuti. Singa Samusooni yali yeekenneenyezza obulamu bwe:
 - Bizibu ki eby'omwoyo bye yandizudde mu kwekenneenya kwe?
 - Yandikozeeyo ku nkyukakyuka ezandikyusizza amagenda g'obulamu bwe?
 - Nkyukakyuka ki ze yandikoze?
2. Soma Zabuli 51 nga Daudi yeekenneenya embeera ye ey'omwoyo oluvannyuma lw'ekibi kye ne Baseba. Okusenziira ku by'oyize mu ssuula eno, ddamu ebibuuzo bino:

By'oyize mu ssuula eno, ddamu ebibuuzo bino:

- Embeera ya Daudi ey'omwoyo yali etya ng'awandiika essuula eno?
 - Daudi yakola ki ku lw'ekibi kye?
 - Kiki Daudi kye yasaba Katonda akole?
3. Soma embooji ya Berusaaza mu Danyeri 5. Ono naye yali musajja eyali asobola okufuna mu kwekenneenya kwe.
 - Embeera ye ey'omwoyo yali etya? (Laba ennyiriri 22-23)
 - Kiki Katonda kye yakolawo? (Laba ennyiriri 25-28)
 - Singa Berusaaza yali amanyi embeera ye ey'omwoyo, nkyukakyuka ki ze yandikoze mu bulamu bwe ezandimwewazisizza okulumulwa Katonda?
 4. Soma ku mbooji ya Nebukadduneeza mu Danyeri 4. Ono ye muntu eyeekenneenya obwebulungulule bwe mu ngeri enkyamu n'abonaabona olw'ekyo.
 - Geraageranya okwekenneenya kwe okw'obwebulungulule bwe mu lunyiriri 29-30 n'okwo okuli mu nnyiriri 34-35. Byawukana bitya?
 - Kiki ekyabaawo okumuleetera okumanya embeera ye ey'omwoyo entuufu? (Laba ennyiriri 31-33)
 - Kiki ekyabaawo nga Nebukadduneeza amaze okwekenneenya obulungi embeera ye ey'omwoyo n'akyatula nti byonna bye yalina byava wa Katonda? (Laba ennyiriri 34-37)
 5. Mu Lukka 12:16-21, Soma ku muvubuka omugagga eyaleka ensonga z'omwoyo olw'okukola okwekenneenya kwe. Okwekenneenya kwe kwali kwa bintu ebikalu mu nsi ye so si ebintu ebirina omuwendo ogw'olubeerera.
 6. Soma Lukka 18:9-14. Geraageranya okwekenneenya kwo n'okwa Abafalisaayo ku mwonoonyi ono. Kwekenneenya ki kwali okw'amazima?
 7. Ekitabo ekya Ekyabalamuzi mu Baibuli kiraga bakabaka abaafuga abantu ba Katonda. Abamu ku bo baali bakabaka balungi, abalala baali babi. Soma ekitabo kya Ekyabalamuzi kyonna weekolere okwekenneenya ku buli kabaka. Obusobozi n'obunafu bwabwe bwali ludda wa? Bandifunye batya mu kwekenneenya kuno? Nkyukakyuka ki zebandikoze nga zandireseewo amagenda gaabwe?
 8. Soma Okubala 12. Miriyamu ne Alooni tebeekenneenya bulungi mwoyo gwabwe mu Katonda. Kiki ekyavaamu?

9. Koola n'abagoberezi be baakola ensobi yemu mu Okubala 16. Kiki ekyajja olw'ensobi y'okwekenneenya kwabwe?
10. Soma 1 Bassekabaka 19. Eriya yeekenneenya atya obwebulungulule bwe mu biro ebyo? Katonda yagolola atya obwebulungulule bwe mu biro ebyo? Katonda yagolola atya okwekenneenya kwe?

ESSUULA EYOOMUKAAGA

OKWEKENNEENYA EKIBINJA KY'ABANTU

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnonnyola omutwe "ekibinja ky'abantu."
- Okunnonnyola ekibeera mu kwekenneenya ekibinja ky'abantu.
- Okuzuula ekiruubirirwa by'okwekenneenya ekibinja ky'abantu.
- Okwekenneenya ekibinja ky'abantu.
- Okukozesa okwekenneenya kwo obuulire enjiri eri ekibinja kino.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Katonda amanyi ebintu byonna, so tewali kitonde na kimu ekikwekeddwa amaaso ge. Alaba buli kintu, era tulyogera mazima nga tumutegeeza buli kimu. (Abaebbulaniya 4:13)

ENNYANJULA

Mu ssuula ewedde weekenneenyezza obulamu bwo mu kwetegekera obuweereza. Essuula eno etandiseewo essomo erinnyonnyola engeri y'okwekenneenya obwebulungulule bw'onooweererezaamu.

Mu ssuula eno oja kuyiga okwekenneenya ebibinja by'abantu. Mu ssuula eziddirira oja kuyiga okwekenneenya ebitundu, amawanga, ebitundutundu by'ensi, ebikolebwa ebibinja by'abantu eby'enjawulo.

EKIBINJA KY'ABANTU

Abantu mu nsi beeyawuddemu olw'ebintu eby'enjawulo ebiziyiza okubulira kw'enjiri. Waliyo ebikugira nga byabutonde okugeza ensozi, ssemayanja, n'ebiwonko. Era waliyo n'ebikugira mu nsalo z'ebiyobufuzi ebyawula ensi.

Naye abantu era baawulwa olw'obuwangwa. Okutwaliza awamu, obuwangwa kitegeeza engeri ez'enjawulo abantu bwe babeerawo mu nsi yonna. Obuwangwa mulimu ebintu nga, olulimi, enzikiriza, empisa n'ensengeka y'obufuzi bw'abantu, awamu n'obulombolombo n'ebirala.

Ebiziyiza bino eby'obuwangwa by'ebiviriddeko okweyongera "kw'ebibinja by'abantu" eby'enjawulo okwetooloola ensi yonna. Ekibinja ky'abantu kibeera ekyo nga okufumbirigana n'enkolagana y'obulamu ebeera mu kitundu ekyo kyokka. Okugeza ekibinja ky'abantu kibeera: ekika, oluse oba olunyiriri.

Yesu bwe yagamba abayigirizwa be okubuulira enjiri eri amawanga gonna ekigambo kye yakozesa ku lwa “amawanga” kyali eky’Oluyonaani “Ethnos.” Eggwanga likolebwa ebibinja by’abantu bingi ebya “ethnos” oba “abantu.”

Tekimala kutuukirira eggwanga lyonna n’enjiri. Oteekwa okukakasa nga buli kibinja ky’abantu ekiri mu ggwanga eryo kituusibwako amawulire amalungi. Kino bwe kikolebwa, eggwanga lyonna lijja kubuulirwa. Yesu yalagira enjiri okubuulirwa eri abantu bonna. Bw’obeera wa kutuukiriza kiragiro kino, oteekwa okwekenneenya ebibinja by’abantu okumanya bameka abalina okutuukibwako, okole entegeka y’okubatuukako, omale olage bwe kinaakolebwa.

OKWEKENNEENYA EKIBINJA KY’ABANTU

Bwe weekenneenya ekibinja ky’abantu, osoma ku kibinja ky’abantu abali mu kika ekimu, oba olunyiriri. Basome bwe bakolagana, obuwangwa bwabwe, obufuzi, n’ebyomwoyo. Era weekenneenye n’amaanyi ag’enjawulo agali ebweru w’ekibinja kyabwe agabelemera okukkiriza enjiri.

EKIRUUBIRIRWA KY’OKWEKENNEENYA EKIBINJA KY’ABANTU

Obukulu bw’okusoma kwo kwe kutuukirira ekibinja ky’abantu n’enjiri. Kwe kunoonyereza olw’ekiruubirirwa eky’okubuulira enjiri, so si lwa kukola kunoonyereza. Weegendereze obutamalira budde bwo obusinga mu kusoma n’otafulumako bweru kutuukiriza kiruubirirwa ekyakuwaliriza okusoma.

Bw’osoma ku buwangwa bw’abantu kijja kukuyambako okumanya engeri entuufu ez’okubatuukirira. Osobola okutuusa enjiri mu ngeri ekakasa ekyo ky’oyize ku buwangwa bwabwe.

Okugeza; Paulo bwe yaweerezanga eri Abayudaaya, essira yalissa nnyo ku buzaale bwa Yesu obw’ekiyudaaya era n’amulaga nga Masiya. Bwe yaweereza eri bannamawanga (amawanga amalala) yayogera ku bintu ebikwata ku njiri eby’enjawulo.

Eby’okulabirako ebirala biri mu bitabo bya Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana. Byonna essira biritheeka ku bitundu by’enjiri eby’enjawulo nga bikwatagana n’obuwangwa bw’ebibinja byebaabanga bawandiikira.

Bw’okozesa obuwangwa bw’abantu ng’omuyungirano gw’okubuulira enjiri, ekyo ky’ekisinga okukkirizibwa. Okutegeera obuwangwa kisobola okukuweesa ebisumuluzo by’omwoyo ebiyianza okuggula oluggi eri abantu ab’enjawulo. Weekenneenye ekibinja ky’abantu oddemu ebibuuzo bino:

BANTU KI ABALINA OKUTUUKIRIRWA?

B’ani b’ogezaako okutuusaako enjiri? Ekibinja kino kiri ludda wa?

BALINGA KI?

Biki bye wandiyagadde okuyiga ku bulombolombo bwabwe, ebizibu, enkolagana, embeera y’omwoyo n’ebirala okusobola okubatuukirira?

ANI YANDIBATUUKIRIDDE?

Abantu bano basobola kutuukibwako musajja oba mukazi, kuyita mu omu ku bantu baabwe oba ow'ebweru? Bintu ki ebiyinda okusaanyiza omuntu okubatuukirira? Katonda alina ababaka ab'enjwulo b'ateeseteese okutuukirira buli kibinja ky'abantu. Paulo yakozesebwa Katonda okutuukirira bannamawanga. Peetero yakozesebwa bulungi okutuukirira Abayudaaya.

BAYINZA KUTUUKIBWAKO BATYA?

Bukodyo ki bw'ogenda okukozesa? Buliwa obunaasinga okuba obulungi? Eby'okuddamu ku bibuuzo bino bijja kukuyamba okumanya omulimu gwo mu kutuukirira abantu bano era okole n'enteekateeka y'okubatuusaako enjiri.

ENGERI Z'OKUKUŋŋAANYAMU OBUBAKA

Osobola okukufŋŋaanya obubaka bw'okwekenneenya kwo okuyita mu:

SSAALA:

Saba Katonda akubikkulire by'oyagala okumanya ku kibinja kino era akuyambe obatuuseeko enjiri. Katonda alina okumanya okwebuziba ku bantu bonna: Abaebbulaniya 4:13

OKUSOMA EBIWANDIIKO:

Soma ebitabo n'ebiwandiiko ebikwata ku kibinja ky'abantu. Olukalala lw'ensibuko z'obubaka buno luteereddwa mu kitundu ky'okujuliza mu kitabo kino.

OKWETEGEREZA:

Weekenneenye ekibinja ky'abantu oba ggwe wennyini.

OKUBUZA EBIBUZO:

Buuzi abantu abo ebibuuzo n'abakulembeze b'ekibinja ky'ogezaako okusoma. Bwe wabaayo abakkiriza abaliyo nga baweereza, babuuzi omanye ebyo bye bayize ku bantu abo (Ebyokulabirako by'ebibuuzo bwe bita biragiddwa mu ky'okujuliza mu lusoma luno)

Weeyambise olukalala luno weekenneenye ekibinja ky'abantu. Oyinda obutasobola kuddamu bibuuzo byonna ebiba bikwata ku kibinja ky'abantu, naye ddamu ebyo by'oyinda okugyamu obubaka.

BANTU KI ABALINA OKUTUUKIBWAKO?

1. Bantu ki b'ogezaako okutuukirira?
2. Kiki ekibafuula "ekibinja ky'abantu?" balina waakiri okubaako n'ebisinga obungi ku bino ebikulagiddwa nga bifaanagana. Keberamu ebikwatagana n'ekibinja ky'oli mu kusoma kwo:
 - Olulimi lwe lumu.
 - Bali wansi w'obufuzi bwe bumu.

- Bafaanaganya oluse oba ekika.
- Balina akakwate ak'omusaayi.
- Bafaanaganya obuyigirize.
- Babeera mu kitundu ky'ekimu.
- Bali mu mbeera y'obulamu y'emu.
- Bafaanaganya obuwangwa (engeri z'okukola ebintu ezikkirizibwa)
- Bafaanaganya bye baagala
- Bafaanaganya enfuna yaabwe (kwe kugamba, bonna baavu, bali wakati oba bagagga)
- Embeera y'obulamu yanjawulo.
- Baawukana mu mbeera entongole (kwe kugamba basibe, babundabunda, batuuze abatakkirizibwanga n'ebirala)
- Emyaka gye gimu.
- Balina ebizibu ebifaanagana.
- Basosolebwa abalala olw'okuba bali kitundu ku kibinja kino.

Bintu ki ebirala bye bafaanaganya ebiyinza okubalaga ng'abantu ab'enjawulo?

3. Mu kibinja kino mulimu abantu bameka? Kolayo okugeraageranya kw'obungi bwabwe bw'oba tolina muwendo gwabwe mutuufu. Kino kijja kuyambako okuzuula omuwendo gw'abakozi abeetaagisa okutuukirira abantu abo n'enjiri.

OKWEKENNEENYA OBUTONDE BW'ENSI

1. Kitundu ki ekyetongodde abantu bano abasinga obungi gye babeera?
2. Bintu ki ebirala eby'obutonde bw'ensi gye basangibwa?

(Wekkaanye: Ngoddamu ebibuuzo bino, zuula abantu bennyini, so si bonna, "abantu bonna mu Buyindi." Bantu ki abo abeetongodde? Okugeza mu Buyindi, oja kuzuula ekibinja ekimu ku kyalo ekimu. Obukodyo bw'okozesa okutuukirira buli kibinja oba ekyalo biyinza okwawukana)

3. Funa era okube mmaapu y'ensi olambe ebibinja ebyo we biri bye wandiyagadde okutuukirira.
4. Funa oba okube mmaapu y'ekitundu abantu bano mwe babeera. Tandika okusabira mmaapu zino Katonda asobole okutuuka ku bantu abali mu bitundu by'olambye. Era kozesa mmaapu zino oddemu ebibuuzo bino wammanga:
5. Bya butonde ki obw'ensi ebiyinza okuziyiza okubuulira kw'enjiri? (Eby'okulabirako, ekitundu mwe babeera kizibu okutuukirira?)
6. Bya butonde ki ebyensi ebiyinza okukozesebwa okubunyisa enjiri? (Okugeza, waliyo ku makubo ag'abasuubuzi oba agakutuusa eyo ekkansa gyeziyinza okutandikibwa?)
7. Ekibinja kino we kiri wangu wakutuuka mu biro ebimu eby'omwaka n'abantu okukiyingiramu? (Okugeza, okutambula mu byalo ng'enkuba etonnya kiyinza obutabeera kyangu nga bwe kiba mu biro eby'omusana, okuleka nga Katonda yakulagidde okikole. Amakubo gayinza okubeera nga tegayitikamu)
8. Funa obubaka ku mbeera zino eziyinza okuziyiza oba okukuyamba okutuuka eri abantu mu bitundu eby'enjawulo:

- Olugendo olukutuusa ku kibuga ekikulu.
- Olugendo olukutuusa mu kibuga ky'ensi.
- Olugendo oludda eri ekisaawe ky'ennyonyi.
- Olugendo eri ekisaawe ekitakozesebwa oba omwalo.
- Balina amasimu oba omuyungirano gw'e byempuliziganya gwonna?
- Balinayo enkola etambuza amabaluwa amangu?
- Olugendo olukutuusa amangu ku luguudo lw'eggaali y'omukka.
- Olugendo olukutuusa ku luguudo olunene.
- Olugendo olutuuka ku mugga oba ennyanja etambulirwako (Okutambulirwako kitegeeza nti osobola okukozesa eryato n'osomokerako)

BALINGA KI?

OKWEKENNEENYA ENKOLAGANA:

1. Kabinja ki akakulu okwesigamizibwa ekibinja ky'abantu kino? Okugeza, omusajja ali omu oba omukazi omu n'abaana baabwe oba waliwo abakazi ab'enjawulo? Bantu beyawudde mu ngeri y'okubeera mu maka omuli Taata, Maama n'abaana? Oba amaka gasembeza buli wa luganda omuli (ba Ssenga, Kkojja, n'aboluganda abalala mu nju emu?)
2. Ani akulira awaka? Ye Taata, Maama, Nnazaala oba mulala? Osobola okweyambisa enkolagana z'amaka n'okukola omuyungirano gw'okubuulira enjiri. Okugeza, bwe kiba nti mu buwangwa obumu Taata y'akulira amaka, gw'olina okusookezaako enjiri. Amaka ge gajja kugoberera mangu bw'aba amaze okugikkiriza.
3. Abakulembeze b'ekitundu be b'ani? Ani akulira oluse olwo, ani akulira ekika, ekyalo oba abantu abali mu kabuga akali awo? Bw'obatuukirira n'enjiri basobola okuleetera abalala okukkiriza.
4. Ani akola okusalawo eri ekibinja kino era okusalawo kuno kukolebwa mu ngeri ki? Olina okumanya oyo akola okusalawo n'engeri gye basalawo bw'onooba wakufuna lukusa olw'okuyingira mu kyalo ekyo okubuuliramu enjiri.
5. Abali mu kitundu ekyo bakola ki? Biki bye bafaako ennyo? Osobola okukkaatiriza ebintu ebyo nga bw'obabuulira n'enjiri. Kwanaganya obubaka n'ebyetaago bino.
6. Beeyisa batya awali "abagwira" (abantu abatali kitundu ku bbo)? Bw'omanya kino kijja kukuyambako okweteekerateekera omutendera gw'okwanirizibwa kw'oyinza okufuna bw'oyingira mu kibinja kino okugabana enjiri.
7. Bali ku mutendera ki ogw'ekitundu kyabwe? Be bali waggulu, wakati oba wansi? Abantu bwe baba aba wansi nga be beetaaga ennyo ebintu ebimu, osobola okubaweereza mu by'obujanjabi oba enteekateeka y'okubaliisa ng'enkola y'okubatuukako n'obabuulira enjiri.
8. Mirimu ki egikolebwa? Abantu bano babeerawo batya? Lowooza ku ngeri y'okubayingiramu obabuulire enjiri. Okugeza, oyinza okwagala okutandikawo okusoma Baibuli ku mulimu ogwo oba oyinza okugabanako nabo enkola z'obulimi ez'enjawulo mu balimi.
9. Ani avunaanyizibwa ku by'ensimbi n'ebintu ebikozesebwa mu kibinja ekyo oba mu buli maka (mu butale, ku mirimu)? Oyinza okwetaaga obuyambi bwabwe eri ekkansa n'ensimbi z'okubuulira enjiri.

OKWEKENNEENYA OBUWANGWA:

Soma ku bikolebwa mu buwangwa ebiyinja okulemesa abantu okukkiriza enjiri. Bino by'ebimu ku bye tuyinza okufaako:

1. Enzikiriza n'empisa:
 - a. Mpisa ki n'enzikiriza, obuwangwa oba enkola z'abantu ebiyinja okuyambako mu kubuulira enjiri? (Okugeza, abantu bwe baba nga balina kye bawulira eky'amaanyi ku bukulu bw'amaka, awo enjiri esaanye eyitire mu maka basobole okuba obumu)
 - b. Mpisa ki ez'obuwangwa, enzikiriza oba ebikolebwa abantu ebiyinja okubaziyiza okutegeera enjiri?
2. Enkola z'obuwangwa:

Waliwo ebikolwa eby'obuwangwa ebimanyikiddwa nga bigaanibwa mu byawandiikibwa? Bwe kiba kityo bye biri wa? Enkola zino teziba mbi olw'okuba nga zaawukana ku ngeri gy'okolamu ebintu. Enkola zino zifuuka nkyamu olw'okuba nga zikontana n'ekigambo kya Katonda. Enkola embi zisaana okuwerebwa nga bw'otuusa enjiri eri abantu. Enkola endala ez'obuwangwa zijja kuba nga tezikyusibwa. Abantu tebalina kutwala buwangwa bwo basobole okukkiriza enjiri.
3. Ebyetaago:
 - a. Bintu ki abantu bye bafaako ennyo, bye bafaako ennyo, bye balowozaako oba bye bawayo okukola? Biri wa ku bino by'oyinza okutwala ng'ebyetaago ebikulu ennyo? Balina;
 - Emmere nga temala.
 - Eby'obulamu n'obujanjabi ebibi.
 - Ebyenjigiriza ebibi.
 - Amazzi mabi/ tebalina gye bajja nsimbi ziwera.
 - Obutonde bw'ensi si bwangu.
 - Ebyentambula bibi.
 - Ebyempuliziganya bibi.
 - Obuzibu bw'okumanyiira enkyukakyuka.
 - Okunyigirizibwa olw'ebyobufuzi.
 - Ekirala...

Engeri gy'olabamu enjiri n'obukodyo bwo obw'obuweereza birina okukwatagana n'ebyetaago byabwe.

- b. Byetaago ki ebirabika nga bituukiddwako? Byetaago ki bye batalina? Kikulu nnyo okumanya ebyetaago bye balina ne bye batalina. Okugeza oyinza okuba nga tewandyagadde kukoze nteekateeka ey'okuliisa abantu ng'enkola ey'okubatuukako n'enjiri bwe watabaawo muntu n'omu nga muyala era nga bonna balidde bulungi.
4. Ebyenjigiriza:

Bayigirize kwe nkana ki? Bayimiridde batya mu by'okusoma n'okuwandiika? Bali bameka abasobola okusoma n'okuwandiika ennimi zaabwe? Kikulu nnyo okukimanya kubanga tojja kwagala kutegeka njiri eri abantu nga eri mu biwandiiko naye nga tebamanyi kusoma na kuwandiika

5. Ebyempuliziganya:

- a. Lulimi ki (oba nnimi ki) olusinga okuba olulungi okuweerezaamu enjiri? Oyagala okutuukirira ekibinja ky'abantu ekinene mu bantu bosookerako n'olonda ng'olulimi olw'abantu abasinga lwe boogera.

Olulimi olusinga okwogerebwa abantu mu buwangwa bunu luli _____
Ennimi endala ezeetaagisa okutuukirira abantu abasigaddeyo ze _____

- b. Ngeri ki enkulu ez'okuwuliziganyamu ezitali ntongole mu kitundu? Obubaka butambuzibwa bulungi okuva mu bakulembeze b'okukitundu? Mu maka? Buli kibinja kirina empuliziganya yaakyo eyambako obubaka okutuuka ku mitendera egy'enjawulo.
- c. Abantu bano basobola okutuukibwako okuyita mu;
- Mawulire (Bakkiriza ebirango by'ekikristaayo?)
 - Ebiwandiiko ebikube mu bapya? (Abantu basobola okutuukibwako n'okusoma)
 - Laadiyo (Emikutu giganya okuyisaako obubaka bw'ekikristaayo?)
 - Ttivi (Emikutu giganya okuyisaako obubaka bw'ekikristaayo?)
 - Obutambi bw'okuwuliriza (Basobola okufuna obutambi bunu?)
 - Obutambi bw'ebifaananyi n'emizannyo (Ebintu bino gyebiri mu kitundu ?)
 - Amasimu ne Yintaneeti (Abantu balina amasimu oba Yintaneeti?)
- d. Kika kya mpuliziganya ki ekisinga okukozesebwa?

EBIVA EBWERU:

1. Enkyukakyuka ezigenda mu maaso mu kibinja kino zijja olw'ebyobufuzi oba okusindikizibwa kw'enkyukakyuka eri ku mulembe?
2. Enkyukakyuka zino zisobola okuyambako mu kubuulira enjiri?
3. Waliyo ebiragiro bya gavumenti ebiremesa okubuulira kw'enjiri eri abantu? Bwe kiba kityo, bye biriwa?
4. Nkola ki eziyinda okukozesebwa okutuukirira ekibinja kino ezitayinda kukontana na biragiro?
5. Bitongole ki oba ebibinja ebiyinda okulwanyisa okubuulira kw'enjiri mu bantu bano? Lwaki?

Toganyanga biragiro oba okulwanyisibwa kukulemesa kuweereza eri abantu b'omanyi nti Katonda b'akuyitidde. Bw'oba tokkirizibwa ku batuukirira mu ngeri zino, kozesa engeri zino:

OKWEKENNEENYA EBY'OBUFUZI:

1. Mu bufunze nnyonyola ensengeka y'obufuzi bw'abantu bano.
2. Bibinja ki ebyobufuzi mu bantu bano ebiyinda okubuulira kw'enjiri?
3. Bibinja ki ebyobufuzi mu bantu bano ebiyinda okwongerayo okubuulira kw'enjiri?
4. Biragiro ki ebya gavumenti ebiyinda okuziyiza obuweereza bwo eri abantu bano?
5. Biragiro ki ebya gavumenti ebiyinda okukuyambako okuweereza eri abantu bano?
6. Abakulembeze b'ebyobufuzi abakulu be b'ani mu bantu bano? Osobola okugezaako okubamanyisa n'okufuna obuganzi mu bbo ku lw'obuweereza bwo eri abantu bano.

OKWEKENNEENYA EBY'OMWOYO:

1. Bibinja ki eby'eddiini ebiri mu bantu bano?
2. Bantu bameka abagobererera buli ddiini?
3. Biki ebitabasanyusa ku ddiini zaabwe? Okugeza, enkola ez'obufuusa ezitakola ku ndwadde, n'ebirala. Osobola okutunuliza enjiri eri ebyo bye batamatira bulungi.
4. Enkola y'eddiini yaabwe yeeyongera oba ekendeera?
5. Eddiini yaabwe erinayo ku biwandiikibwa (nga; Abasiraamu balina Kulaani n'ebirala)? Bwe kiba bwe kityo, osobola otya okubikozesa okubatuusaako enjiri? (Kino kiyinza okusoboka eri abamu ate nga tekisoboka eri abalala).
6. Endowooza y'abantu bano eri etya ku ddiini n'enkyukakyuka yaayo ey'engeri zonna? Eky'okuddamu wano kijja kukutegeka okusisinkana okuwakanyizibwa kwonna kw'oyinza okusanga.
7. Ddamu ebibuuzo bino ku kumanya kwabwe ku nzikiriza ey'obukristaayo.

Ebyokuddamu bino bijja kukuyambako okuzuula wa ow'okutandikira mu kubatusaako enjiri:

Endowooza y'abantu bano eri etya ku...

Katonda:

- Bakkiriza Katonda gy'ali.
- Bawakanya okubeerayo kwa Katonda.
- Bamanyi Katonda ali omu alagibwa mu Baibuli.
- Tebamanyi ku Katonda ono omu omutuufu.
- Bamanyi Katonda omu omutuufu naye baawukana naye.
- Bamanyi ku Katonda omu omutuufu era bamuwakanya.

Yesu Kristo:

- Bakkiriza nga Yesu gy'ali.
- Bawakanya okubeerayo kwa Yesu.
- Bakimanyi nti Yesu yafiirira ebibi byabwe.
- Bamanyi ku Yesu naye bamwawukanako.
- Bamanyi ku Yesu era bamuwakanya.

Omwoyo Omutukuvu:

- Bakkiriza nga Mwoyo Mutukuvu gy'ali.
- Bawakanya okubeerayo kwa Mwoyo Mutukuvu.
- Tebawuliranga ku Mwoyo Mutukuvu.
- Tebategeera buweereza bwa Mwoyo Mutukuvu.
- Bategeera obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu naye baawukana naye.
- Bategeera obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu naye bamuwakanya.

Enjiri:

- Tebalina kumanyisibwa ku njiri.
- Balinayo ku kumanya kw'enjiri.
- Bategeera amazima okwesigamizibwa enjiri.
- Bakitegeera nti kyetaagisa okuwulira enjiri ng'omuntu.
- Bamanyi obwetaavu bwabwe eri enjiri.
- Bakkirizza enjiri.

Baibuli:

- Tebawuliranga ku Baibuli.
- Bakimanyi nti Baibuli gy'eri.
- Bakkiriza nti ky'ekigambo kya Katonda.
- Tebakwatagana na Baibuli.

Enzivuunula y'ebyawandiikibwa eri etya mu lulimi olusinga okwanguyira okutuuka eri abantu n'enjiri?
Bitundu ki eby'ebyawandiikibwa ebyasigala nga tebivuunuddwamu lulimi lwabwe?

Endagaano Empya:

Endagaano Enkadde:

Abakristaayo:

Bamanyi batya Abakristaayo?

- Tebawuliranga ku mukristaayo?
 - Baabawulirako, naye tebasisinkanako yadde omu.
 - Basisinkanyeeyo ku Bakristaayo abamu.
 - Abakkiriza abatuufu babeera nabo.
8. Mu kibinja kino bwe mubaamu Abakristaayo ddamu ebibuuzo bino:
- Bantu bameka mu kibinja kino abagamba nti bakristaayo?
 - Bameka ku bano abeegasse mu kuhjaanira ly'abakkiriza (ekkanisa)?
 - Bameka abali mu kubuulira enjiri.
 - Bameka abaali Abakristaayo nebava ku kugoberera Kristo?
 - Nsonga ki ezirabika nga zezaabaleetera okuva ku Katonda?
 - Abakristaayo abakulu mu kibinja kino be bani?
 - Waliyo "abakozi ba weema" nga abakkiriza ababeera mu bantu bano? (Abakkiriza abakola emirimu gya bulijjo mu bantu naye nga babuulira ne ku njiri)
9. Okutwaliza awamu, okimanyi nti kino ky'ekiseera ky'okusiga ensigo mu bantu bano oba ekiseera ky'okukungula? Bulijjo abakozi bangi abeetaagisibwa ng'ekitundu kituuse ebiro by'okukungulwa.
10. Kkanisa ki ez'obukristaayo n'obuminsani nga bibadde bikolerako mu kitundu kino naye ne ziremererwa? Biki by'olowooza okuba nga by'ebyabalemesa? Osobola okuyigira ku kulemererwa kw'abalala oleme kuddamu nsobi z'ezimu.

11. Kkanisa ki oba bamiisani ki abakristaayo abakolera mu kitundu kino era abasinga ku bbo, babeera wa? Funa amannya gaabwe n'endagiriro.
12. Baliwa ku bbo abatuukiridde era lwaki batuukiridde? Osobola okuyigira ku buwanguzi bwe batuuseeko mu kibinja. Ojja kwetaaga okwegatta nabo mu kubuulira enjiri. Osobola otya okwegatta nabo okusobola okutuukirira abantu?
13. Bwe wabaawo ababuulizi Abakristaayo, nnimi ki ze bakozesa? Osobola okugenda eri abantu bano aboogera ennimi ez'enjawulo nga mu kiseera ekyo tebannaba kutuukirira Bakristaayo babuulirayo.
14. Buweereza kika ki obw'obukristaayo obugenda mu maaso mu kibinja ky'abantu kino? Okugeza, bwe wabaawo enteekateeka y'okuliisa abantu abalumwa enjala ng'egenda mu maaso mu ngeri ey'okubuulira enjiri, tokuyupula bye bakola. Ekiruubirirwa kyo kiri kutuukirira abo abataatusibwangako njiri n'okugaziya obuweereza bwo, so si kuyupula oba okuvuganya n'abo abaliyo mu buweereza.
15. Abantu balaba batya abakristaayo bano abakola obuminsani?
 - Bakambwe.
 - Banjawulo.
 - Balina okwagala.
16. Bwe wabaayo ekkalisa z'abakristaayo mu kibinja kino, ddamu ebibuuzo bino:
 - Ekkalisa ezibuulira enjiri entuufu ziri mmeka mu bantu bano?
 - Zikulira ku mutendera ki?
 - Bizibu ki bye basisinkana era lwaki?
 - Ziriwa ezituukiridde era lwaki?
 - Waliyo obwetaavu bw'okwongera okutandikayo amakanisa?
17. Bwe watabaawo babuulira nga bakristaayo mu bantu bano b'oyigako, waali wabaddewo ekiwayi ky'obukristaayo ekyali kigezezzaako okutuukirira ekibinja kino? Osobola okulabira ku bye bayitamamu nga bali mu kibinja ky'ekimu naawe ky'oyigako.
18. Osobola okumanya ab'amasaza n'amaanyi ga Sitaani agakolera mu kibinja kino? Baibuli esomesa nti waliyo amaanyi g'omwoyo agakolera mu kibinja by'abantu ne mu bitundu ebimu (Laba Danyeri 10, wekkaanye olunyiriri 13. Era laba ne Abaeffeso 6:10-17)

Essaala ejja kukuyamba nnyo okuzuula amaanyi n'abamasaza abafugira mu kibinja oba ekitundu kyonna. Ebiseera ebimu kikulu okwekkaanya ebyafaayo by'abantu mu kitundu, eggwanga oba ekitundu era kijja kukuyambako okuzuula amaanyi g'omwoyo agakolera awo. Okugeza, mu kitundu ekimu mu Amerika, waliyo abasiyazi. Kyangu okumanya bano bw'oba wekkaanya omwoyo gw'obusiyazi ogufugira mu bantu bano ne mu kibuga kino. Era waliyo ekibuga ekirala mu Amerika eky'akulaakulana olw'abantu abaazuula zzaabu mu kitundu. Omwoyo ogufugirayo gwa kweyagaliza mu kibuga ekyo. Bw'ozuula emyoyo gino, oteekwa okugisibira mu saala era osumulule amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu gakolere mu bantu bano. Ekitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, "Enkola z'omwoyo: Ekitabo ky'olutalo olw'omwoyo," kikuwa essomo ku nsonga eno.

ANI ALINA OKUBATUUKIRIRA?

Ani alina okutuukirira abantu bano? Ani asobola okwogera olulimi lwabwe? Ani ayinza okukkizibwa mu buwangwa n'embeera yaabwe? Kozesa obubaka bwe wakuhfjaanya ku buwangwa bwabwe bukuyambeko okumanya bino. Era kozesa obubaka bw'ebitongole eby'abakristaayo ebigezezzaako okutuukiriza oba ebyali bigezezzaako ne biremwa. Oyo gwe baakozesa yandiba nga y'eyabatuusa ku buwanguzi oba nga y'eyabalemesa. Buli agenda okubuulira enjiri, alina:

- Kubeera omukkiriza alina ekikakasa obulamu bw'abantu abo, endowooza, n'empisa.
- Okubeera n'obulamu obw'essaala n'empisa ey'okusoma Baibuli.
- Ebirabo by'omwoyo bituukiride bulungi kunkola gy'olina ey'okutuukirira abantu bano.
- Okubeerawo: Obusobozi tebweyoleka nga toliiwo, omuntu mwetegefu okugenda?
- Nywerera mu mubiri (beera ng'oyagala abalala okubeera n'ekiruubirwa ky'okubuulira enjiri).
- Wayitibwa Katonda okuweereza eri abantu bano. Katonda ayita abantu eri ebibinja by'abantu, nga Paulo bwe yayitibwa eri bannamawanga ate Peetero eri Abayudaaya.
- Weetegeke bulungi mu by'omubiri, eby'omwoyo n'obuyigirize osobole okutuukirira ebibinja bino. Jjukira nti Gidiyoni, yalina okuwaayo eggwe lye eri abaali tebesobola.

BALINA KUTUUKIRIRWA BATYA?

Abantu bano bayinza kutuukibwako batya? Bukodyo ki bw'oyinza okukozesa? Okuddamu ekibuuzo kino, kozesa bye wayize ku buwangwa bwabwe n'embeera zaabwe. Ffaayo nnyo ku nsonga y'okutuukirira ebyetaago byabwe. Kozesa enkola z'empuliziganya ezituukiride. Kakasa nti enkola ziri mu byawandiikibwa. Tokozesa nkola yonna ekontana n'ennono za Baibuli. Luno lwe lukalala lw'enkola ezizze nga zikozesebwa mu kubuulira enjiri mu bitundu by'ensi eby'enjawulo.

Ziriwa ku zino z'olaba nga zituukana n'ekibinja ky'abantu ekyo?

- Ku mpewo za Laadiyo.
- Ppulongulaamu za Terefayina.
- Ebiwandiiko by'obukristaayo (ebitabo, magariini, n'ebirala)
- Obutambi bw'okuwuliriza.
- Obutambi bw'okulabako ebifaananyi.
- Zi ffirmu.
- Ebibiina ebisoma Baibuli (eby'awaka, mu kkanisa oba mu nkufhjaana z'okukitundu)
- Emisomo egikwatagana.
- Amasomero ga Baibuli.
- Okutendeka ababuulizi b'obukristaayo aba bulijjo.
- Amawulire ne z magariini.
- Okubuulira nju ku nju.
- Ebivvulu by'ennyimba.
- Enteeekateeka z'ekkanisa ez'enjawulo nga za kubuulira.
- Enkufhjaana z'olujjudde (Kuluseedi, ku nguudo)
- Amasomero g'abakristaayo nga gasomesa ebintu ebikulu mu bulamu.

- Eby'obulamu.
- Okwetaawuluzwa ku bizibu (Obuyambi obugabibwa mu biro eby'enjala n'ebizibu ebirala byonna)
- Mu kugaba emirimu, n'okutendekebwa mu by'okukola (Singa obutaba na mirimu ky'ekizibu ekisingayo)
- Okugaba emmere.
- Obuyambi mu by'obulimi.
- Emizannyo n'obuyiia mu Bukristaayo.
- Okukolayo enkuhjaana z'abavubuka, abaana, abasajja n'abakazi n'abalala.
- Omulimu gw'ebiwandiika (Okuyambako abantu okusoma n'okuwandiika)
- Obuweereza eri ebibinja by'abavubuka, abaana, abasajja, abakazi n'abalala.
- Obuweereza mu makomera.
- Obuweereza eri ebibinja eby'enjawulo (Abalema, abatamiivu, abakozesa ebiragalalagala, bamaama abatali mu bufumbo, abakadde n'abalala)

Bw'omaliriza okufuna enkola okuyita mu ssaala n'okwekenneenya, buuzwa ekibuuzo kino.

Kuwakanyizibwa ki okuyinza okuva eri enkola zino okuva mu bantu oba a'bebweru w'abantu? Osobola otya okukwasaganya okuwakanyizibwa kuno?

KOLAYO ENTEEKATEEKA

Okwekenneenya kw'omalirizza tekulina mugaso okuleka ng'okozesa by'oyize ku bantu bano b'osomye. Abantu bano tebajja kutuukibwako okuyita mu kusoma. Oteekwa okukola enteekateeka y'okubatuusaako enjiri. Mu ssuula ewedde okoze enteekateeka y'okutuukiriza obuweereza bwo. Mu eno n'eddako ojja kukola enteekateeka y'okutuusa obuweereza bwo eri abantu, mu bitundu, amawanga n'ebitundutundu by'ensi. Essuula ey'ekkumi n'emu, "Engeri y'okuteekateeka," ejja kukuyambako mu kukikola. (Ebimu ku bibuuzo byaggiddwa mu, "Buli asobole okuwulira" ekya Edward R. Dayton)

OKWEGEZAAMU

1. Wandika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Nnyonyola omutwe, "Ekibinja ky'abantu."

.....
.....
.....

3. Okwekenneenya kw'ekibinja ky'abantu kubaamu ki?

.....
.....
.....

4. Ebirubirirwa by'okwekenneenya ekibinja ky'abantu by'ebiri wa?

.....
.....
.....

5. Ng'ekitundu ku ssomo lino, wamaliriza bulungi okwekenneenya ekibinja ky'abantu?

.....
.....
.....

6. Omaze okukolayo enteekateeka y'okukozesa by'oyize obuulire enjiri mu kibinja kino?

.....
.....
.....

(Ebidibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

Soma Koseya 7. Essuula eno eraga okwekenneenya kwa Katonda okw'omwoyo ku bibinja by'abantu abayitibwa ng'Abefulayimu n'Abasamaliya abaali ekitundu ku ggwanga lya Isirayiri. Abantu bano baali tebannaba kumanya mbeera yaabwe ey'omwoyo (Olunyiriri 9). "Envi" nga kirabibwa mu ngeri ey'omwoyo kaba kabonero k'okukendeera mu maanyi ag'omwoyo ng'osemberedde okufa mu mwoyo.

Mu nsi ey'omubiri, okumera envi kitundu ku yo, kiba kirala nnyo okubeera nazo n'otokimanya. Kikyamu omuntu okubeera n'envi naye nga takimanyi nti azirina. Obuzibu bwa Katonda n'abantu be si kubeera nti balina envi, naye nga bazirina tebakimanyi.

Okubeera n'envi nga tokimanyi kimu ku ky'okulabirako ky'obulamu obutakeberwa. Olunyiriri 2 lulaga nti "tebakifaako mu mitima gyabwe." Mu mitima gyabwe tebaamanya bubonero bwali bulaga okusebengererwa mu maanyi ag'omwoyo n'okusemberera okufa (Envi)

Bino by'ebimu ku bintu ebyaleeta okusebengerera mu maanyi ag'omwoyo. Weekenneenye omutima gwo nga bw'osoma olukalala luno:

1. ENDABIKA EY'OBULIMBA:

Katonda yakozesa eky'okulabirako kino mu lunyiriri 6-7. Omuliro mu ffumbiro gwalabika okuba nga guzikidde, naye mu mazima gwalimu. Omanyi abantu ng'endabika yaabwe eyookungulu nnungi? Nga beeyisa nga Abakristaayo, bakola ebirungi naye munda nga baggweerera. Banyigirizibwa, beemulugunya, basunguwavu, balina obuggya, baamulugube ate nga tebasonyiwa. Katonda aggula oluggi lw'effumbiro asobole okwoleka obuzibu. Aganya embeera ezimu okubaawo mu bulamu bwaffe okutusobozesa okuzuula nti tennaba bulungi kuwangula nga bwe twali tulwooza.

2. OKUGONDA OKW'EKITUNDU:

Katonda akozesa omugaati oguyiddeko ekitundu okulaga kino mu lunyiriri 8. Baali bakozeeyo ku biragiro bya Katonda ebimu naye ng'ebimu tebabikoze. Okugonda okw'ekitundu kubeera butagondera ddala. Omukyaka agonda ebitundu 85% eri bba aba yenkanira ddala n'oyo ali ebitundu 100% eky'obutabeera mwesigwa gy'ali.

3. OBUTEWAAYO OKUTATEREDDE:

Kino kiragibwa n'ekyokulabirako kya ejjiba essirusiru mu lunyiriri 11. Abantu bano baagobereranga buli kisuubizo ky'obuyambi ekyabaweebwanga, nga Missiri, Bwasuuli n'abalala. Okutunula eno n'eri tekijja kumalawo buzibu bwaffe. Okuddamu tekuli ku Missiri ne Bwasuuli wabula kuli mu Mukama waffe Yesu Kristo.

4. EMPEEREZA ETEESIGIKA:

Kino kiragibwa n'okuvunna okutaliiyo mu lunyiriri 16. Katonda ageraageranya bano ku mutego gw'akasaale ogulemereddwa okutuukiriza omulimu gwagwo. Bwe tutakola buweereza bwa kikristaayo

bulijjo, awo tujja kugwa tuve mu kiruubirirwa. Tetuligoberera kyetuluubirira, tetulituukiriza kiruubirirwa kya Katonda kyalina eri obulamu bwaffe.

Katonda ayagala atereeze ebizibu bino mu bulamu bwaffe. Era yagamba ne mulunyiriri 1, *“Badda ... naye si ku lwange...”* Katonda ayagala okuwonya, okuzza obuggy, okuwa omukisa n’okutukozesa naye tetwefiirayo kutuukiriza kyetaago ekiri nti tuteekwa okudda gy’ali. Ebiseera ebimu tuddayo naye nga tugenda kumala bizibu byaffe. Tetudda eri Katonda, tekimala kudda eri Katonda kyokka, tuteekwa okudda gy’ali n’okwewaayo kwonna.

ESSUULA EYOOMUSANVU

OKWEKENNEENYA EKITUNDU

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunyonnyola omutwe, "ekitundu" nga bwe kikozeeddwa mu kusoma kuno.
- Okunyonnyola ebibeera mu kwekenneenya ekitundu.
- Okwekenneenya ekitundu.
- Okukozesa okwekenneenya kwo mu kubuulira enjiri mu kitundu kino.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Situka, tambula obuwanvu n'obukiika obw'ensi kubanga ngikuwadde. (Oluberyeberye 13:17)

ENNYANJULA

Mu ssuula ewedde weekenneenyezza ekibinja ky'abantu. Mu ssomo lino ojja kwekenneenya ekitundu ekyetongodde olw'ekiruubirirwa eky'okubulirayo enjiri.

EKITUNDU

Olw'okuyigirizibwa kuno, ekitundu kinnyonnyolwa nga ekifo eky'enjawulo ekyerobozeddwa mu nsi okusinziira ku bintu nga; obutonde bw'ensi, olulimi, obuwangwa oba eby'obufuzi ebikirimu.

Ekitundu eky'obutonde bw'ensi okugeza; kiyinza okubeera ekiwonvu ekyetoolooddwa ensozi ezikyawula ku mawanga amalala. Ensalo z'obutonde bw'ensi zikolebwa bintu bya butonde.

Ekitundu ky'olulimi: Kino kibeera ettwale mu ggwanga lyonna nga yo boogera olulimi lwe lumu.

Ekitundu ky'obuwangwa: Liba ttwale, mu nsi emu ng'ebibinja by'abantu ebirimu bye bimu okugeza, bonna bayinza okuba nga balina eggwanga ly'erimu oba nga bonna bagoberera eddiini emu.

Ekitundu eky'ebufuzi: Kibeera akabuga, ebibuga ebinene, ensi, ettwaale oba ekitundu ky'eggwanga ekimu. Ensalo zaakyo ziteekebwawo gavumenti.

OKWEKENNEENYA EKITUNDU

Bw'okola okwekenneenya kw'ekitundu, weekenneenya mu bulambulukufu ku kitundu ekiba mu ggwanga. Osalawo ku kya byabufuzi, butonde bwansi, lulimi oba embeera ez'obuwangwa ebikyawula ku kirala. Weekenneenye embeera yaayo ey'omwoyo, era wekenneenye amaanyi g'omwoyo agakiri ebweru mu bitundu ebikyetoolodde ebinyinza okukosa okubuulira kw'enjiri.

OBUKULU BW'OKWEKENNEENYA EKITUNDU

Obukulu bw'okuyigirizibwa kuno kwe kutuusa enjiri mu kitundu ky'ensi eky'enjawulo. Kuba kunoonyereza olw'okubuulira enjiri, so si lwa kunoonyereza bunoonyereza. Weegendereze obutayonoona budde bwo obusinga ng'osoma n'olema okutuukiriza ekigendererwa kyo ekikulu ekyakuleeta okusoma. Ebintu ebigatta ekitundu oba ebikufuula eky'enjawulo bisobola okukuwa engeri y'okubuuliramu enjiri entuufu.

Wekenneenye ekitundu osobole okuddamu ebibuuzo bino:

BIBINJA BY'ABANTU KIKA KI EBIRI MUKITUNDU KINO?

Be b'ani, bali bameka, era bali ludda wa?

EBIBINJA BINO BIRINA KI KYE BIFAANAGANYA?

Kiki ekigatta ekibinja ky'abantu kino okuba ekitundu ku distulikiti?

EKITUNDU KINO KIRINGA KI?

Biki by'oyagala okumanya ku kitundu kino okusobola okutuukira abantu ababeera yo n'enjiri?

ANI ASAANYE OKUTUUKIRIRA EKITUNDU KINO?

Bintu ki ebisaanyiza abantu okubuulira enjiri mu kitundu kino?

EKITUNDU KINO KIYINZA KUTUUKIBWAKO KITYA?

Nkola ki ezabulijjo eziyinda okukozesebwa mu kitundu kino kyonna? Eruwa eneesinga okubeera ennungi? Eby'okuddamu ku bibuuzo bino bijja kukuyamba okumanya eky'okukola mu kitundu ekyo era kikuwe n'engeri y'okuteekateekamu engeri y'okubuuliramu enjiri.

ENGERI Y'OKUFUNAMU OBUBAKA

Osobola okukufhjaanya obubaka bw'okwekenneenya kwo okuyitamu.

SSAALA:

Saba Katonda akulage bye weetaaga okumanya ku kitundu kino osobole okukituukirira n'enjiri.

OKUSOMA EBIWANDIIKO:

Soma ebitabo n'ebiwandiiko ebirala ku kitundu. Olukalala lw'eyo gy'olina okujja obubaka lukuweereddwa mu kitundu ky'ekitabo kino ekiyitibwa "okujuliza."

OKWEKKAANYA:

Tambula mu kitundu kyonna ggwe wennyini nga weetegereza abantu n'embeera y'ettaka.

OKUBUUZA EBIBUUZO:

Buuza ebibuuzo ku bakadde b'omukitundu n'abantu abakibeeramu. Mu kitundu bwe mubaamu abakkiriza abakola omulimu gw'obuweereza, babuuzo osobole okuzuula kye bayize. Ebibuuzo ebyamangungu mu ngeri eno biragiddwa mu kitundu ky'olusoma luno "eky'okujuliza."

Kozesa ebimenyeddwamanga osobole okwekenneenya ekitundu. Oyinza obutasobola kuddamu bibuuzo byonna ku kitundu, naye ddamu ebyo by'osobodde okufunako obubaka.

OKUZUULA EKITUNDU

Ekisooka, ekitundu ky'olonze leka kibeere mu disitulikiti eyo. Ekitundu kibeera ekyo ky'osazeewo mu disitulikiti oba mu ky'oyawudde waakiri ku lw'ensonga zino:

- Abantu mu kitundu boogera olulimi lwe lumu.
- Ebibinja by'abantu mu kitundu bitera okubeera n'obuwangwa bwe bumu. Okugeza, ebibinja by'abantu mu kitundu byonna biyinza okubeera mu ddiini y'emu.
- Ekitundu kiba kyawuddwako ku kitundu ky'eggwanga n'obutonde bw'ensi okugeza: Ensozi, emigga n'ebirala.
- Ekitundu kiyinza okwawulibwa olw'ebyobufuzi, okubeera nga:
Ekyalo
Akabuga.
Omuluka
Eggwanga
Eggombolola
Ettwale
Ekitundu ekirala ekyeyawudde naye nga kya nsi eyo.
N'ebirala...

BIBINJA BY'ABANTU KI EBIRI MU KITUNDU KINO

1. Bibinja by'abantu ki ebiri mu kitundu kino? Funa erinnya n'omuwendo gw'abo abakirimu.
2. Funa oba okube mmaapu y'ekitundu olambeko buli kibinja ky'abantu. Tandika okusabira ekitundu n'ebibinja by'abantu ebikirimu.
3. Omuwendo gw'abantu bonna abali mu kitundu guli ki?

EBIBINJA BINO BIFANAGANYA KI?

Okutwaliza awamu, ebibinja bino biri bitya?

- a. Mu nkolagana eyawamu.
- b. Obuwangwa.
- c. Olulimi.
- d. Eby'eddiini
- e. Eby'obufuzi

Ebibinja bino byawukana bitya?

- a. Mu nkolagana eyawamu.
- b. Obuwangwa.
- c. Olulimi.
- d. Eby'eddiini
- e. Eby'obufuzi

(Wekkaanye: Osobola okwagala okukola okwekenneenya kwo okw'ekibinja ky'abantu ku buli kibinja eky'enjawulo mu kitundu, kija kukuyamba okufuna engeri entuufu ey'okubatuukirira)

EKITUNDU KINO KIRI KITYA?

1. Misanvu ki egy'obutonde bw'ensi egiyiza okuziyiza enjiri mu kitundu kino?
2. Mbeera ki ez'obutonde bw'ensi eziyiza okukozesebwa okubunyisa enjiri mu kitundu? (Okugeza, ekitundu kirimu makubo g'ebyobusuubuzi oba awayitika okutuuka ku kkanisa enebeera ezimbiddwa?)
3. Embeera y'obudde eriko ekiseera mu mwaka nga nnungi okutambuliramu mu kitundu kyonna nga bw'oweereza?
4. Funa obubaka ku mbeera zino eziyiza okukuyamba okutuuka mu kitundu kino:
 - a. Ebibuga: Birambe ku mmaapu yo. Mu bitundu bino abantu bangi nnyo, era oyinza okwetaaga okukola entegeka y'engeri gy'onoobatuukiriramu mu nteekateeka yo.
 - b. Ebisaawe by'ennyonyi ebyetongodde: Birambe ku mmaapu yo.
 - c. Ebisaawe by'ennyonyi oba emyalo egikozesebwa: Birambe ku mmaapu yo.
 - d. Ekitundu kirina amasimu oba enkola eya yintaneeti?
 - e. Ekitundu kirina enkola etambuza amabaluwa?
 - f. Ekitundu kirina oluguudo lw'eggaali y'omuka oba batambula na zi bbaasi?
 - g. Waliyo ku nguudo zi mwasanjala? Zirage ku mmaapu yo.
 - h. Waliyo emigga egikozesebwa mu kutambula? (Gino gy'emigga okuyinza okuyita amaato ng'otambula). Birage ku mmaapu.

OKWEKENNEENYA ENKOLAGANA Y'ABANTU:

1. Abantu beerufu kyenkana ki eri "abagwira" (abantu abatava mu kitundu ky'ekimu)? Bw'omanya kino kija kukuyamba okwetegekera omutendera oguddako ogw'okukkirizibwa kw'onoofuna ng'ogenze mu kitundu ekyo okubuulira enjiri.
2. Okutwaliza awamu, ani avunaanyizibwa ku by'ensimbi n'ebintu by'ekitundu ebikalu? Oyinza okwetaaga obuyambi bwabwe ku lw'ekkanisa n'ensimbi okubuulira enjiri.

OKWEKENNEENYA OBUWANGWA:

Soma enkola z'obuwangwa eziri mu kitundu kino eziyiza okukosa okukkirizibwa kw'enjiri. Bino by'ebimu ku by'oyinza okutwala:

1. Enzikiriza n'empisa.

- a. Mpisa ki ez'obuwangwa, enzikiriza, oba enkola z'ekitundu eziyinza okuyamba abantu okutegeera amangu enjiri?
 - b. Mpisa ki ez'obuwangwa, enzikiriza oba enkola z'abantu eziyinza okuziyiza abantu okutegeera enjiri?
2. Enkola z'obuwangwa:
Waliyo enkola z'obuwangwa eza bulijjo mu kitundu era nga zigaanibwa mu byawandiikibwa? Bwe kiba kiti, ze ziriwa wa? Olina okuzirwanyisa.
3. Ebyetaago:
- a. Tunuulira ekitundu kyonna ozuule ebyetaago ebisinga okuba ebikulu:
 - Emmere ntono.
 - Ebyobulamu bibi.
 - Ebyenjigiriza bibi.
 - Emikutu n'ensulo z'amazzi bibi.
 - Ensimbi tezimala.
 - Obutonde bwensi bukalubo.
 - Ebyentambula bibi.
 - Ebyempuliziganya bibi.
 - Amayumba matono.
 - Balemererwa okukkiriza enkyukakyuka.
 - Okuwakanyizibwa eby'obufuzi.
 - Ebirala.....

Engeri gy'otusaamu enjiri ku bantu bano ejja kusenziira ku byetaago ebiri mu kitundu kino.

- b. Byetaago ki ebirabika okuba nga bituukiridde mu kitundu kino? Byetaago ki ekitundu bye kitalina?

4. Ebyenjigiriza:
Abantu abasinga ku kitundu bayivu kyenkana ki? Abantu bameka abayinza okusoma n'okuwandiika olulimi lwabwe? (Kikulu nnyo okumanya kino kubanga oyinza obutayagala kutegeka kubuulira kwa njiri okusenziira ku biwandiiko ng'abantu abasinga tebamanyi kusoma na kuwandiika)

Era osobola okunoonyereza bino:

- a. Mu kitundu mulimu amasomero agatandikirwako ameka?
- b. Mulimu amasomero ga Sekendule ameka?
- c. Mulimu amatendekero aga waggulu ameka?
- d. Amasomero ga Baibuli mu kitundu gali ameka?

(Entegeka z'ebyenjigiriza ziyinza okukozesebwa okutuukirira ekitundu bwe wabaawo obwetaavu bw'okwongera ku masomero)

5. Ebyempuliziganya:

- a. Lulimi (nnimi) ki olusinga obulungi okukozesebwa mu kubuulira enjiri mu kitundu kino? Oyagala okutuukirira ekibinja ky'abantu ekinene mu kitundu, awo sooka olondeko olulimi abantu abasinga obungi lwe bakozesa ennyo.

Olulimi olisinga okukozesebwa mu kitundu

lwe _____

Ennimi endala ezeetaagisa olw'okujjukiza abantu

ze _____

- b. Ebyawandiikibwa biri mu mbeera ki mu lulimi olwetaagisibwa okutuukirira ekitundu? Endagaano empya:

Endagaano enkadde:

- c. Abantu abali mu kitundu kino basobola okutuukibwako okuyita mu:

- Empapula z'amawulire (Bakkirizaamu ebirango by'obukristaayo)
- Ebiwandiiko ebikube mu byapa (Abantu basobola okutuukirirwa ne babisoma?)
- Laadiyo (Emikutu gikkiriza okuteeka ku mpewo zaagyo eby'obukristaayo?)
- Ttivi (Emikutu gino giganya okulagirako eby'obukristaayo?)
- Obutambi bwempuliziganya (Abantu basobola okufuna obutambi obwo?)
- Obutambi bw'ebifaananyi (Ebintu ebyetaagisa mwebiri mu kitundu?)
- Amasimu (Abantu balina amasimu oba enkola eya Yintaneeti?)

- d. Ngeri ki abantu mu kitundu gye basinga okukozesa okuwuliziganya mu kitundu?

EBY'EBWERU:

1. Nkyukakyuka ki ezigenda mu maaso mu kitundu kino olw'ebyobufuzi oba olw'okutumbuka kw'omulembe?
2. Enkyukakyuka zino ziyinza okukozesebwa mu kubuulira enjiri?
3. Bibinja ki ebiri ebweru w'ekitundu ebiyinza okuwakanya enjiri eno okubuulirwa mu kitundu? Lwaki?

Toganyanga biragiyo oba kuwakanyizibwa kukulemesa kuweereza mu kitundu ky'owulira Katonda ng'akuyitidde. Bw'oba tokkiriziddwa kubatuukirira mu ngeri ezimu kozesa engeri endala.

OKWEKENNEENYA EBYOBUFUZI:

1. Mu bufunze nnyonyola enkola z'ebyobufuzi eziri mu kitundu.
2. Bibinja ki ebyobufuzi ebiri mu kitundu ebiyinza okulemesa okubuulira enjiri?
3. Bibinja ki ebyobufuzi ebiyinza okuyambako mu kubuulira enjiri?
4. Biragiyo ki ebya Gavumenti ebiyinza okulemesa obuweereza bwo mu kitundu kino?
5. Biragiyo ki ebya gavumenti ebiyinza okukuyamba okuweereza mu kitundu kino?

6. Abakulembeze b'ekitundu abakulu be baliwa? Osobola okubeemanyiza, osobola okuganja gye bali olyoke oweereze mu kitundu?

OKWEKENNEENYA EBYOMWOYO:

1. Bibinja ki eby'eddiini ebiri mu kitundu kino?
2. Buli kibinja kirimu abantu bameka?
3. Ndownooza ki eri mu kitundu ku nkyukakyuka z'eddiini ez'engeri yonna? Eky'okuddamu ku kibuzo kino kijja kukuyamba okwetegekera okuwakanyizibwa kw'oyinza okusisinkana.
4. Omuwendo gw'abagamba nti bakristaayo gwenkana wa?
5. Osobola okuzuula abakulembeze b'obukristaayo abakulu mu kitundu ekyo?
6. Otwala ekitundu kino okubeera:
 - Nga tekyabuulirwa njiri?
 - Enjiri yabuulirwako kitundu?
 - Eyabuulirwa emala?
7. Okutwaliza awamu, okkiriza nti kino ky'ekiseera ekituufu eky'okusiga enjiri mu kitundu kino oba kiseera kya makungulu?
8. Bitongole ki ebyobukristaayo ebyagezaako mu kitundu kino ne biremererwa? Biki by'okkiriza nti z'ensonga ezabalemesa? Osobola okuyigira ku byalema abalala oleme kuddamu nsobi z'ezimu?
9. Amakanisa g'obukristaayo gali ameka oba abaminsani abali mu kitundu kino?
10. Kiruwa ku byombi ekisinze obulungi era lwaki kirungi? Osobola okuyigira ku buwanguzi bw'ekibinja. Osobola okukolera awamu nabo mu mulimu gw'okubuulira enjiri mu kitundu?
11. Osobola otya okukolera awamu nabo okutuukirira ekitundu?
12. Bibinja ki eby'abantu abaweereza abaliwo mwe bakolera?
13. Waliwo ekibinja ky'abantu mu kitundu kino ekitannatuukibwako babuulizi ba njiri?
14. Bwe wabaawo abakristaayo mu kitundu, nnimi ki ezikozesebwa? Osobola okutuukirira abantu mu kitundu kino aboogera ennimi ez'enjawulo nga tebannaba kutuukibwako bakristaayo?
15. Buweereza ki obw'obukristaayo obugenda mu maaso mu kitundu kino? Tokoppa ebyo abaliyo bye bakola, kola enteekateeka eyiyo. Ekiruubirirwa kyo kiri kutuukirira abatatuukibwangako n'enjiri?
16. Ndownooza ki enkulu ey'abantu abali mu kitundu ku Baminsani b'obukristaayo abalimu?
 - Bakambwe.
 - Banjawulo.
 - Baamukwano.
17. Mu kitundu mulimu ekanisa mmeka ezibuulira enjiri ey'amazima?
18. Bakula kyenkana ki?
19. Buzibu ki bwe basisinkana, era lwaki?
20. Ziriwa ezituukiridde era lwaki?
21. Wakyalirwa obwetaavu bw'okutandikawo ekanisa endala?
22. Osobola okumanya abamasaza n'amaanyi ga Sitaani agafugira mu kitundu kino? (Abaamasaza n'amaanyi agafuga byannyonnyoddwa mu ssuula eyoomukaaga)

ANI AYINZA OKUTUUKIRIRA EKITUNDU KINO?

Ani ayinza okutuukirira ekitundu kino? Kyetaagisa abakozi bameka? Obungi bw'abantu abalimu be wateeberezza ky'ekijja okukuyamba okuzuula kino?

Bisaanyizo ki ebikulu ebya buli mukozi mu kubuulira enjiri mu kitundu kino? Buli agenda okubuulira enjiri mu kitundu kino alina:

- Okubeera omukkiriza nga kyeyolekera mu bulamu bwe, endowooza n'enneeyisa.
- Okubeera nga musabi era ng'asoma Baibuli.
- Okubeera n'ebirabo by'omwoyo nga bituukira kunkola z'agenda okukozesa okubuulira mu kitundu.
- Okubeerawo. Obusobozi tebweyoleka nga toliiwo. Omuntu oyo ayagala era mwetegefu okugenda?
- Nga yanywera mu mubiri (nga mwetegefu okukolagana n'abalala olw'enjiri).
- Nga yayitibwa Katonda okuweereza mu kitundu ekyo.
- Nga yeetegese bulungi mu mubiri, mu mwoyo n'obuyigirize okusobola okutuukirira ekitundu kino.

EKITUNDU KINO KIYINZA KITYA OKUTUUKIBWAKO?

Ekitundu kino kiyinza kitya okutuukibwako? Nkola ki eziyinza okukozesebwa? Okuddamu ekibuuzo kino, kozesa bye wayize mu butonde bw'ensi, olulimi, ebyobuwangwa, ebyobufuzi n'okwekenneenya ebyomwoyo mu kitundu kino. Bintu ki ebifaanagana mu kibinja ky'abantu kino ebiyinza okukuganya okukozesa enkola z'ezimu? Bintu ki ebyawukanya enkola z'obuweereza gye bali? Kakasa nti enkola zo zikwatagana n'e byawandiikibwa. Tokozesa nkola yonna ekontana na nnono za Baibuli.

Nkola ki ez'okubuulira enjiri ezisinga obulungi okukozesebwa mu kitundu kino? Nkola ki empya z'oyinza okugezesa? Ng'omaze okuzuula enkola ng'oyita mu kusaba n'okwekenneenya, buuza ekibuuzo kino: kuwakanyizibwa ki okuyinza okujja olw'enkola zino? Ziva mu bibinja by'abantu mu kitundu oba abali ebweru w'abantu? Osobola otya okulwanyisa kino?

KOLA ENTEEKATEEKA

Okwekenneenya kw'okoze tekugasa okuleka ng'okukozesezza mu kitundu ky'osomye. Ekitundu kino tekijja kutuukibwako na kusoma kwokka. Osobola okukola enteekateeka y'okutusaayo enjiri. Essuula eyekkumi n'emu, "Engeri y'okuteekateeka," ejja kukuyambako ng'okola enteekateeka eri ekibinja kye weekenneenyezza.

OKWEGEZAAMU

1. Wandika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Nnyonyola omutwe "Ekitundu" nga bw'oyize mu ssomo lino.

.....
.....
.....

3. Okwekenneenya ekitundu mubaamu ki?

.....
.....
.....

4. Obukulu bw'okwekenneenya ekitundu bwe buliwa?

.....
.....
.....

5. Ng'ekitundu ky'okusoma kwo mu ssomo lino, wamalirizza bulungi okwekenneenya kwo okw'ekitundu?

.....
.....
.....

6. Okoze enteekateeka y'okukozesa by'oyize osobole okutuusa enjiri mu kitundu kino?

.....
.....
.....

(Ebidibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo)

OKWEYONGERA OKUSOMA

Soma oluberyeberye 13 ekiraga okwekenneenya kw'ebitundu ebibiri. Ekimu kyali ky'ettaka ly'e Yoludaani, ekirala lyali ttaka ly'e Kanani. Wandika by'ozudde mu kwekenneenya kwo:

Ettaka ly'e Yoludaani.

Ettaka ly'e Kanani.

ESSUULA EYOOMUNAANA

OKWEKENNEENYA EGGWANGA

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnonnyola omutwe "eggwanga."
- Okunnonnyola ebibeera mu kwekenneenya eggwanga.
- Okuzuula obukulu bw'okwekenneenya eggwanga.
- Okwekenneenya eggwanga.
- Okukozesa okwekenneenya kwo obuulire enjiri mu ggwanga lino.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Era mu linnya lye Enjiri ey'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi eribuulirwa amawanga gonna okutandikira mu Yerusalemi. (Lukka 24:47)

ENNYANJULA

Oyize okwekenneenya ekibinja ky'abantu n'ekitundu ky'eggwanga ekyetongodde. Mu ssomo lino ojja kuyiga engeri y'okwekenneenya eggwanga lyonna olw'okubuulira enjiri.

EGGWANGA

Eggwanga likolebwa abantu abali awamu wansi w'enkola y'obufuzi emu. Libeera ttwale eriri mu nsalo z'eggwanga.

OKWEKENNEENYA EGGWANGA

Bwe weekenneenya eggwanga olisomako mu bulambulukufu okumanya obufuzi, obutonde bw'ensi, olulimi, obuwangwa, embeera z'omwoyo n'amaanyi ag'ebweru ebinyinza okukosa okubuulira kw'enjiri mu ggwanga lyonna.

OBUKULU BW'OKWEKENNEENYA EGGWANGA

Obukulu bw'olusoma luno kwe kugaziwa okuvaako mu kitundu mw'oweerereza n'otuukirira eggwanga lyonna n'enjiri. Kubeera kunoonyereza olw'enjiri, so si kunoonyereza bunoonnyereza. Weegendereze obutamala budde bwo mu kusoma kwokka n'olema okutuukiriza ekiruubirirwa ky'okusoma kwo. Ebintu ebigatta eggwanga ne biryawula ku mawanga amalala by'ebikuwa engeri entuufu ey'okutuusa enjiri ku bantu mu ggwanga lyonna.

Weekenneenya eggwanga oddemu ebibuuzo bino:

BIBINJA KI EBY'ABANTU EBIRI MU GGWANGA LINO?

Be b'ani? Bameka era basangibwa wa? Baliwa abatusiddwako enjiri n'abo abatannatuukibwako?

EBIBINJA BINO BIFAANAGANYA KI?

Kiki ekigatta abantu bano ku ggwanga lino? Bali batya mu by'enkolagana, obuwangwa, olulimi, eddiini n'ebyobufuzi?

EGGWANGA LINO LIRINGA KI?

Biki bye twetaaga okumanya ku ggwanga lino okusobola okutuukirira abantu abalirimu n'enjiri?

ANI ALINA OKUTUUKIRIRA EGGWANGA LINO?

Bisaanyizo ki ebikulu abakolera mu ggwanga lino olw'okubuulira enjiri bye basaanye okubeera nabyo?

EGGWANGA LINO LIYINZA KUTUUKIBWAKO LITYA?

Nkola ki ez'awamu eziyinda okukozesebwa mu ggwanga lyonna? Eruwa eneesinga okubeera ennungi? Ebyokuddamu ku bibuuzo bijja kukuyamba okumanya omulimu gwo mu kutuukirira eggwanga era n'okukuyambako okukola enteekateeka y'okulituusaako enjiri.

ENGERI Y'OKUKUḥḥAANYA OBUBAKA

Osobola okukuhḥaanya obubaka bw'okwekenneenya kwo okuyita mu:

SSAALA:

Saba Katonda akulage bye weetaaga okumanya ku ggwanga lino osobole okutuusaayo enjiri.

OKUSOMA EBIWANDIIKO:

Osobola okusoma ebitabo n'ebiwandiiko ebirala ebikwata ku ggwanga. Olukalala lw'eyo gy'oyinza okuggya obubaka buno buli mu kitundu ky'ekitabo kino ekiyitibwa "okujuliza."

OKWEKKAANYA:

Tambula mu ggwanga lyonna olabe ebirimu n'abantu baamwo.

OKUBUUZA EBIBUUZO:

Buuza ebibuuzo ku bakulembeze n'abantu b'eggwanga. Bwe wabaayo abakkiriza abakolayo obuweereza mu ggwanga, babuuzo ebibuuzo ozuule bye bayize. Ebibuuzo eby'engeri eno era nabyo biteereddwa mu kitundu ky'olusoma luno ekiyitibwa "okujuliza."

Kozesa ebimenyeddwaga osobole okwekenneenya eggwanga. Osobola obutasobola kuddamu bibuuzo byonna ku ggwanga, naye ddamu ebyo by'osobodde okuzuula.

BIBINJA KI EBY'ABANTU EBIRI MU GGWANGA LINO?

1. Bibinja ki eby'abantu ebiri mu ggwanga lino? Funa erinnya oteebereze n'obungi bw'abantu mu buli kibinja ekiri mu ggwanga.
2. Funa era okube mmaapu y'eggwanga olambe nabuli kibinja ky'abantu we kisangibwa. Eggwanga ligabanyiziddwamu distulikiti okusinziira ku bibinja by'abantu ab'enjawulo we bali? Tandika okusabira eggwanga nabuli kibinja ky'abantu.
3. Omuwendo gw'abantu mu ggwanga lyonna gwenkana wa?

EBIBINJA BINO BIFANAGANYA KI?

Ebibinja by'abantu mu ggwanga biri bitya mu:

- a. Nkolagana
- b. Obuwangwa
- c. Eby'eddiini
- d. Ebyobufuzi
- e. Olulimi.

Ebibinja by'abantu mu ggwanga lino byawukanya ki mu:

- a. Nkolagana
- b. Obuwangwa
- c. Olulimi
- d. Eddiini
- e. Ebyobufuzi

(Wekkaanye: Oyinza okwagala okwekenneenya ekibinja ky'abantu mu ggwanga. Kino kijja kukuyamba okufuna engeri y'okutuukirira ekibinja ekyetongodde)

EGGWANGA LINO LIRINGA KI?

OKWEKENNEENYA OBUTONDE BW'ENSI:

1. Mbeera ki ez'obutonde ezijja okuziyiza okubuulira kw'enjiri mu ggwanga lino?
2. Mbeera ki ez'obutonde bw'ensi eziyinda okuyambako mu kubuulira enjiri mu ggwanga lino? Okugeza, mulimu ku makubo agayitibwamu ekanisa gy'eyinza okutandikibwa?
3. Embeera y'obudde etera okubeera nga nnungi mu biro ebimu olw'obuweereza mu bitundu by'eggwanga ebimu?
4. Gabanya eggwanga mu bitundu okusinziira ku bwe biri n'embeera z'obutonde bw'ensi. Obutonde bw'ensi buyinza kukosa butya engeri yo gy'oyagala okutuukamu mu buli kitundu?
5. Funa obubaka ku mbeera zino obunaakuyambako okutuukirira eggwanga lino.
 - a. Ebibuga ebikulu: Birambe ku mmaapu yo. Obungi bw'abantu businga kubeera mu bibuga bino, awo ojja kwagala okubeera n'obukakafu bw'okukola engeri y'okubatuukiriramu nga bwe kiri mu nteekateeka yo.

- b. Ebisaawe by'ennyonnyi: Birambe ku mmaapu yo.
- c. Ebisaawe by'ennyonnyi n'emyalo: Birambe ku mmaapu.
- d. Bitundu ki eby'eggwanga omuli emikutu gy'empuliziganya mu by'amasimu n'enkola eya Yintaneeti?
- e. Bitundu ki omuli enkola z'okutambuza amabaluwa mu ggwanga?
- f. Bitundu ki omuli enguudo z'eggaali y'omukka oba zibbaasi ezisaabaaza abantu?
- g. Bitundu ki eby'eggwanga by'oneetaaga okutambuza ebigere oba ku ndogoyi?
- h. Ludda wa ewali obukubo obutonotono? Birage ku mmaapu yo.
- i. Waliyo ku migga egitambuza abantu? (Egyo gy'emigga okusaabalira amaato agatambuza abantu). Birage ku mmaapu.

OKWEKENNEENYA ENKOLAGANA Y'ABANTU:

1. Abantu basanyukira kyenkana ki "abagwira"? Bw'omanya kino kijja kukuyamba okuteekateeka ku lw'abo abanaakwaniriza nga wakasooka okuyingira mu ggwanga ogabanako n'enjiri.
2. Okutwaliza awamu, ani akwasaganya eby'ensimbi n'ebintu ebikalu mu ggwanga? Oyinza okwetaaga obuyambi bwabwe mu kweyambisa ebintu byabwe ku lw'ekkanisa n'ebyensimbi mu kubuulira

OKWEKENNEENYA OBUWANGWA:

Soma kunkola z'ekitundu kino ez'obuwangwa ebiyinza okuziyiza abantu okukkiriza enjiri. Bino by'ebimu by'oyinza okufaako:

1. Enzikiriza n'empisa:
 - a. Mpisa ki ez'obuwangwa, enzikiriza oba enkola z'eggwanga eziyinza okuyamba abantu okutegeera enjiri?
 - b. Mpisa ki ez'obuwangwa, enzikiriza oba enkola eziyinza okubaziyiza okutegeera enjiri?
2. Enkola ez'obuwangwa:

Waliyo ko enkola z'obuwangwa ezirabikira ennyo mu ggwanga lino nga zikontana n'ebyawandiikibwa? Bwe kiba kityo, z'eziri wa? Ojja kuba ng'olina okuzikwasaganya.
3. Ebyetaago:
 - a. Kitwale nti eggwanga lyonna okizudde lirina obwetaavu bwa bino:
 - Emmere temala.
 - Ebyobulamu bibi.
 - Eby'ensoma bibi.
 - Emikutu gy'amazzi mibi.
 - Eby'obutonde bw'ensi bibi.
 - Eby'entambula bibi
 - Ebisulo bibi.
 - Tebasobola kukwatagana na nkyukakyuka.
 - Okulwanyisibwa kw'ebyobufuzi.
 - N'ebirala....

Engeri gy'obuliramu enjiri n'obukodyo bw'obuweereza bwo mu ggwanga lino biyinza okukwataganako n'ebyetaago bino.

b. Byetaago ki ebirabika okuba nga bituukiddwako mu ggwanga lino? Byetaago ki eggwanga lye bitalina?

4. Eby'engiriza:

Abantu abasinga abali mu ggwanga lino obuyigirize bwabwe bwenkana wa? Abayigirize balinga bameka? Bantu bameka abasobola okusoma n'okuwandiika ennimi zaabwe? Kikulu okumanya kino kubanga tojja kwagala kutegeka biwandiiko ng'ate abantu abasinga mu ggwanga tebasobola kusoma na kuwandiika.

Osobola n'okunoonyereza:

- a. Waliyo ko amasomero g'ebyemikono agawera mu ggwanga?
- b. Waliyo amasomero ga Ssekendule mu ggwanga?
- c. Waliyo ku masomero aga waggulu mu ggwanga?
- d. Waliyo amasomero ga Baibuli ameka mu ggwanga?

Enteekateeka z'okusomesa y'emu kunkola z'oyinza okukozesa okutuukirira eggwanga lino bwe wabaawo obwetaavu bw'amasomero amalala.

5. Ebyempuliziganya:

- a. Lulimi (oba nnimi) ki olusinga okukozesebwa lwe wandiyagadde okubuuliramu enjiri mu ggwanga lino? Ng'oyagala kutuukirira ekibinja ky'abantu abasinga obungi okusooka, awo londako olulimi abantu abasinga lwe bakozesa.

Olulimi olusinga okwogerwa mu ggwanga

luli _____

- b. Ebiwandiiko ki ebikyusiddwa mu nnimi ez'enjawulo ku byawandiikibwa era nga by'ebyandikozeseddwa mu ggwanga lino?

Endagaano empya:

Endagaano enkadde:

- c. Kola okwekenneenya kwekumu ku kukyusibwa kw'ebyawandiikibwa mu nnimi endala ezikozesebwa mu ggwanga.

Olulimi: _____

Endagaano empya: _____

Endagaano enkadde: _____

- d. Ku mmaapu yo lamba wa ennimi ez'enjawulo mwe zaawulibwa mu magombolola. Bitundu ki mwe boogera ennimi ez'enjawulo?

e. Abantu abasinga mu ggwanga lino basobola okutuukibwako okuyita mu:

- Mawulire (gakkiriza obulango bw'ekikristaayo?)
- Ebiwandiiko ebikube (Abantu abasinga basobola okusoma?)
- Laadiyo (Emikutu gikkirizaako eby'ekikristaayo?)

- Ttivi (Emikutu gikkirizaako ebyobukristaayo?)
- Obutambi bw'amalobozi (Balina obusobozi bw'okufuna entambi zino?)
- Entambi z'ebifaananyi (eggwanga lizirinako?)
- Essimu (Abantu abasinga balina amasimu?)
 - f. Nkola ki y'empuliziganya esinga okukozesebwa mu ggwanga lyonna?

EBIVA EBWERU:

1. Nkyukaakyuka ki ezizze mu ggwanga lino nga ziva ku nkola yaabwe ey'ebyobufuzi oba enkyukakyuka eri ku mulembe?
2. Enkola zino kuliko esobola okukozesebwa okubuulira enjiri?
3. Bitongole ki oba kibinja ky'abantu ki ekiva ebweru w'eggwanga ebinyinza okuwakanya okubuulira kw'enjiri mu ggwanga lino? Lwaki?
Temuganyanga biragiro oba okuwakanyizibwa okubalemesa okuweereza mu ggwanga lye muwulira nga Katonda nti abayitidde. Bw'oba tokkiriziddwa kubatuukirira mu ngeri zino, kozesa enkola endala.

OKWEKENNEENYA EBY'OBUFUZI:

1. Mu bufunze nnyonyola enkola y'ebyobufuzi mu ggwanga lino.
2. Bibinja ki ebyobufuzi mu ggwanga lino ebinyinza okuziyiza okubuulira kw'enjiri?
3. Bibinja ki eby'obufuzi mu ggwanga lino ebinyinza okuyambako mu kubuulira kw'enjiri?
4. Biragiro ki ebya gavumenti ebinyinza okuziyiza obuweereza bwo mu ggwanga lino?
5. Biragiro ki ebya gavumenti ebinyinza okukuyambako mu buweereza bwo mu ggwanga lino?
6. Abakulembeze abakulu mu ggwanga lino b'e bani? Oyagala okubamanyisa era ofune n'okuganja mu bbo ng'oweereza.

OKWEKENNEENYA EBYOMWOYO:

1. Bibinja ki eby'eddiini ebisangibwa mu ggwanga lino?
2. Abantu balinga bameka abagobererwa buli kibinja eky'eddiini?
3. Ndownooza ki ey'awamu edda eri eggwanga lino ku by'enkyukakyuka y'eddiini ey'engeri yonna? Ekyokuddamu ku kibuuze kino biragiddwa okukuyamba okwetegekera okuwakanyizibwa okw'eddiini bw'oyinza okusisinkana.
4. Abagambibwa okuba Abakristaayo bali bameka?
5. Osobola okuzuula abakulembeze b'obukristaayo abakulu?
6. Okitwala nti eggwanga lino liri:
 - Teribuulirwangako njiri.
 - Lyabuulirwako ekitundu.
 - Libuuliddwa ekimala.
7. Okutwaliza awamu okkiriza nga kino ky'ekiseera ky'okusigiramu enjiri mu ggwanga oba ekiseera ky'amakungula.
8. Kkanisa ki ez'obukristaayo oba enkola ebikozeseddwa naye ne biremererwa? Nsonga ki z'olwoowa ezaabalemesa? Osobola okuyigira ku biremye abalala n'otokola nsobi z'ezimu.

9. Kkanisa ki ez'obukristaayo eziri mu kukolera mu ggwanga?
10. Ziriwa ku zino ezituukiridde era lwaki zituukiridde? Osobola okuyigira ku buwanguzi bw'ebibinja bino. Naawe ojja kwetaaga okukolagana nabo mu kubuulira enjiri mu ggwanga lino.
11. Osobola otya okukwatagana n'obuweereza obulala obuliyo osobole okutuukirira eggwanga lino?
12. Bibinja ki eby'abantu abaweereza abaliyo gye bakolera?
13. Waliyo ku bibinja by'abantu mu ggwanga lino abatalina babuulizi ba Bukristaayo mu bo?
14. Waliyo ku ntimi ezitannatusibwako njiri ya bukristaayo?
15. Bika ki eby'obuweereza bw'obukristaayo ebiri mu ggwanga lino? Tokopperera oba tovuganya na nteekateeka za buweereza eziriyo bw'okola enteekateeka yo? Ekiruubirirwa kyo kwe kutuukirira abo abatatuukiddwako na njiri.
16. Ndowooza ki eri mu bantu abali mu ggwanga lino ku baweereza b'obukristaayo abali mu ggwanga?
 - Bakambwe.
 - Banjawulo.
 - Baamukwano.
17. Ekanisa ezibuulira enjiri entuufu ziri mmeka mu ggwanga lino?
18. Bakula kyenkana ki?
19. Bizibu ki bye basisinkana era lwaki?
20. Ziriwa mu zo eziwangudde era lwaki?
21. Waliwo obwetaavu bw'okutandika amakanisa amalala?
22. Osobola okumanya ab'amasaza n'amaanyi ga Sitaani agafugira mu ggwanga lino? (ab'amasaza n'amaanyi ga sitaani bannyonyoddwa mu ssuula eyoomukaaga)

ANI ALINA OKUTUUKIRIRA EGGWANGA LINO?

Ani alina okutuukirira eggwanga lino? Kyetaagisa abakozi bameka okusobola okutuukirira eggwanga lino? Okugeraageranya kwo okw'ebyo by'oteebereza kujja kukuyamba okumanya kino. Bisaanyizo ki eri abakozi abalina okukolera mu ggwanga lino mu kubuulira enjiri? Buli agenda okubuulira enjiri mu ggwanga lino alina....

- Okubeera omukkiriza nga kirabikira mu bulamu bwe, endowooza n'empisa.
- Nga musabi era ng'asoma ne Baibuli.
- Ng'alina ebirabo by'omwoyo era ng'abikozesa bulungi kunkola ezikozesebwa okutuukirira abantu b'eggwanga.
- Ng'abeerawo: Obusobozi tebugasa nga toliiwo. Omuntu mwetegefu era ayagala okugenda?
- Ng'anywedde bulungi mu mubiri (ng'ayagala okukolagana n'abantu abalala era nga ajja kutuukirira eggwanga lino n'enjiri)
- Nga yayitibwa Katonda eri eggwanga lino.
- Nga mwetegefu mu mubiri, mu mwoyo n'obuyigirize atuukirire eggwanga lino.

EGGWANGA LINO LIYINZA LITYA OKUTUUKIBWAKO?

Eggwanga lino liyinza litya okutuukibwako? Nkola ki eziyinza okukozesebwa? Okuddamu ekibuuzo kino, kozesa bye wayize ku butonde bw'ensi, olulimi, obuwangwa, ebyobufuzi n'okwekenneenya eby'omwoyo mu ggwanga.

Bifaanagana ki ku bibinja by'abantu mu ggwanga lino ebiganya enkola ezirina okukozesebwa wonna? Njawulo ki eziri mu bibinja by'abantu bano ezeetaaga enkola ez'enjawulo?

Eggwanga liyinza litya okwawulibwamu ebitundu ebitono n'okubituukirira n'enjiri (ojja kwetaaga n'okukola okwekenneenya kw'ekitundu ku bintu by'eggwanga ebikulu. Kakasa nti enkola zo zaawandikibwa. Tokozesa nkola yonna etekwatagana na nnono za Baibuli. Genda ku miko egiyise olabe enkola ez'enjawulo ezibadde zikozesebwa ng'ekitundu ky'okubuulira mu bitundu by'ensi eby'enjawulo. Eruwa ku zino ejja okubeera ng'etuukiridde mu ggwanga lino? Nkola ki empya z'ojja okugezaako?

Ng'omaze okumanya enkola z'esaala n'okwekenneenya, buuzo ekibuuzo kino: kuwakanya kika ki okuyinza okujja eri enkola zino olw'amaanyi agoomunda oba ebweru? Onookikolako otya kino?

KOLA ENTEEKATEEKA

Okwekenneenya kw'omalirizza tekugasa okuleka nga okozesezza ky'oyize ku ggwanga ly'oyizeeko. Eggwanga lino terijja kutuukibwako lwa kuyiga kwokka. Oteekwa okukola enteekateeka okulituukirira n'enjiri. Essuula ey'ekkumi n'emu, "Engeri y'okuteekateeka," ejja kukuyambako okukola enteekateeka y'okutuukirira eggwanga lyeweekenneenyenza.

OKWEGEZAAMU

1. Wandika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Nnyonyola omutwe "eggwanga."

.....
.....
.....

3. Okwekenneenya eggwanga kubaamu ki?

.....
.....
.....

4. Okwekenneenya kw'eggwanga kuno kulina bukulu ki?

.....
.....
.....

5. Ng'ekitundu ky'okusoma kwo mu ssomo lino, wamalirizza bulungi okwekenneenya eggwanga?

.....
.....
.....

6. Okoze enteekateeka yo gy'onookozesa ku by'oyize osobole okubuulira enjiri eri eggwanga lyonna?

.....
.....
.....

(Ebidibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

Soma ebyafaayo n'okwekenneenya kw'omwoyo eby'eggwanga lya Isirayiri mu Ebikolwa 7

ESSUULA EYOOMWENDA

OKWEKENNEENYA EKITUNDUTUNDU

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunyonnyola omutwe "ekitundutundu"
- Okunyonnyola ebibeera mu kwekenneenya kw'ekitundutundu.
- Okuzuula obukulu bw'okwekenneenya ekitundutundu.
- Okwekenneenya ekitundutundu.
- Okukozesa okwekenneenya kwo mu kubuulira enjiri mu kitundutundu kino.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

N'abagamba nti, "Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri abantu bonna. (Makko 16:15)

ENNYANJULA

Oyize engeri y'okwekenneenya ekibinja ky'abantu, ekitundu n'eggwanga. Mu ssomo lino ojja kuyiga okwekenneenya ekitundutundu ky'ensi olw'ekiruubirirwa eky'okutuukayo n'enjiri.

EKITUNDUTUNDU

Olw'essomo lino, ekitundutundu lwe ludda lw'ensi olukolebwa amawanga ag'enjawulo, nga okufaanagana mu butonde bw'ensi, olulimi, obuwangwa eddiini oba obufuzi.

Ekitundutundu eky'amakkati ga Amerika ky'ekyokulabirako ekirungi. Amawanga agalimu ge; Gwatemala, Nicaragua, Costa Rica, Honduras, Panama, Belize ne El Salvador. Amawanga gano gali mu kitundu ky'ekimu era galina obuwangwa n'eddiini by'ebimu era Olusipaana lwe lulimi olusinga okwogerebwa.

Olw'okuba ng'amawanga gano gali mu kitundu eky'awamu ekirimu obutonde bw'ensi obufaanagana, tekigafuula "Bitundutundu" olw'olusoma luno. Okugeza, China eriraanye ebizinga bya Firipiino, naye ebitundu bino byanjawulo ddala. Olulimi lwabwe, obuwangwa, enkola, z'obufuzi byonna byanjawulo. N'olwekyo engeri z'okubuulira enjiri eri ebibinja by'abantu bino yanjawulo.

Mu kwekenneenya kwaffe okw'ebitundu, tuba tunoonya ebitundutundu ebirina obuwangwa bwe bumu, eby'obufuzi, eddiini n'olulimi nga bwe kiri mu masekkati ga Amerika. Ekiruubirirwa kyaffe kwe kukola enteekateeka ezifaanagana okubatuusaako enjiri.

OKWEKENNEENYA EKITUNDUTUNDU

Bwe wekenneenya ekitundutundu, oyiga ebikikwatako mu by'obufuzi, obutonde bw'ensi, olulimi, obuwangwa, embeera ez'omwoyo n'amaanyi agakiri ebweru agayinza okukosa okubuulira kw'enjiri mu kitundutundu kyonna.

OBUKULU BW'OKWEKENNEENYA EKITUNDUTUNDU

Obukulu bw'essomo lino kwe kugaziwa n'ovaako mu ggwanga mw'oweererezza n'otuusa enjiri mu kitundu kyonna.

Okwekenneenya kw'ekitundutundu kuba kunonyereza olw'ekiruubirirwa eky'okubuulira enjiri, so si kumala gakukola oleke awo. Weegendereze oleme kwonoona budde bwo ng'oyigga oleme kutuukiriza kiruubirirwa kyo ekyakuwalirizza okusoma.

Ebintu ebigatta ebitundutundu ne bikifuula eky'enjawulo ku bitundutundu ebirala biyinda okukuyambako okukola enteekateeka ennungi ey'okubuulira enjiri mu kitundu ekyo. Ensi ekolebwa ebitundu ebifaanaganako n'ebyo eby'amasekkati ga Amerika ebyakozeseddwa ng'ekyokulabirako. Bwe tutuukirira ebitundu ebiwerako oluvannyuma tujja kutuukirira ensi yonna.

Weekenneenya ekitundutundu okuddamu ebibuuzo bino:

MAWANGA NA BIBINJA KI EBY'ABANTU EBIRI MU KITUNDUTUNDU KINO?

Mawanga ki agali mu kitundu kino? Amawanga gali ameka, mulimu abantu bameka, era kiki ekibafuula ekitundutundu?

KIKI AMAWANGA GANO N'EBIBINJA BY'ABANTU BANO BYE BAFANAGANYA?

Bafaanaganya ki mu nkolagana, obuwangwa, olulimi, eddiini, n'obufuzi?

EKITUNDUTUNDU KINO KIRI KITYA?

Kiki kyetwetaaga okumanya ku kitundutundu kino okusobola okutuusa enjiri ku bantu baamwo?

ANI ALINA OKUTUUSAAYO ENJIRI?

Bisaanyizo ki ebikulu omuntu anaabulirayo enjiri by'alina okuba nabyo?

EKITUNDUTUNDU KINO KIYINZA KUTUUKIBWAKO KITYA?

Nkola ki ezifaanagana z'oyinza okukozesaayo? Eriwa eneesinga okubeera ennungi? Ebyokuddamu ku bibuuzo bino bijja kukuyambako okuzuula omulimu gwo mu kutuusa enjiri mu kitundu n'okukuyamba okukola enteekateeka y'okukituukirira n'enjiri.

ENGERI Y'OKUKUŋŋAANYA OBUBAKA

Osobola okukuŋŋaanya obubaka ng'okozesa okwekenneenya kwo okuyitira mu:

SSAALA:

Saba Katonda akulage bye weetaaga okumanya ku kitundutundu osobole okutuusaayo enjiri.

OKUSOMA EBIWANDIIKO:

Soma ebitabo ebiriyo n'ebiwandiiko ebiri mu kitundutundu. Olukalala lw'ensibuko y'obubaka lukuweereddwa mu kitundu ky'okujuliza eky'ekitabo kino:

OKWEKAANYA:

Ng'omuntu tambulako mu kitundu kyonna, kyalako mu buli ggwanga olabe ku ttaka n'abantu baayo.

OKUBUUZA EBIBUZO:

Buuzabantu ebibuuzo naddala abakulembeze abali mu mawanga agali mu kitundutundu kino. Bw'ebeerayo abakkiriza abali mu kukolayo obuweereza babuuzo osobole okuzuula bye bayize. Ebyokulabirako by'ebibuuzo bwe biti biteereddwa mu kitundu ky'olusoma luno ekya "okujuliza."

Kozesa olukalala luno weekenneenye ekitundutundu kino. Oyinza obutasobola kuddamu buli kibuzo naye ddamu by'osobodde okufunako obubaka.

OKUZUULA EKITUNDUTUNDU

Sooka okakase nti ozudde ekitundutundu. Ekitundutundu kibaamu amawanga...

- Agaliraaniganye mu butonde bw'ensi.
- Agalimu abantu nga boogera olulimi lwe lumu.
- Agalina enkola z'ebyobufuzi z'ezimu.
- Ng'abantu abasinga obungi balina obuwangwa bwe bumu.
- Amawanga gayinza okubeera nga tegali bwe gati gonna, naye ekitundutundu kiteekwa okubeeramu amawanga agariraaniganye mu butonde bw'ensi. Era walina okubaawo n'enkola nga bbiri n'omusobyi z'oyinza okulondako okukola enteekateeka yo ey'okutuusaayo enjiri.

MAWANGA NA BIBINJA KI EBY'ABANTU ABALI MU KITUNDUTUNDU KINO?

1. Mawanga na bantu ki ababeera mu kitundutundu kino? Zuula erinnya n'obungi bw'abantu abali mu buli ggwanga oba ekibinja ky'abantu (Oyinza okwetaaga okwekenneenya buli ggwanga okuddamu ekibuuzo kino. Kozesa essomo eriri mu ssuula eyoomunaana. Okwekenneenya eggwanga)
2. Lamba ebibinja by'abantu ebikulu ku mmaapu yo ey'ekitundutundu. Ekitundutundu kino kyagabanyizibwamu zi disitulikiti omuli abantu ab'enjawulo? Oyinza okwagala okukola enteekateeka yo ey'okutuukirira abantu baamwo ng'oyitira mu bibinja by'abantu abasinga obungi. Tandika okusabira ekitundutundu kino n'abantu baamwo. (Oyinza n'okwagala okwekenneenya ebibinja by'abantu bino kinnakimu. Kozesa essomo ery'omukaaga, "Okwekenneenya ekibinja ky'abantu")

3. Omuwendo gw'abantu bonna abali mu mawanga ag'enjawulo guli gutya? Mu kitundutundu kyonna?

AMAWANGA GANO N'EBIBINJA BAFANAGANYA KI?

Amawanga n'ebibinja by'abantu eby'enjawulo mu kitundutundu kino bali batya mu;

- Nkolagana
- Obuwangwa.
- Olulimi.
- Eddiini
- Ebyobufuzi.

Amawanga gano n'ebibinja by'abantu mu kitundutundu kino baawukana batya mu:

- Nkolagana
- Obuwangwa.
- Olulimi.
- Eddiini
- Ebyobufuzi.

EKITUNDUTUNDU KINO KIRI KITYA?

OKWEKENNEENYA OBUTONDE BW'ENSI:

1. Butonde bwa nsi kikaki obuyinza okulemesa okubuulira enjiri mu kitundu kino?
2. Butonde bwa nsi kika ki obuyinza okukozesebwa mu kubuulira enjiri mu kitundutundu kino?
3. Embeera y'obudde mu mawanga agamu mu mwaka nnungi olw'obuweereza mu kitundu kino?
4. Funa mmaapu olage embeera zino ezinakuyambako mu kutuukirira ekitundu.
 - a. Amawanga: Zuula amawanga ag'enjawulo mu kitundu kino. Mu buli ggwanga, zuula bino:
 - b. Ebibuga ebinene n'ebitono: Birambe ku mmaapu. Abantu bangi mu bibuga bino, era ojja kwagala n'okukolawo enteekateeka y'okubatuukirira.
 - c. Ebisaawe by'ennyonyi: Birambe ku mmaapu yo.
 - d. Bakozesa bisaawe bitono oba myalo: Birambe ku mmaapu yo.
 - e. Mawanga ki mu kitundu kino agalina eby'empuliziganya y'amasimu ne yintaneeti?
 - f. Mawanga ki agaliwo enkola y'okutambuza amabaluwa?
 - g. Mawanga ki agalina enguudo z'eggaali y'omukka ne zi mwasanjala ennungi.
 - h. Enguudo z'ebigere ziri luddawa? Zirage ku mmaapu yo.
 - i. Waliyo ku migga egisaabaza abantu ("okusaabaza" kitegeeza okuba ng'abantu basobola okuyitirako n'amaato). Girage ku mmaapu yo.

OKWEKENNEENYA ENKOLAGANA:

1. Okutwaliza awamu, mawanga ki mu kitundu kino agasinga okwaniriza "abagwira?" Kino bw'okimanya kijja kukuyamba okwetegekera okukkirizibwa kw'onoosangayo ng'ogenze n'enjiri.

Era osobola n’okwagala okutuukirira ddala amawanga ago agaaniriza abantu mu kitundu, okusooka mu nteekateeka yo ey’okubatuusaako enjiri.

2. Okutwaliza awamu, ani akwasaganya eby’ensimbi n’ebikozesebwa mu kitundu kino?

OKWEKENNEENYA OBUWANGWA:

1. Enzikiriza n’empisa:
 - a. Mpisa ki, nzikiriza ki oba nkola ki eziri mu kitundutundu kino eziyinda okukuyambako okubuulira enjiri?
 - b. Mpisa ki, nzikiriza ki oba nkola ki eziri mu kitundutundu kino eziyinda okuziyiza abantu okutegeera enjiri?
2. Enkola z’obuwangwa.
Mu kitundu kino mulimu ku nkola z’obuwangwa ezigaanibwa mu byawandiikibwa? Bwe kiba kityo, ze ziri wa? Olina okuzirwanyisa.
3. Ebyetaago:
 - a. Waliyo ebyetaago eby’awamu mu mawanga agali mu kitundu kino?
 - Emmere temala.
 - Eby’obulamu bibi.
 - Ebyenjigiriza bibi.
 - Ensulo z’amazzi mbi.
 - Eby’obutonde bizibu.
 - Ebyentambula bibi.
 - Ebyempuliziganya bibi.
 - Ebyensimbi tebimala.
 - Tebanguyira nkyukakyuka.
 - Waliwo okunyigirizibwa ebyobufuzi.
 - Ebirala.....

Bwe wabaayo ebyetaago ebifaanagana ng’ebyo mu kitundu kino. Osobola okukozesa ekyetaago ekyo n’obatuusaako enjiri.

- b. Byetaago ki ebirabika nga byafunibwa mu kitundu kino? Era by’ebiriwa bye batalina?

4. Eby’ensoma:

Abantu abali mu kitundutundu okusinga basomye kyenkana ki? Abamanyi okusoma n’okuwandiika benkana wa? Abantu bameka abasobola okusoma n’okuwandiika ennimi zaabwe z’onoobeera ng’okozesa mu kitundu kino? Kikulu okumanya bino kubanga oyinda okutegeteka ebintu mu kubuulira enjiri ate ng’abantu b’ekitundu tebasobola kusoma na kuwandiika.

Waliyo ekyetaago ekifaanagana mu by’ensoma by’ekitundu kyonna. Okugeza, mu g’ebyemikono, aga Ssekendule, aga waggulu oba amasomero aga Baibul? Enteekateeka z’ebyensoma y’emu ku ngeri gy’oyinda okutuukiriramu ekyetaago ky’ekitundu ku masomero.

5. Ebyempuliziganya:

- a. Lulimi ki olwandisinze okukozesebwa mu kubuulira enjiri mu kitundutundu kino? Oyagala kutuukirira muwendo gw'abantu ogusinga obunene mu kitundutundu kino? Kati londako olulimi abantu lwe basinga okukozesa.
Olulimi abantu lwe basinga okukozesa mu kitundutundu kino
lwe _____
Ennimi endala eziriba zeetagisa olw'okutuukirira abantu bano
mulimu _____
- b. Okukyusibwa kw'ebyawandiikibwa mu lulimi olumanyikiddwa kwenkana wa mu kitundutundu?
Endagaano empya: _____
Endagaano enkadde: _____
- c. Abantu abasinga mu kitundutundu kino basobola okutuukibwako okuyita mu:
- Mawulire (gakkiriza obulango bw'ekikristaayo?)
 - Ebiwandiiko ebikube (Abantu abasinga basobola okusoma?)
 - Laadiyo (Emikutu gikkirizaako eby'ekikristaayo?)
 - Ttivi (Emikutu gikkirizaako ebyobukristaayo?)
 - Obutambi bw'amaloboozi (Balina obusobozi bw'okufuna entambi zino?)
 - Entambi z'ebifaananyi (eggwanga lizirinako?)
 - Essimu (Abantu abasinga balina amasimu oba enkola za Yintaneeti?)
- g. Nkola ki y'empuliziganya esinga okukozesebwa mu kitundutundu kino?

EBIVA EBWERU:

1. Nkyukaakyuka ki ezizze mu ggwanga lino nga ziva ku nkola yaabwe ey'ebyobufuzi oba enkyukakyuka eri ku mulembe?
2. Enkyukakyuka zino ziyinza okukozesebwa mu kubuulira enjiri?
3. Mawanga ki agali ebweru w'ekitundu agayinza okulemesa okubuulira kw'enjiri? Era lwaki?

Toganyanga biragiyo na kuwakanyizibwa kukulemesa kuweereza mu kitundu ekyo Katonda ky'aba akuyitidde. Bw'oba nga tokkirizibwa kubatuukirira mu ngeri ezimu ng'okozesa enkola endala.

OKWEKENNEENYA EBYOBUFUZI:

1. Weekenneenye enkola y'ebyobufuzi mu kitundu kino, efaanagana etya n'eggwanga ly'ekitundu? Eyawukana etya?
2. Mawanga ki agalina enkola z'ebyobufuzi eziyinda okuziyiza okubuulira enjiri?
3. Mawanga ki agalina enkola z'ebyobufuzi eziyinda okuyambako mu kubuulira enjiri?
4. Biragiyo ki ebiri buli wamu nga biyinda okukuziyiza okubuulira enjiri?
5. Biragiyo ki ebya gavumenti ebiyinda okukuyambako mu buweereza bwo mu kitundutundu?
6. Abakulembeze b'ebyobufuzi abakulu be bali wa mu kitundutundu? Kibamanyiseeko oba ogezeeko n'okubakolako omukwano osobole okubaweererezaamu.

OKWEKENNEENYA EBY'OMWOYO:

1. Bibinja ki eby'eddiini ebisangibwa mu ggwanga lino?

2. Abantu balinga bameka abagobererwa buli kibinja eky'eddiini?
3. Ndwooza ki ey'awamu edda eri eggwanga lino ku by'enkyukakyuka y'eddiini ey'engeri yonna? Ekyokuddamu ku kibuzo kino biragiddwa okukuyamba okwetegekera okuwakanyizibwa okw'eddiini bw'oyinza okusisinkana.
4. Abagambibwa okuba Abakristaayo bali bameka?
5. Osobola okuzuula abakulembeze b'obukristaayo abakulu?
6. Okitwala nti ekitundu kiino:
 - Kyabuulirwangako enjiri.
 - Kyabuulirwako kitundu.
 - Kibuuliddwa ekimala.
7. Okutwaliza awamu okkiriza nga kino ky'ekiseera ky'okusigiramu enjiri mu ggwanga oba ekiseera ky'amakungula.
8. Kkanisa ki ez'obukristaayo oba enkola ebikozeseddwa naye ne biremererwa? Nsonga ki z'olwooza ezaabalemesa? Osobola okuyigira ku biremye abalala n'otokola nsobi z'ezimu.
9. Kkanisa ki ez'obukristaayo eziri mu kukolera mu ggwanga?
10. Ziriwa ku zino ezituukiridde era lwaki zituukiridde? Osobola okuyigira ku buwanguzi bw'ebinja bino. Naawe ojja kwetaaga okukolagana nabo mu kubuulira enjiri mu ggwanga lino.
11. Osobola otya okukwatagana n'obuweereza obulala obuliyo osobole okutuukirira eggwanga lino?
12. Bibinja ki eby'abantu abaweereza abaliyo gye bakolera?
13. Waliyo ku bibinja by'abantu mu ggwanga lino abatalina babuulizi ba Bukristaayo mu bo?
14. Waliyo ku nnimi ezitannatusibwako njiri ya bukristaayo?
15. Bika ki eby'obuweereza bw'obukristaayo ebiri mu ggwanga lino? Tokopperera oba tovuganya na nteekateeka za buweereza eziriyo bw'okola enteekateeka yo? Ekiruubirirwa kyo kwe kutuukirira abo abatatuukidwako n'enjiri.
16. Ndwooza ki eri mu bantu abali mu kitundutundu lino ku baweereza b'obukristaayo abali mu ggwanga?
 - Bakambwe.
 - Banjawulo.
 - Baamukwano.
17. Ekkalisa ezibuulira enjiri entuufu ziri mmeka mu kitundutundu kino?
18. Bakula kyenkana ki?
19. Bizibu ki bye basisinkana era lwaki?
20. Ziriwa mu zo eziwangudde era lwaki?
21. Waliwo obwetaavu bw'okutandika amakanisa amalala?
22. Osobola okumanya ab'amasaza n'amaanyi ga Sitaani agafugira mu kitundutundu kino? (ab'amasaza n'amaanyi ga sitaani bannyonyoddwa mu ssuula eyoomukaaga)

OKWEGEZAAMU

1. Wandika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Nnyonyola omutwe "ekitundutundu."

.....
.....
.....

3. Okwekenneenya ekitundutundu mubaamu ki?

.....
.....
.....

4. Obukulu bw'okwekenneenya ekitundutundu bwe buliwa?

.....
.....
.....

5. Ng'oggyeeko by'oyize mu ssomo lino, wamalirizza bulungi okwekenneenya ekitundutundu kino?

.....
.....
.....

6. Okozeeyo enteekateeka y'okukozesa by'oyize okusobola okubuulira enjiri mu kitundu kino kyonna?

.....
.....
.....

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

Enteekateeka eno eya (REAP), eja kukuyambako okutuukiriza ekiruubirirwa kyo eky'okubuulira enjiri eri amawanga mu nsi:

R- (Region: Ebitundutundu) - Gabanya ensi yonna mu bitundutundu ebikolebwa obutonde bwensi obw'amaanyi. Lodayo ebitundutundu ebyo.

E- (Every nation: Buli ggwanga) – Buli ggwanga mu kitundutundu liteekwa okutuukirirwa. Addukanya emirimu mu ggwanga alina okulondebwa mu buli ggwanga g'ali wansi w'abatwala ebitundutundu.

A – (Areas within nations: Ebitundu ebiri mu mawanga) – Olw'enjawulo mu buwangwa, ennimi n'obutonde bw'ensi mu mawanga, buli ggwanga lirina okugabanyizibwamu ebitundu okusenziira ku mbeera zino. Omukiise w'ekitundu ajja kubeera wansi w'addukanya emirimu gy'eggwanga.

P – (People groups: Ebibinja by'abantu) – Abaminsani b'omulembe guno balabye okusoomoozebwa mu bibinja by'abantu ebitannatuukibwako. Ekibinja ky'abantu kiyinza okukiikirirwa kalabalaba w'ekibinja.

Enteekateeka y'ekitongole egoberera enteekateeka zaakyo nga bwe zaaweebwa Mukama waffe Yesu Kristo:

Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yersaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)

Enteekateeka ya Yesu mulimu ebitundutundu, buli ggwanga, ebitundu n'ebibinja by'abantu:

Ekifo:

- Enkomerero z'ensi.
- Samaliya.
- Buyudaaya.
- Yerusaleemu.

Omukiise w'a:

- Ebitundutundu.
- Buli ggwanga.
- Ekitundu ekyetoolodde Yerusalemu.
- Ebibinja by'abantu.

ESSUULA EY'EKKUMI

OKWEKENNEENYA EKITONGOLE KY'OBUKRISTAAYO EKIRIWO

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunyonnyola ki kwekenneenya kw'ekitongole ky'obukristaayo kyekyetaagisa.
- Okuzuula obukulu bw'okwekenneenya ekitongole ky'obukristaayo.
- Okwekenneenya ekitongole ky'obukristaayo ekiriwo.
- Okukozesa ebiva mu kwekenneenya bikuyambe okutuukiriza ekiruubirirwa kyo mu nteekateeka ya Katonda.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Alina amatu awulire Omwoyo ky'agamba Ekkansa ezo. (Okubikkulirwa 2:29)

ENNYANJULA

Abakkiriza bonna abatuufu nga bazaalibwa omulundi ogw'okubiri kitundu ku mubiri ogumu omutuufu ogw'ekkanisa eyitibwa omubiri gwa Kristo:

Bwe tutyo ffenna twabatizibwa mu Mwoyo omu, ne tufuuka omubiri gumu... (1 Abakolinso 12:13)

(Yokaana 3 anyonnyola ku "ku kuzaalibwa omulundi ogw'okubiri" okwa Mwoyo Mutukuvu)

"Omubiri gwa Kristo" guno oba ekkansa gutekebwa mu ngeri ez'enjawulo okwetooloola ensi yonna. Waliyo amakanisa mangi, abaminsani, ebiwayi by'enzikiriza, n'ebitongole by'obukristaayo. Ebitongole bino byakulaakulanyizibwa okutuukiriza obulungi ebiruubirirwa by'ekkanisa ku mutendera ogwa wansi. Mu ssomo lino ojja kuyiga engeri yokwekenneenyamu ebitongole by'obukristaayo bwe bityo.

OBULULU BW'OKWEKENNEENYA EKITONGOLE

Nteekateeka ya Katonda ekkansa ebeere eggye ery'omwoyo eribunyisa enjiri eri amawanga g'ensi:

Katonda eyatonda ebintu byonna yayagala nnyambe buli muntu okutegeera ebyekyama ebyali bikwekeddwa mu Katonda.

Katonda yakigenderera atyo, ng'ayita mu kkanisa, alyoke yeeyoleke eri amaanyi n'obuyinza ebiri mu nsi ey'omwoyo eya waggulu, ng'abalaga nga bw'alina amagezi amangi ag'ebika eby'enjawulo.

Katonda yakola bw'atyo ng'enteekateeka ye ey'emirembe n'emirembe bw'eri, gye yatuukiriza mu ebyo byonna Kristo Yesu Mukama waffe bye yakola. (Abafeeso 3:9-11)

Baibuli ekiraga nti abakozi ab'omwoyo olw'okutuukiriza ekiruubirirwa kino batono:

N'agamba abayigirizwa be nti, "Eby'okukungula bingi nnyo, naye abakozi abakungula batono. (Matayo 9:37)

Abakukolera bwe babeera abatono, awo oteekwa okutegeka mu ngeri esinga obulungi okusobozesa ekkansa okutuukiriza ekiruubirirwa kyayo eri ensi yonna.

Weekenneenya ebitongole by'obukristaayo olw'ebiruubirirwa bino wammanga:

1. Okuzuula ekiruubirirwa ky'ekitongole, katundu akaawufu mu kutuukiriza omulimu gw'ekkanisa ogw'okubuulira enjiri.
2. Okumanya okutuukirira kw'ekitongole mu kiseera ekyo. Ngeri ki gye kituukirizzaamu ekiruubirirwa? Ngeri ki gye kiwangudde? Era kiremereddwa kitya?
3. Okukola enteekateeka z'ekitongole okusobola okutuukiriza obulungi omulimu ogwakiweebwa Katonda.
Bw'obeera ekitundu ku kitongole kyonna, kye weekenneenya, ojja kumanya ky'olina okuyambako mu kutuuka ku kiruubirirwa kyakyo.

EBIBERAMU

Okweekenneenya ekitongole kubeeramu okusoma ekiruubirirwa, enteekateeka, obusobozi, obunafu, obwebulungulule, ebikozesebwa n'entegeka.

ENGERI Y'OKUFUNAMU OBUBAKA

Osobola okufuna obubaka bw'okweekenneenya kwo okuyita mu:

SSAALA:

Saba Katonda akulage bye weetaaga okumanya ku kitongole

OKUSOMA EBIWANDIIKO:

Osobola okusoma ebitabo n'ebiwandiiko ebirala ebikwata ku kitongole. Olukalala lw'eyo gy'oyinza okuggya obubaka buno buli mu kitundu ky'ekitabo kino ekiyitibwa "okujuliza."

WEKKAANYE:

Ng'omuntu wekkaanye ekitongole. Laba bammemba baakyo n'abakulembeze nga bwe bakola omulimu gw'obuweereza gwe bawulira nga Katonda gwe yabayitira.

OKUBUZA EBIBUZO:

Buza ebibuza ku bakulembeze ne bammemba b'ekitongole.

OKWEKENNEENYA EKITONGOLE

Bino by'ebimu ku bintu by'olina okusoma nga weekenneenya ekitongole:

EKIRUUBIRIRWA:

1. Ekitongole ekyo kirina engombo y'ekiruubirirwa empandiike? Eno ebeera yawandiikibwa ng'ennyonyola ekiruubirirwa eky'e kitongole. Si fhombo eraga ekitongole kye kikkirizzaamu, ebeera fhombo eraga lwaki weekiri. Ekiruubirirwa kyakyo eky'enjawulo kye kiriwa?
2. Bammemba baakyo bategeera bulungi ekiruubirirwa? (Okukizuula weebuuzze ku ba mmemba b'ekitongole: "Ekiruubirirwa ky'ekitongole (ekkanisa) kino ky'ekiri wa?")
3. Bammemba bategeera ekitundu kyabwe mu kutuukiriza ekiruubirirwa ky'ekitongole?
4. Ekitongole kituukiriza ekiruubirirwa kyakyo? Kigezaako okutuukiriza ekyo kye kirowooza nga Mukama kye yayagala bakole?
5. Ngeri ki ekiruubirirwa ky'ekitongole gye kikwataganamu n'ekiruubirirwa kya Katonda? (Osobola okusoma ku kiruubirirwa kya Katonda mu Abaefeso 1:9-11 ne 3:9-11)

ENTEKATEEKA:

1. Ekitongole kirinayo entekateeka empandiike?
2. Entekateeka ezo zikwatagana n'ekiruubirirwa ky'ekitongole? Buli ntekateeka yonna eriwo kutuukiriza kiruubirirwa kya kitongole?
3. Entekateeka ziraga ekyo ekirina okukolebwa, era ani, na ddi?
4. Entekateeka empandiike kisobozesa okumanya bwe zibeera zituukiridde?
5. Ekitongole kikola enkiiko z'okuteekateeka? Bateekawo ku budde bw'okusaba n'okunoonya okulunganya kwa Katonda?
6. Ani ateekerateekera ekitungole?

OBUSOBOZI:

Weekenneenye obusobozi bw'ekitongole kiki kye kikoze obulungi? Kirungi ki ekiri mu nsengeka y'ekitongole ekyo kati?

OBUNAFU:

Weekenneenye obunafu bw'ekitongole. Wa we kiremererwa? Wa we kyetaaga okuterezaamu?

OBWEBULULUNGULULE:

1. Ekitongole kikolera mu kitundu kirabika kitya? (Kiweereza eri ekibinja ky'abantu eky'etongodde, ekitundu, eggwanga, oba ekitundutundu ky'ensi?)
2. Ekitongole kiyize bulungi obwebulungulule obwo? Kyekenneenyezza abantu, ekitundu, eggwanga oba ekitundutundu mwe kiweereza?
3. Bintu ki mu bwebulungulule ebinyinza okukyuka mu myaka egiddako emitonotono?
4. Bintu ki ebinaasigala ky'ekimu?

EBIKOZESEBWA:

Abantu, ensimbi, n'ebirala ebikalu by'ebisatu ebisinga obukulu mu kitongole.

1. Abantu: Bano be bali mu kitongole. Webuuze ebibuuzo bino:
 - a. Abantu b'ekitongole kino beenyigidde mu kuzozesa ebirabo byabwe basobole okutuukiriza omulimu gw'obuweereza?
 - b. Buli muntu ategeera kyali mu nteekateeka ya Katonda?
 - c. Bwe baba balina ebifo mu kitongole bategeera emirimu n'obuvunaanyizibwa bwabwe?
 - d. Waliyo ku mpuliziganya ennungi wakati w'abakulembeze n'abantu?
 - e. Waliyo obwetaavu bw'abakozi abalala? Bwe kiba kityo, mu bifo ki?
 - f. Waliwo enkolagana ennungi wakati mu bantu abo n'eri abakulembeze? Bwe wataba, bizibu ki ebiriwo? Waliwo obwetaavu bw'okulungamizibwa mu byawandiikibwa oba abantu abayinza okumalawo obuzibu obwo?
 - g. Abakulembeze b'ekitongole bagoberera enkola za Baibuli eza "Abaweereza ng'abakulembeze?" (Olusoma Iwa Harvestime International Institute oluyitibwa, "Ennono z'obuwanika obwa Baibuli," lunnyonyola bulungi kino)
 - h. Abantu abali mu kitongole bafunye okutendekebwa okumala olw'obuweereza bwe bagenda okukola? Banditegekeddwa batya obulungi?
 - i. Abantu bategekeddwa batya? Waliwo enteekateeka yonna ey'okubategeka olw'okutuukiriza ekiruubirirwa kya Katonda? Bwe kiba ng'abakozi batono, awo balina okutegekebwa mu ngeri esingayo obulungi okusobola okukungula amakungula.
 - j. Ebitongole ebimu birina ebisaanyizo bya ba mmemba, n'omutindo abaweereza bwabwe gwe balina okubeerako bwe baba baagala okubeegattako. Ekitongole bwe kibeera ne bammemba (okugeza obw'ekkanisa). Ebisaanyizo ebyo biri mu Baibuli? Abantu abaliwo babigoberera?
2. Eby'ensimbi:

Kyetaagisa ensimbi okukola omulimu gwa Katonda. Tulina obuvunaanyizibwa bw'okuwanika ensimbi n'ebirabo by'omwoyo. Buuza ebibuuzo bino:

 - a. Waliwo embalirira empandiike? Embalirira y'enteekateeka gy'ojja okugoberera okufulumya ssente z'ofunye. Enteekateeka bw'etyo ebeera ya Baibuli (Laba Luka 14:28-30)
 - b. Ekitongole kigoberera enteekateeka eno?
 - c. Ekitongole kikozeza kitya ensimbi Katonda z'akyesigisizza? Ensimbi zandikozezeddwa zitya okusobola okutuukiriza ekiruubirirwa eky'obwakabaka bwa Katonda?
 - d. Waliyo alipoota ya buli mwezi oba alipoota y'ebyensimbi eya buli mwaka? (Embalirira ebeera enteekateeka gy'olina okusaasaanyizaako ssente. Ekolebwa essence tezinnasaasaanyizibwa. Alipoota y'ebyensimbi eraga engeri ensimbi gye zaasaasaanyizibwamu)
 - e. Ekitongole bwe kiba nga kiri mu kibuga, kirina akawunti mu bbanka?
 - f. Waliwo omuntu eyaweebwa era eyatendekebwa ku nkwata y'ebyensimbi okutegeka abalina embalirira n'alipoota y'ebyensimbi?

- g. Ekitongole kituukiriza eby'etaago bya gavumenti ebikwata ku by'ensimbi (Okugeza, alipoota eri gavumenti eya buli mwaka, emisolo n'ebirala)
 - h. Mutemwa ki ogw'embalirira ogudda eri okubuulira enjiri (Okubuulira kw'enjiri kwennyini)?
 - i. Ekitongole kirina ennono za Baibuli ze kityoboola ku bikwatagana n'ensimbi?
 - j. Ekitongole ensimbi zi kiggya wa? Waliyo ensulo empya eziyinza okukulaakulanyizibwa?
 - k. Mabanja ki ageetaaga okumalawo?
3. Ebikozesebwa ebirala.
- Ebikozesebwa mu kitongole ebirala mulimu ebizimbe n'ebintu ebikalu ku lw'omulimu gw'obuweereza: Buuzi ebibuuzo bino:
- a. Bizimbe ki ebiriwo kati ebikozesebwa oba nga bya kitongole? Bimala ku lw'enteekateeka z'ekitongole? Ebizimbe ebyo biyinza kuloongosebwa bitya?
 - b. Bintu ki ebirala ebiyinza okwetaagibwa gye bujja mu kitongole okusobola okutuukiriza omulimu gwakyo ogw'obuweereza?
 - c. Bwe wabaawo omutindo gw'enzimba ogwa gavumenti, ebiriwo bituukana nagwo. Bintu ki ebyetaaga okutereezebwa? (Okugeza ebiragiro ku muliro, emiryango, n'ebiyetaagisa olw'okwerinda n'ebirala...)
 - d. Kola olukalala lw'ebikozesebwa nga bya kitongole, olukalala luno lwe luyitibwa: "Ebintu ebikozesebwa." Ebintu ebimu byetaaga okutereezebwa oba okuzibwawo?
 - e. Bintu ki ebirala ebiyetaagisa okutuukiriza obulungi ekitundu kyabwe mu nteekateeka ya Katonda?
 - f. We kyetaagisa wonna, ekitongole kirina yinsuwa okuzzaawo ebiba byonooneese nga ebizimbe n'ebintu ebirala?
 - g. We kyetaagisa wonna, muwendo ki ogwetaagisa okuteekamu ebigeri by'ebbugumu, obunnyogovu n'okuteekamu amasanyalaze mu kizimbe.
 - h. We kyetaagisa wonna, waliwo ku kabanga k'awayinza okusimbibwa emmotoka oba ebidduka?

ENTEGEKA:

Entegeka zino by'ebiteekeddawo okuwanirira omulimu gw'ekitongole ogw'obuweereza:

1. Ntegeka ki ez'obuweereza eziyambako mu kutuukiriza ekiruubirirwa ky'ekitongole? Ziriwa ezitakoze?
2. Ntegeka ki eziyambako mu kutuukiriza ekiruubirirwa kya Katonda eky'okubuulira enjiri eri amawanga gonna? Era ziriwa ezitakoze?
3. Ntegeka ki eriwo kati eyeetaaga okutereezebwa eyinza okubeera ng'etuukiridde nnyo? Era ziriwa ezitakoze?
4. Ntegeka ki ezetaaga okuleka?
5. Ntegeka ki empya ezeetaaga okutwalibwa nga zijja kuyamba ekitongole okutuuka ku kiruubirirwa kyakyo?
6. Waliyo ku ntegeka zonna ekitongole ze kyenigiddemu ezikontana n'ennono z'ebyawandiikibwa?
7. Waliyo ku nteekateeka eziyambako ba mmemba b'ekitongole okukula mu by'omwoyo?

EBINTU EBIGWA TEBIRAZE:

1. Ekitongole kirina efhombi y'enjigiriza? Eno ebeera fhombi eyawandiikibwa ku ekyo ekitongole kye kikkirizaamu nga kijuliza okuva mu Baibuli buli fhombi gye kikkiriza.
2. Bizibu ki ebirala ebitagiddwa mu kwekenneenya kuno ebyetaaga okuterezebwa?
3. Ngeri ki ekitongole kino gye kicolaganamu n'ebitongole by'obukristaayo ebirala? Waliwo obuzibu bwonna? Bwe kiba bwe kityo, by'ebiri wa?
4. Bw'obeera mmemba wa kitongole kyonna, olina kifo ki mu kyo? Okozesa ebirabo byo eby'omwoyo? Kiki ky'okola okuyambako okutuuka ku kiruubirirwa kya Katonda?

TEEKA MU NKOLA EBIVUDE MU KWEKENNEENYA KWO

Oteekwa okuteeka mu nkola ebivude mu kwekenneenya kwo kusobole okubeera nga kutuukiridde. Eno y'engeri y'okukikolamu.

EKIRUUBIRIRWA:

1. Bwe watabaawo fhombi mpandiike ku lwaki ekitongole weekiri, onoomanya otya nti kituukiridde oba nedda? Kolagana n'abakulembeze b'ekitongole mulabe nga muwandiika engombo y'ekiruubirirwa. Fuba okulaba nga engombo eyo erimu ekiruubirirwa kya Katonda eky'okubuulira enjiri eri amawanga gonna n'okuleeta ebintu byonna mu Kristo.
2. Okuyambibwako okokola engombo y'ekiruubirirwa, sooka olabe essuula eyeekumi n'emu ey'olusoma luno ofune n'ekitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, "obuwanika bw'ebigendererwa."
3. Bw'obeera n'engombo y'ekiruubirirwa, kakasa nti buli mmemba w'ekkanisa oba ekitongole ategeera ekiruubirirwa ekyo. Nnyonnyola ekiruubirirwa ky'ekitongole n'omulimu gwa buli mmemba mu kutuukiriza ekiruubirirwa.
4. Ekitongole bwe kiba n'engombo y'ekiruubirirwa tegeka engeri gye kiyinza okutuukiriza ekiruubirirwa Katonda ky'abayitidde.

OBUSOBOZI:

Weekenneenye olukalala lw'ebyo bye muzudde nti musobola. Bino biyinza bitya okukozesebwa okusobola okutuukiriza ekiruubirirwa kya Katonda mu kitongole? Biriwa ebyinza okuyambako mu kutuukirira ensi n'enjiri?

OBUNAFU:

Weekenneenye olukalala lw'obunafu bw'ozudde. Katonda asobola kukoleramu atya n'alaga amaanyi ge? Nnono ki eza Baibuli eziyinza okutekebwa mu nkola ku lw'obunafu obwo?

OBWEBULUNGULULE:

Ekitongole bwe kiba nga tekyekenneenyezza bwebulungulule, kola okwekenneenya kw'abantu, ekitundu, eggwanga oba ekitundutundu ky'ensi gye kiweereza. Oteekwa okumanya oyo gw'oweereza nga tonnaba kumutuukirira.

Kozesa okwekenneenya kw'ebintu ebiyinda okukyusa era n'ebiyinda okusigala nga obwebulungulule buli ky'ekimu mu myaka etaano egijja okole enteekateeka. Okugeza: Bwe wabaawo entegeka y'okuzimba ennyumba okumpi n'ekkanisa, kino kikwata ku kukyuka kw'obwebulungulule mwe baweereza. Enteekateeka erina okukolebwa okwenkyukakyuka eno olw'okubuulira enjiri.

EBIKOZESEBWA:

Olusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa, "Obuwanika bw'ebigendererwa," lujja kukuyamba okukola enteekateeka mu bintu bino.

1. Abantu:

- a. Kola enteekateeka y'okufuna abantu mu kitongole kino okozese bulungi ebirabo byabwe eby'omwoyo olw'omulimu gw'obuweereza.
- b. Abantu bwe baba tebategeera kye bali mu nteekateeka yonna oba emirimu n'obuvunaanyizibwa, kino kyetaaga okuterezebwa. Kola enteekateeka y'ekitongole.
- c. Bw'eba empuliziganya wakati w'abakulembeze n'abantu mbi, kolayo enteekateeka y'okugirongoosa.
- d. Waliyo obwetaavu bw'abakozi abalala mu kitongole, tandika okuyingiza abakozi n'okubatendeka olw'obuweereza.
- e. Bwe waba nga waliwo enkolagana embi mu bantu bennyini oba bo n'abakulembeze, kola ku buzibu bw'ozudde. Osobola otya okutereza obuzibu obwo? Ennono z'empisa eziragibwa mu Matayo 18 zeetaaga okutekebwa mu nkola? Okwebuulirira kw'omuntu kuyinda kukolebwa kutya okugolola ebizibu bino?
- f. Abakulembeze bwe baba nga tebagoberera nkola za Baibuli, "Abakulembeze abaweereza." Ekitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, "Ennono z'obuwanika obwa Baibuli," kijja kuyambako mu kitundu kino.
- g. Abantu mu kitongole bwe baba tebanafuna kutendekebwa kuweereza okwo kwe bakola, teekawo entegeka ey'okubatendeka. Weebuuzi, "Ani yeetaaga okutendekebwa obulungi? Beetaaga kutendekebwa mu ki?" Tandikawo okutendeka osobole okutuukirira ebyetaago bino.
- h. Bwe wabaawo ebyetaago by'obwa mmemba mu kitongole nga si bya Baibuli, byetegereze.

2. Ebyensimbi:

- a. Bwe wabaawo embalirira empandiike, tegekawo emu.
- b. Ekitongole bwe kiba nga tekigobererwa mbalirira yaakyo nga bwe yawandiikibwa, olwo nno ddamu owandiike embalirira eyinda okuggya mu nsaasaanya yammwe.
- c. Keendeeza ebintu mwe musaasaanyiza ennyo bye mwazuula.
- d. Kolayo embalirira ey'omwezi n'alipoota eraga ensaasaanya y'ensimbi mu bufunze.

- e. Ekitongole bwe kibeera mu kibuga, teekawo akaawunti ya bbanka era osabe bbanka ekuyambeko okuteeka mu nkola ennungamu ey'okubalirira ensimbi z'ekitongole.
 - f. Tuma era otandikyeo omuntu anaakumanga ebiwandiiko by'ebyensimbi mu ngeri ey'obwesigwa era entegeka obulungi.
 - g. Ekitongole bwe kiba nga tekituukiriza bisaanyizo bya gavumenti mu by'ensimbi, kino kitereezeewo. Waayo alipoota zonna ezeetaagisa, emisolo n'ebirala eri gavumenti.
 - h. Ekitongole bwe kiba kivvoola ennono za Baibuli mu ngeri yonna ku by'ensimbi, bitereze mu bwangu.
 - i. Zuula engeri z'okwongera ku mutemwa gw'okubuulira enjiri mu mbalirira eyo (Okubuulirira ddala enjiri).
 - j. Zuulayo ku nsulo z'ensimbi empya eziyinda okukulaakulakulanya ekitongole kino.
 - k. Kolayo entegeka ey'okwewala amabanja mu kitongole.
3. Ebikozesebwa ebirala:
- a. Kola olukalala lw'ebintu ebyetaaga okulongoosa okugeza, ebyetaago okulongoosa, langi, obubonero, obupya, okulongosebwa, n'ebirala. Tegeka anaakola ki era ddi?
 - b. Teekateeka ebintu ebyetaagibwa ebipya. Tofa ku butono bwa kitongole na bwavu buli mu bantu, olw'okukkiriza, kola enteekateeka z'okusisinkana ekyetaago kino ng'oyambibwa Katonda.
 - c. Ebintu ebyo bwe biba tebituukana na mutindo gwa gavumenti yonna gye bisangibwa, kola ekyetaagisa otereze omutindo gwabyo.
 - d. Tereza oba longoosa ebikozesebwa ebyayonooneka.
 - e. Mutandike okuterekera ekitongole ebintu ebijja okuyambako mu kutuukiriza ebiruubirirwa ebimu gye bujja.
 - f. We kisoboka, mufunire ebintu ebyetaaga yinsuwa bisobole okuzzibwawo bwe wabaawo okwonoonebwa kwabyo.
 - g. We kisoboka, muteekemu ku miwendo gyebikozesebwa ebirala (Okukuuma ebbugumu, obunnyogovu, amasanyalaze)

OKUTEKATEKA:

1. Bwe watabaawo nteekateeka mpandiike, tuukirira abakulembeze abakulu mu kitongole akole enteekateeka.
2. Bwe wabaawo enteekateeka empandiike nga naye tezituukiridde sisinkana abakulembeze mukoleyo empya.
3. Enteekateeka zirina okuba:
 - Zikwatagana n'ekiruubirirwa kya Katonda.
 - Zikwatagana n'ekiruubirirwa ky'ekitongole.
 - Laga ekirina okukolebwa:
 - Ani?
 - Ddi?
 - Bwe kiba kyetaagisa, teekamu n'omuwendo.
 - Ziwandikiddwa zisobole okwekenneenyebwa ekitongole.

- Zirimu engeri y'okuteeka obusobozi mu nkola mu kitongole.
- Zirimu emitendera gy'okulongoosa ebikozesebwa.
- Zirimu emitendera gy'okutegeka obuweereza.

ENTEGEKA:

1. Soma entegeka z'obuweereza ezitaleetawo kiruubirirwa kya njawulo mu kitongole. Zisobola kukolebwa zitya okutuukiriza ekiruubirirwa? Ziyinza okwewalibwa?
2. Soma entegeka eziriwo ezitayamba mu kutuukirirwa kiruubirirwa kya Katonda eky'okubuulira enjiri eri amawanga gonna. Ziyinza okuddamu okutereezebwa okutuukiriza ekiruubirirwa kye? Bwe kiba nedda, entegeka zino muzeereze.
3. Mukole entegeka z'okutereeza ebintu by'ekitongole. Kola olukalala lw'ebyo ebyetaaga okukolebwa ani era ddi?
4. Mukole enteekateeka y'okutandikawo ebintu ebijja okuyamba ekitongole okutuuka ku kiruubirirwa eky'enteekateeka ya Katonda.
5. Muleke entegeka zonna ekitongole ze kyeniyigiramu ezikontana n'ennono za Baibuli.
6. Bwe watabaawo nteekateeka ziyamba mu kukula mu by'omwoyo eri ba mmemba b'ekitongole, tandikawo emu. Ekitongole bwe kiba kya kutuuka ku kiruubirirwa kyakyo, musooke mukole ku kukula kwa ba mmemba okw'omwoyo. Muteeketeke ekiseera ky'essaala, okusinza, okusoma Baibuli, n'obuweereza obulala.

EBIGWA TEBIRAZE:

1. Bwe watabaawo hjombo y'enjigiriza, sisinkana abakulembeze muteekewo emu mu buwandiike. Abantu beetaaga okumanya ekyo ekitongole kye kikkiririzaamu n'ebijuliza ebya Baibuli ku nzikiriza ezo. Olusoma olwa Harvestime International Institute oluyitibwa, "*Obuwanika obw'ebigendererwa*" mwe muli eky'okulabirako eky'engombo y'enjigiriza.
2. Bintu ki ebirala ebitalaga by'ozudde nga nabyo byetaaga okutereezebwa? Birage okole n'entekateeka y'okubikolako.
3. Kola enteekateeka y'okusinsinkana ku bitongole ebirala ebiri mu kitundu olw'ekiruubirirwa eky'okubuulira enjiri. Osobola otya okukendeeza ku buzibu obuliwo ne mukolera wamu omulimu gwa Katonda.
4. Bw'obeera mmemba wa kitongole kye weekenneenya, onookozesa otya ebirabo byo eby'omwoyo n'okutuukiriza ekiruubirirwa kya Katonda eri ekitongole kino?

OKWEKEBERA MU KITONGOLE

Waliyo ebibuuzo bingi ekitongole bye kiyinza okwebuuzo mu kumanya nga kyeteefuteefu okuweereza oba nedda eri abantu abamu. Bino by'ebimu ku bibuuzo by'oyinza okubeera nabyo:

1. Tulina okumanya okumala ku bantu bano? Tubategeera bulungi ddala?
2. Tulinawo obubaka obumala? Tukoze okunoonyereza okumala?
3. Twatandika dda okukolera mu nsi eno?
4. Bwe tuba nga tukolera mu nsi eno, tuzudde obuzibu obuli mu kukolera mu ggwanga lino?

5. Twali tukozeeko n'abantu ab'ekika ekyo, nga bafaanaganya obuwangwa? Kiki kyetukiyigiddeko? Twali tutuukiridde? Bwe tuba nga twali tetuukiridde, kiki ekitulwoozesa nti tujja kuba nga tutuukiridde?
6. Tulina abantu abali awo, oba waliyo be tulina okutendeka?
7. Tulina obukulembeze obw'abakoze obulungi abagenda okukola?
8. Ekibinja kyandibadde kyenkana ki kye tulwoozesa nti ky'ekirina okutuukirira abantu bano?
9. Bbanga ki kye linaatwala okutandikawo ekkansa?
10. Osuubira kinaatwala bbanga ki ekkansa eyo okubeera n'obusobozi bw'okutuukirira abantu mu kibinja kyayo?
11. Tulina obusobozi bw'okugaziya ekitongole kisobole okukolayo ebintu ebirala? Tuleke emirimu gyetukola kati? Guna mukisa gwaffe tuveeyo?
12. Tusubire obuyambi okuva eri abo abatuwa obuyambi bw'ensimbi?
13. Tujja kusobola okuwuliziganya olw'ekyo kye tukola olwo tukole essaala eyeetaagisa?
14. Ensengeka yaffe esobola okusisinkana ekyetaago ekiyamba oba tulina okukyusaamu? Tulina obusobozi bw'okukyusa?
15. Tunaabera n'obusobozi bw'okukolagana n'abalala abakolera mu nsi eyo oba n'abantu? Onooyanirizibwa ekkansa eriyo oba abantu abalala abaliyo?
16. Waliyo ekitongole ekirala ekiyamba okukola omulimu gwe tukola? Lwaki ffe? Tutegedde bulungi mwoyo ky'agamba?
17. Katonda kituufu ayise ffe ku lw'abantu bano?

OKWEGEZAAMU

1. Wandika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Ebirubirirwa by'okwekenneenya ekitongole ky'obukristaayo by'ebiri wa?

.....
.....
.....

3. Okwekenneenya ekitongole kulimu ki?

.....
.....
.....

4. Ng'ekitundu ky'essomo lino, omalirizza bulungi okwekenneenya ekitongole ky'obukristaayo?

.....
.....
.....

5. Okoze enteekateeka gy'onookozesa ebyo by'oyize biyambeko ekitongole okubuulira enjiri eri amawanga g'ensi?

.....
.....
.....

(Ebidibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

Soma Okubikkulirwa 1:10-3:22. Essuula zino ziraga okwekenneenya kwa Katonda okw'ekkanisa ez'e Asiya. Maliriza ekipande kino:

Ekkalisa we yali. Obusobozi. Obunafu. Enteekateeka ya Katonda ey'okulongoosa.

Efeeso:

Sumiina:

Pagamoosi:

Tayitira:

Sadiisi:

Firadefiya:

Lewodeesiya:

ESSUULA EY'EKKUMI N'EMU

ENGERI Y'OKUTEEKATEEKA

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okuzuulayo eby'okulabirako bibiri eby'omubiri ebiraga engeri abakkiriza gye balina okufugamu obwebulungulule obw'omwoyo.
- Okunnyonyola ekigambo "ekiruubirirwa."
- Okunnyonyola ekigambo "ebigendererwa."
- Okuleetayo emitendera etaano egy'okukola enteekateeka ennungi.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Awo abaali bazirunda ne badduka mangu ne bagenda bategeeze ab'omu kibuga ne mu byalo ebiriraanyeewo. Abantu bangi ne bajja okulaba ebibaddewo. (Matayo 5:14)

ENNYANJULA

Amasomo g'olusoma luno gakulungamizza mu bika by'okwekenneenya obwebulungulule obwenjawulo. Oyize okwekenneenya obwebulungulule bwo ng'omuntu, n'obwebibinja by'abantu, ebitundu, amawanga, ebitundutundu, n'ebitongole. Essomo lino likakasa nti okwekenneenya obwebulungulule kyokka tekimala. Oteekwa okukozesa by'oggye mu kwekenneenya obuulire enjiri.

Mu nsi ey'omubiri, osobola okusoma ku nnimiro y'efhjaano eyengedde okumanya ekika kyayo n'enkola y'okukungulu. Naye okuleka ng'otadde mu nkola ebyo by'oyize.... N'okukungula efhjaano ennungi ejja kuzikirira mu nnimiro. Kino ky'ekimu ne mu nsi ey'omwoyo.

OKUKOMA KU BWEBULUNGULULE

Ng'abakkiriza, mulina okukoma ku bwebulungulule bw'ensi mwe mubeere ekitangaala oba omunnyo. Yesu yagamba nti ye kitangaala ky'ensi:

Naye Yuda Isukalyoti, omu ku bayigirizwa ba Yesu, eyali ow'okumulyamu olukwe, n'agamba nti.

Lwaki amafuta ago tegatundiddwamu eddinaali ebikumi bisatu ne zigabirwa abaavu?"

Yayogera bw'atyo si lwa kuba nti yali alumirwa nnyo abaavu, wabula Lwa kubanga yali mubbi. Yatwalanga ensimbi ezaaterekebwanga mu nsawo y'ensimbi. (Yokaana 12:4-6)

Ekitangaala kya Yesu kyalaga ekkubo okuva mu bulamu bw'ekizikiza ky'ekibi eri ekitangaala eky'ekitiibwa ky'obulokozi:

Kubanga Katonda oyo ye yagamba nti, “Omusana gwake mu kizikiza,” ye yayaka mu mitima gyaffe, okuleetera abantu ekitangaala eky’okumanya ekitiibwa kya Katonda ekirabikira mu Yesu Kristo. (2 Abakolinso 4:6)

Yesu yagamba abakkiriza nti balina okukola ng’ekitangaala ky’ensi:

Mmwe muli musana gwa nsi. Ekibuga tekikwekebwa ku lusozi.

Era omuntu takoleeza ttabaaza ate n’agisaanikirako ekibbo, wabula agiteeka ku kikondo n’emulisiza bonna abali mu nju.

Kale nammwe ebikolwa byammwe ebirungi byakirenga abantu bonna, babirabenga, bagalumize Kitammwe ali mu ggulu. (Matayo 5:14-16)

Mu nsi ey’omubiri, ekitangaala kiyamba abantu okulabira mu kizikiza. Kibalungamya eri oluguudo kwe batambulira. Kibayamba n’okumaliriza omulimu gwabwe. Abantu basomera, bayigira ne batendekebwa mu kitangaala.

Mu nsi ey’omwoyo, abakkiriza balina okukola ebyo bye bakozesa ekitangaala eky’omubiri. Tulina okutangaalira mu nsi ejjudde ekibi okusobozesa abantu abaabulira mu kizikiza okulaba ekkubo eribatwala “eka” eri okulokolebwa kwa Yesu Kristo. Ekitangaala kyo eky’omwoyo kijja kuyamba abakkiriza abakwetoolodde okutuukiriza obuweereza bwabwe. Abantu bajja kusikirizibwa okuyiga Katonda olw’okwakaayakana kw’ekitangaala ekyo eky’omwoyo.

Yesu era yagamba omukkiriza nti alina okubeera omunnyo gw’ensi:

Mmwe muli munnyo gwa nsi. Naye kale bwe guggwaamu obuka, guliba munnyo nate? Olwo gukasukibwa ebweru ne gulinniyirirwa n’ebigere, nga tegukyalina mugaso gwonna. (Matayo 5:13)

Mu nsi ey’omubiri, omunnyo gukozesebwa okuwoomya n’okukuuma emmere nga tevunze. Guwonya n’amabwa. Mu nsi ey’omwoyo, olina okutuukiriza ebyo omunnyo ogw’omubiri bye gukola. Oli kaloosa, okuuma era otukuza n’ensi ejjudde ekibi ebeera ekwetoolodde. Bw’otakoma ku w’obeera, olinga omunnyo oguweddemu ensa. Tobeera na mugaso.

Mu kuzozesa ebyokulabirako by’omunnyo n’ekitangaala, Yesu yakiraga kaati nti abakkiriza balina okufuga ensi bulungi. Tufuga ensi mu ngeri y’okusembeza abantu bonna gye tuli mu kitangaala eky’enjiri.

Baibuli kitabo ekijjudde embooji z’abasajja n’abakazi ba Katonda abaafuga ensi ng’ekitangaala era ng’omunnyo.

OKUTEEKATEEKA

Okuteekateeka y’engeri oba enkola y’ekintu kyonna. Ky’oba osazeewo obeeko ky’okola. Okuteekateeka okubuulira enjiri ng’olungamizibwa Mwoyo Mutukuvu kintu ky’amaanyi. Kikyusa ebirooto ne bibeera

bya ddala, ky'oyagala ne kikolebwa. Kuleetawo omukisa eri Katonda okuba ng'akulungamya mu kubuulira enjiri. Bw'oteekateeka, oba otegeka kukola mulimu gwa Katonda. Okuteekateeka kukuyamba okumanya kye weetaaga okukola n'engeri y'okukikola okusobola okutuukiriza ekiruubirwa kye.

ENGERI Y'OKUTEEKATEEKA

Katonda alina engeri y'okutuukirira buli kibinja ky'abantu mu nsi. Alina n'eya buli kitundu, ggwanga n'ebitundutundu by'ensi. Buvunaanyizibwa bwaffe okuzuula era ne tuteeka ne mu nkola ebintu ebyo. Gino gy'egimu ku mitendera gy'enteekateeka ejja okukuyamba okutuukiriza ekiruubirwa bya Katonda. Buli emu ku zino eragibwa mu bulambulukufu mu kitabo kya Harvestime International Institute ekiyitibwa, *"Obuwanika bw'ebigendererwa."*

OMUTENDERA OGUSOOKA: Weetegeke.

Omutendera ogusooka mu kutuukiriza ekiruubirwa kwe kwetegeka ng'osaba n'okunoonya okwagala kwa Katonda.

Saba Katonda akubikkulire engeri ye ey'okutuukirira ekibinja ky'abantu, ekitundu, eggwanga oba ekitundutundu n'enjiri:

**Omuntu atekateeka by'ayagala okukola mu mutima gwe, Naye okuddamu kuva eri Mukama.
(Engero 16:1)**

Era otegeka nga weekenneenya obwebulungulule. Ekiruubirwa kyo n'enteekateeka yo bijja kukola olw'okwekenneenya kuno. Oteekwa okumanya abantu, ekitundu, eggwanga n'ebitundutundu by'oteekateeka okuweererezaamu. Kozesa obukodyo bw'ofunye mu ssomo ly'okwekenneenya obwebulungulule.

OMUTENDERA OGW'OKUBIRI: Manya ekiruubirwa kyo.

Manya ekiruubirwa kyo mu nteekateeka ya Katonda eri abantu bano. Ekiruubirwa ky'ekintu ky'oyagala okutuukako. Wekkaanye ebivudde mu kwekenneenya kwo okwobwebulungulule. Saba Katonda akulage ekiruubirwa kyo mu nteekateeka ye yonna ey'okutuusa enjiri eri abantu.

Ekiruubirwa kya Katonda ekikulu kwe kuba ng'abantu bonna bafuuka omu mu Yesu okuyita mu kukkiriza enjiri:

Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo.

Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. (Abafeeso 1:9-10)

Kiri mu nteekateeka ya Katonda okutuukiriza ekiruubirirwa kye:

Katonda yakigenderera atyo, ng'ayita mu kkanisa, alyoke yeeyoleke eri amaanyi n'obuyinza ebiri mu nsi ey'omwoyo eya waggulu, ng'abalaga nga bw'alina amagezi amangi ag'ebika eby'enjawulo.

Katonda yakola bw'atyo ng'enteekateeka ye ey'emirembe n'emirembe bw'eri, gye yatuukiriza mu ebyo byonna Kristo Yesu Mukama waffe bye yakola. (Abafeeso 3:10-11)

Ekkansa erimu abakkiriza abatuufu bonna. Ekkansa bw'eba etuukiriza ekiruubirirwa kyayo awo buli mukkiriza atekwa okuzuula ebiruubirirwa bye. Katonda alina ekiruubirirwa mu buli mukkiriza, engeri gy'ayinza okuweereza ng'abuulira enjiri. Bw'omanya ekiruubirirwa kyo, ozuula ekifo kyo mu nteekateeka ya Katonda.

Katonda bw'akulaga ekiruubirirwa kye, kiwandiike. Kino ky'ekiyitibwa "ehjombho y'ekiruubirirwa." Tebeera hjombho y'ekyo ky'okkiriza kiyigirizibwe. Ebeera hjombho ennyonnyola ekiruubirirwa kya Katonda gy'oli mu kuweereza mu bifo byeweekenneyezza.

Ekyokulabirako ky'ehjombho ey'ekiruubirirwa Harvestime ekikuwadde mu katundu k'okujuliza ak'ekitabo kino. Ehjombho eno eba eraga ekiruubirirwa eky'enjawulo ekitongole kye kirina mu nteekateeka ya Katonda.

OMUTENDERA OGW'OKUSATU: Weeteeketeke.

Bw'otegeera ekitundu kyo mu nteekateeka yo olw'ekiruubirirwa kya Katonda, oteekwa okukola enteekateeka ey'okukituukiriza. Kino okikola ng'oteekawo "ebigendererwa." Ebigendererwa ziba nteekateeka eziri mu buwandiike nga...

- Zikwatagana n'ekiruubirirwa Katonda kyayagala ofune.
- Ziraga ekyo ekirina okukolebwa.
- Ziraga oyo alina okukikola.
- Ziraga ennaku z'omwezi kwe kirina okukolebwa.
- Bwe kiba kyakutuukirira, laga kinaamalawo essente mmeka. (Enteekateeka ezimu zisobolola okumalirizibwa awatali nsimbi).

Nkola nnungi ey'okuwandiika enteekateeka yo. Buli kigendererwa kirina okuwandiikibwa mu ngeri eyinza okulaga nga etuukiridde oba nedda.

OMUTENDERA OGWOKUNA: Weeyongere mu maaso.

Baibuli esomesa bulungi nti okukkiriza okutali bikolwa kufu (Yakobo 2). Kino kitegeeza nti essaala, okukkiriza n'okuteekateeka tebija kutuukirira awatali bikolwa. Okuteekateeka kuluubirirwa bikolwa so si kubeera awo. Oteekwa okukola otuukirize ebigendererwa by'otegese. Ebigendererwa biteekwa okubuulirwa abalala abanaakola naawe. Abantu balina okuyigirizibwa ekyetaagibwa, obukodyo

obwetaagibwa, okuzzibwamu amaanyi nga bategekeddwa bulungi era nga balufhjamiziddwa okutuukiriza ebigendererwa. Tuli bikozezebwa bya Katonda okutuukiriza ebiruubirirwa bye:

Temuwangayo bitundu byammwe eby'omubiri okukozesebwa ebitali bya butuukirivu eri ekibi, naye mweweereyo ddala eri Katonda, ng'abantu abalamu abaava mu bafu. Ebitundu byammwe eby'omubiri gwammwe bikozezebwe eby'obutuukirivu eri Katonda. (Abaruumi 6:13)

Ng'okukkiriza awatali bikolwa bwe kuli okufu, bwe kibeera ne kukuteekateeka okutali bikolwa.

OMUTENDERA OGWOKUTAANO: Tuukiriza.

Yesu bwe yatuma abayigirizwa be okuweereza, baddayo n'alipoota. Yesu yakebera obuweereza bwabwe. Okukebera kuno kulungi eri obuweereza obukula. Bw'okebera ogezesa ekintu mu ngeri ey'okwegendereza okumanya omugaso gwakyo.

Bwe weekenneenya ebigendererwa, olaga obukulu bw'okutuukiriza ekiruubirirwa kya Katonda. Osoma ebivudde mu buweereza bwo okuzuula oba enteekateeka ze wakoze zituukiridde. Weekenneenye engeri gy'okutuukiriza era ne w'olemereddwa olwo n'otuukiriza enteekateeka. Mu ssaala olina okufaayo ku bivudde mu kweekenneenya kwo okusobola okweyongera okuteekateeka.

Ekiruubirirwa kyo kijja kubeeranga ky'ekimu, naye enteekateeka z'okutuukiriza zijja kukyuka. Obwebulungulule bujja kukyuka era oteekwa okukyusa enteekateeka. Era olina okweresa ebigendererwa ebitayambye mu kutuukiriza ekiruubirirwa kya Katonda era n'oteekawo ebigendererwa ebipya era obeeko ky'okola.

Ekiruubirirwa kyo kijja kusigala nga ky'ekimu, naye ojja kuddingana emitendera egisoose ena mu nkola y'okuteekateeka nga bw'ofuba okutuukiriza ebiruubirirwa bya Katonda: Tegeka, teekateeka, weyongereyo, tuukiriza.

Beeranga n'ekiruubirirwa kyo mu ndowooza yo. Ekiruubirirwa kiringa okwolesebwa okw'omwoyo. Awatali kiruubirirwa, ojja kulemererwa:

Awatali kwolesebwa abantu tebaba beegendereza, naye wa mukisa oyo akuuma amateeka ga Mukama. (Engero 29:18)

ESSOMO LY'OKUTEEKATEEKA

Essomo lino lirazeeko kitono ku nnyanjula y'essomo ly'okuteekateeka. Olusoma lwa Harvestime International Institute oluddako oluyitibwa, "Obuwanika bw'ebigendererwa," lukuwa ebiragiro ku ssomo lino. Likusomesa okutuukiriza obuwanika Katonda bw'akuwadde mu by'omwoyo.

Osobola okusoma ku nnimiro z'amakungula n'okutuusa Yesu lw'alidda, naye okuleka ng'oteeseteese era n'otuukiriza enteekateeka yo ey'amakungula, ennimiro tezijja kukungulibwa.

OKWEGEZAAMU

1. Wandika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Nnyonyola ekigambo "ekiruubirwa."

.....
.....
.....

3. Nnyonyola ekigambo "enteekateeka."

.....
.....
.....

4. Ebigendererwa kye ki?

.....
.....
.....

5. Ebyokulabirako eby'omubiri ebibiri Yesu by'akozesa okulaga abakkiriza bwe bakoma ku bwebulungulule by'ebiriwa?

.....
.....
.....

6. Leeta emitendera etaano egy'okuteekateeka okuweebwa mu ssomo lino.

.....
.....
.....

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma ku bulamu bw'abamu ku bakulembeze ab'amaanyi mu Baibuli. Baakoma batya ku bwebulungulule bwabwe?
Ekyokulabirako, laba obulamu bwa Yusuufu, Musa, Eseza, Danyeri, Nekemiya, Ezera ne bannabbi abalala, abalamuzi ne bakabaka b'ebiro eby'endagaano enkadde.
Soma ku bulamu bwa Yesu n'engeri gye yakoma ku bwebulungulule bwe. Siteefano, Paulo ne Peetero nabyo byakulabirako bya ssomo lino.
2. Yongera osome ku Yesu n'abakkiriza ng'ekitangaala ky'ensi
Matayo 4:16, 5:14-16, 6:22-23
Luka 1:19, 2:32, 8:16, 11:33, 12:35, 15:8
Abafiripi 2:5
Yokaana 1:4-9, 3:19-21, 5:35, 8:12, 9:5, 11:9-10, 12:35-46
Abaruumi 13:12
Abafeeso 5:8
1 Abasessaloniika 5:5
1 Peetero 2:9
2 Peetero 1:19
1 Yokaana 1:5-7, 2:8-10
Okubikkulirwa 21:23
Weebuze: Ngeri ki gye nkomye ku bwebulungulule bwange ng'ekitangaala.
3. Weeyongere okusoma ku bakkiriza nga balinga omunno gw'ensi:
Matayo 5:13
Luka 9:50
Luka 14:34
Abakolosaayi 4:6
Weebuze: Ngeri ki gye nkomye ku bwebulungulule bwange ng'omunno.
4. Weeyongereyo n'essomo ly'okuteekateeka n'olusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa, "Obuwanika bw'ebigendererwa." Nga lwe lusoma "olw'okutegeka" olusembayo mu ssomo lino.

OKUJULIZA

ENSIBUKO Y'OBUBAKA

Zino z'ezimu ku nsibuko y'obubaka bw'okukola okwekenneenya ku bwebulungulule. Ensibuko zonna ziyinza obutabaawo oba nga tezija kukukolera mu ssomo lino. Naye kozesa ezo ezinaakuyamba, muno mulimu:

- Ebyalo, ebika, abakulembeze mu mawanga.
- Abakulembeze mu gavumenti.
- Abakulembeze b'eddiini n'abamiisani.
- Enkiiko z'amakanisa.
- Ebitebe by'ebiyayi by'eddiini ez'enjawulo.
- Ebitongole bya gavumenti n'eddiini.
- Abasomesa.
- Ebizimbe by'ekibuga.
- Ofiisi z'ebitundu.
- Ebitongole ebiteekerateekera ekibuga.
- Ekitongole ky'okuzimba.
- Kkampuni z'ebikozesebwa.
- Eby'obusuubuzi n'e by'enfuna.
- Olukiiko lw'ebyobusuubuzi.
- Ofiisi z'amasomero ku disitulikiti.
- Ekitongole ekitwala ebizimbe ebizimbiddwa.
- Abakola ku by'okuzimba.
- Ofiisi z'amawulire.
- Abakola ku by'entambula.
- Abakola alipoota ku miwendo gy'abantu.
- Kkampuni z'amasimu.
- Ebyempuliziganya ebya bulijjo.
- Ofiisi za Laadiyo ne Ttivi.
- Kampuni z'ebyentambula.
- Eterebero ly'ebitabo.
- Awaterekerwa ebwandiiiko bya gavumenti, ebisomesa ku mirimu, oluse lw'abantu n'amadiini.
- Abatuuze b'ebitundu.
- Amakaddiyizo g'ebyobuwangwa n'ebyafaayo.

EKYOKULABIRAKO KY'EBIBUZO EBIBUUZIBWA

Bino by'ebukulabirako by'ebibuuzo eby'okubuuza abakulembeze ab'enjawulo. Si byonna nti bijja kukola ku kwekenneenya kwonna naye kozesa ebibuuzo by'oyagala. Olina okukozesa ne ku bibuuzo ebirala ky'ekyo ky'oba okola. Ebibuuzo bino byakulabirako byokka by'oyinza okugoberera.

EBIBUUZIBWA ABAKULEMBEZE:

1. Erinnya lyo ggwe ani?
2. Okola ng'ani mu _____ (Kyalo, kibuga, kika, ggwanga oba ekitundu?)
3. Biki by'olaba ng'ebizibu oba ebyetaago by'abantu abasinga?
4. Abantu enkyukakyuka y'eddiini bagiraba batya?
5. Waliwo ku biragiro bya gavumenti ebiyinda okukosa omulimu gw'okubuulira enjiri wano?
6. Waliwo ku bubaka bw'olina ku bantu, eby'enjigiriza, n'eddiini mu _____ (Kyalo, kibuga, ekika, eggwanga oba ekitundu n'ebirala)
7. Lulimi ki olusinga okukozesebwa abantu?
8. Nnimi ki endala ezoogerebwa abantu?
9. Abagunjufu mu kusoma n'okuwandiika b'enkana ki?

EBIBUZO ERI ABAKULEMBEZE BA GAVUMENTI N'EBITUNDU:

Ebibuuzo by'ekitundu kino bikwataganye n'obutonde bw'ensi, obuwangwa, enkolagana n'ebiva ebweru mu kwekenneenya kuno. Basobola okukuyambako n'ebibuuzo bino:

EBIBUZO ERI ABAKULEMBEZE B'EDDIINI:

1. Oweerezza banga ki wano?
2. Osobola otya okutuukiriza obuweereza?
3. Olemereddwa otya oba olowooza wa we weetaaga okulongoosa?
4. Waliyo ku bibinja by'abantu by'otannatuukirira? (Bwe kiba kityo, be bani, wa, lulimi ki lwe boogera?)
5. Waliyo ku miwendo gy'ekkanisa egitambulira ku mazima ga Baibuli oba waliwo obwetaavu bw'endala?
6. Buweereza ki bw'okolera wano?
7. Ogwa mu nzikiriza ki?
8. Waliwo ku bwetaavu bw'ebiwandiiko by'obukristaayo?
9. Bika ki eby'amatendekero g'obukristaayo ebiriyo?
10. Kozesa okwekenneenya kw'ebiyomwoyo kw'olusoma luno. Basabe bakuyambeko okumaliriza okwekenneenya kuno.
11. Nnyonnyola ebirubirirwa byo eby'omwoyo mu kitundu kino era obuuze bw'oyinza okutuukiriza omulimu gwo.
12. Babuuzo kye balowooza: Kino kiseera kya kusiga mu mwoyo oba kukungula mu kitundu kino?
13. Ndowooza ki ey'abantu eri obuweereza bwo wano?

EKYOKULABIRAKO KY'EŋŋOMBO Y'EKIRUUBIRIRWA

Obukulu bw'engombo y'ekiruubirirwa mu buweereza bwannyonyoddwa mu lusoma luno. Kino ky'ekyokulabirako Harvestime International Network ky'ekuwa:

Kyasenziira ku nnimiro z'amakungula ez'ensi eno, Yesu Kristo ze yatunuuliza ennyo abayigirizwa be:

Mmwe temugamba nti, 'Ekyasigaddeyo emyezi ena amakungula gatuuke?' Kale muyimuse amaaso gammwe, mutunuulire ennimiro! Amakungula gatuuse. (Yokaana 4:35)

Okusoomoozebwa okwatuweebwa Yesu kwa kubeera bakozi, abasajja n'abakozi abamanyi okukungula mu nnimiro z'omwoyo ez'ensi ku lw'obwakabaka bwa Katonda. Ensonga eno y'eyaleetesa Harvestime International Network. Okwewaayo, okufuna okutendeka, okusikiriza n'okukungula abakunguzi mu buli ggwanga abalina obusobozi bwa:

1. Okwegayirira olw'omakungula g'omwoyo mu mawanga ag'enjawulo:

N'agamba abayigirizwa be nti, "Eby'okukungula bingi nnyo, naye abakozi abakungula batono. Noolwekyo musabe nannyini nnimiro, aweereze abakozi mu nnimiro ye. (Matayo 9:37-38)

2. Okwatula ennono z'okukungula mu mwoyo:

Ebyo bye wawulira nga njogera mu maaso g'abajulirwa abangi biyigirizenga abantu abeesigwa, abalisobola okubiyigiriza abalala. (2 Timosewo 2:2)

3. Okwolesa ennono z'okukungulira mu mwoyo:

Era okubuulira kwange n'okuyigiriza tebyali mu bigambo bya magezi ebisendasenda, naye byali mu maanyi ne Mwoyo Mutukuvu. Okukkiriza kwammwe kuleme kuba kw'amagezi ga bantu wabula kwesigame ku maanyi ga Katonda. (1 Abakolinso 2:4-5)

4. Okuwuliziganya ku bwetaavu obw'omulimu gw'okukungula mu mwoyo mu nsi yonna:

Amakungula gayise, n'ekyeya kiyise, tetulokolebbwa. (Yeremiya 8:20)

5. Okukungula abantu mu mubiri gwa Kristo okukungula mu nnimiro ze baalondebwa mu nsi yonna, amakungula ag'ebiro eby'oluvannyuma:

Abateekuba mu kifuba kugamba nti, 'Tutye Mukama Katonda waffe agaba enkuba, eya ddumbi n'eya ttoggo, mu ntuuko zaayo; atugerekera ssabbiiti ez'okukunguliramu. (Yeremiya 5:24)

EBBIDIBWAMU KU BIBUZO BY'OKWEGEZAAMU

ESSUULA ESOOKA:

1. Mukama n'alaba ng'ekibi ky'omuntu kiyinze nnyo ku nsi; nga buli ndwooza y'omutima gw'omuntu mbi njereere ebbanga lyonna. (Oluberyeberye 6:5)
2. "Obwebulungulule" mubeeramu ebirabika enkolagana, obuwangwa, n'ebyomwoyo ebyetoolodde omuntu. Mubeeramu buli kitundu eky'awo omuntu w'abeera, w'akolera, ne w'aweereza.
3. Obwebulungulule bw'omuntu obwasooka lwe lusuku olwa Adeni. Kyali kifo kirungi nnyo era nga kituukiridde.
4. Obwebulungulule bw'ensi obuliwo bwe bumu ku bw'omuntu omwonoonyi mu nsi ey'ekibi eyo Sitaano gy'akolera.
5. Ekibi kyaleetawo enkyukakyuka mu bwebulungulule.
6. Abalabe b'ensi abasatu mu nsi, omubiri ne Sitaani bali ku mulimu.
7. Katonda yatuma Yesu okufiirira ebibi by'abantu bonna. Buli akkiriza Yesu ne yeenenya ebibi ajja kulokolebwa okuva mu kibi ky'omwoyo (okwawukana ne Katonda okw'olubeerera) era ng'ekivaamu eky'olubeerera kwe kufa okw'omubiri. Katonda alina enteekateeka y'okuwonya ensi embi bw'eti atondewo ensi endala.
8. Obuweereza bukolebwa mu bwebulungulule obw'ensi obujjudde ekibi. Naye waliyo obwebulungulule obw'enjawulo mu nsi bungu. Ng'abantu bonna bwe bakosebwa ensi erimu ekibi, era bakosebwa n'obwebulungulule mwe babeera. Bw'otegeera obwebulungulule bwabwe obw'enjawulo osobola okubeera ng'otuukiridde mu kubatuusaako obubaka obw'enjiri.

ESSUULA EYOOKUBIRI:

1. Kubanga buli mwana wa Katonda awangula ekibi n'okwegomba ensi, era kuno kwe kuwangula okwawangula ensi, kwe kukkiriza kwaffe. (1 Yokaana 5:4)
2. Okwekenneenya obwebulungulule ly'essomo erirambulukufu ku bw'ebulungule omuli ebirabika, enkolagana, obuwangwa n'ensonga z'omwoyo.
3. Ebika by'okwekenneenya obwebulungulule bw'onekenneenya mu lusoma luno mulimu:
 - Obw'obuntu
 - Ebibinja by'abantu.
 - Ebitundu.
 - Eggwanga.
 - Ebitundutundu.
 - Ebitongole by'obukristaayo ebiriyo.
4. Laba ensonga musanvu lwaki okwekenneenya obwebulungulule kwa mugaso mu ssuula eyookubiri.
5. Obuzibu mukaaga obwokwewala mu kwekenneenya obwebulungulule.
6. Teweekenneenya bintu na maaso go ag'omubiri gokka.
7. Tokyamuukirira olw'obunene bw'omubiri.
8. Totwalibwa n'alipoota embi.

9. Toba na kutya n'obutakkiriza.
10. Tokungaanya bituufu olw'okuba nga by'ebituufu.
11. Teweeseba ku kya singa, naye ku kutya?

ESSUULA EYOOKUSATU:

Temuli kwegezaamu.

ESSUULA EYOOKUNA:

Temuli kwegezaamu.

ESSUULA EYOOKUTAANO:

1. Mwekebere mulabe obanga muli mu kukkiriza; oba temumanyi nga Yesu Kristo ali mu mmwe? Mpozi nga temukakasibbwa. (2 Abakolinso 13:5)
2. Okwekenneenya kwo okw'obwebulungulule kwe kuyiga kw'ofuna ku bwebulungulule bwo.
3. Okwekenneenya kw'omuntu okwobwebulungulule mulimu okwekenneenya kwa buli kitundu ky'obulamu bwo omuli, enkolagana yo n'endabika, obuyigirize, eby'ensimbi, n'obwebulungulule obw'omwoyo.
4. Bino by'ebiruubirirwa eby'okwekenneenya okw'obuntu:
 - Okumanya embeera yo ey'omwoyo.
 - Okuzuula obunafu bwo obw'omwoyo.
 - Okuzuula obusobozi bwo obw'omwoyo.
 - Okuzuula ebirabo byo eby'omwoyo.
 - Okuzuula ekifo kyo eky'obuweereza mu mubiri gwa Kristo.
 - Okukola enteekateeka y'okutuukiriza obuweereza bwo.

ESSUULA EYOOMUKAAGA:

1. Katonda amanyi ebintu byonna, so tewali kitonde na kimu ekikwekeddwa amaaso ge. Alaba buli kintu, era tulyogera mazima nga tumutegeeza buli kimu. (Abaebbulaniya 4:13)
2. Ekibinja ky'abantu ky'ekyo omubeera abantu nga bawasangana era nga bakolagana bokka nga bwe bali mu kitundu kyabwe. Okugeza ekibinja ky'abantu kibeera ekika oba olunyiriri olwetongodde.
3. Obasomako mu nkolagana, obuwangwa n'ebw'omwoyo. Era weekenneenya n'amaanyi agava ebweru w'ekibinja ekikosa okukkiriza kwabwe okw'enjiri.
4. Ekibinja ky'abantu kyekenneenya abantu abo abeetaaga okutuusibwako enjiri, kye bali, ani aw'okubatuukirira n'engeri ze bayinza okutuukibwako obulungi.
5. Bw'oba nga tewakola nteekateeka ya kutuukirira kibinja kino ky'oyizeeko na njiri, togezaako kugenda mu maaso nga tonnamala ssomo lino.

ESSUULA EYOOMUSANVU:

1. Situka, tambula obuwandu n'obukiika obw'ensi kubanga ngikuwadde. (Oluberyeberye 13:17)

2. Olw'essomo lino, ekitundu ky'ekiwayi ky'ensi ekikolebwa obutonde bw'ensi, olulimi, obuwangwa oba enkola ez'obufuzi.
3. Weekenneenye mu bulambulukufu ekitundu ekiri mu ggwanga. Manya obufuzi, obutonde bw'ensi, olulimi, obuwangwa ebikola ekitundu. Weekenneenye ebiva ebweru waakyo ebinyinza okukosa okukkiriza kw'enjiri.
4. Okwekenneenya kw'ekitundu kuzuula ebyo ebibinja by'abantu kye biri mu kitundu, kye bafaanaganya, ekitundu kye kiringa ani ow'okutuukirira ekitundu n'enkola ezikozesebwa okutuukirira n'enjiri, era omanyenye n'obuvunaanyizibwa bwo mu nteekateeka y'okutuukirira ekitundu kino.
5. Bw'oba nga tewakola kwekenneenya kwa kitundu nga bwe wasomye mu ssomo lino, teweyongerayo na ssomo lino.
6. Bw'oba tewakoze nteekateeka ya kutuukirira kitundu ky'oyize na njiri, togezaako kukola ssomo liddako.

ESSUULA EYOOMUNAANA:

1. Era mu linnya lye Enjiri ey'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi eribuulirwa amawanga gonna okutandikira mu Yerusalemi. (Lukka 24:47)
2. Eggwanga likolebwa abantu abali wansi w'obufuzi bwe bumu. Kibeera kitundu ekirina ensalo z'eggwanga ennambulukufu.
3. Bwe weekenneenya eggwanga oliyigako eby'obufuzi, obutonde bw'ensi, olulimi, obuwangwa, embeera z'omwoyo n'ebiva ebweru waalyo ebinyinza okukosa enjiri mu ggwanga lyonna.
4. Okwekenneenya kw'eggwanga kukolebwa okumanya ebibinja by'abantu ebiri mu ggwanga, ebituukiddwako n'enjiri. Kiki ekibinja by'abantu bino kye kifaanaganya eggwanga, liri litya, ani alina okulituukirira n'enjiri. Kiyinza kukolebwa kitya era zuula omulimu gwo mu nteekateeka ya Katonda eri eggwanga lino.
5. Bw'oba nga tewakola kwekenneenya kwa ggwanga ng'okola essomo lino, togezaako kweyongerayo na ssomo lino.
6. Bw'oba tewakola nteekateeka ya kutuukirira ggwanga ly'oyizeeko n'enjiri, tera okikole nga tonneeyongerayo na ssomo lino.

ESSUULA EYOOMWENDA:

1. Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balirokolebwa, naye abo abatakkiriza balisaliirwa omusango ne gubasinga. (Makko 16:15)
2. Olw'essomo lino, ekitundutundu kiba kitundu kya nsi ekikolebwa amawanga ag'enjawulo agali mu kitundu ekirina obutonde bw'ensi bwe bumu, olulimi, obuwangwa, eby'eddiinio oba eby'obufuzi.
3. Bwe weekenneenya ekitundutundu ky'oyigako, manya obufuzi, obutonde bw'ensi, olulimi, obuwangwa eby'omwoyo n'embeera eziva ebweru ebinyinza okukosa okubuulira enjiri mu kitundu kino.
4. Okwekenneenya kw'ekitundutundu kukolebwa okumanya mawanga ki mu kitundu ekyo amawanga gano gafaanaganya ki? Ekitundutundu ekyo kiri kitya, ani alina okukituukirira? Era

ng'eri ki gye kinaatuukirirwa? Ekiruubirirwa kiri ggwe ozuule omulimu gwo mu kutuukirira ekitundutundu kino n'okukuyambako okukola enteekateeka osobole okutuukayo n'enjiri.

5. Bw'oba nga tokoze kwekenneenya ku kitundutundu kino nga bwe wayize, sooka okukole olyoke weeyongereyo n'essomo lino.
6. Bw'oba nga tonnakola nteekateeka ya kutuukirira kitundutundu kino ky'oyize n'enjiri, teweyongerayo mu ssomo lino.

ESSUULA EYEKKUMI:

1. Alina amatu awulire Omwoyo ky'agamba Ekkansa ezo. (Okubikkulirwa 2:29)
2. Ebiruubirirwa by'okwekenneenya ebitongole by'obukristaayo bye:
 - Okuzuula obukulu bw'ekitongole, kye kirina eky'enjawulo mu kutuukiriza omulimu gw'ekkanisa ogw'okubuulira enjiri.
 - Okuzuula okutuukirira kw'ekitongole ekyo ekiriwo. Kituuse wakati mu kutuukiriza ekiruubirirwa kyayo. Kituukirizza kitya? Biki bye kiremereddwa?
 - Okukola enteekateeka z'ekitongole okusobola okutuukiriza ekiruubirirwa kya Katonda ky'abawadde
3. Okwekenneenya kw'ekitongole ekiriwo mubaamu okuyiga kw'ekiruubirirwa kya kyo, enteekateeka, obusobozi, obunafu, obwebulungulule, ebikozesebwa n'entegeka zaakyo.
4. Bw'oba nga teweekenneenya kitongole kya Bukristaayo nga bwe wasomye mu ssomo lino, kikole nga tonneyongerayo na ssomo lino.
5. Bw'oba nga tewateeka mu nkola bye waggya mu kwekenneenya, tera okikole nga tonneyongerayo na ssomo lino.

ESSUULA EY'EKKUMI N'EMU:

1. Mmwe muli musana gwa nsi. Ekibuga tekikwekebwa ku lusozi. (Matayo 5:14)
2. Ekiruubirirwa ky'ekyo kyoyagala okufuna. Kibeera ekyo ekivaamu, ekyo ky'oba oyagala kibeere.
3. Enteekateeka y'engeri gy'oyinza okutuuka ku biruubirirwa.
4. Ebigendererwa z'ehhombi z'engeri gy'ojja okutuuka ku kiruubirirwa kyo
5. Ekitangaala n'omunyo.
6. Weetegeke.
 - Zuula obukulu bwo.
 - Weeteeketeke
 - Weeyongere mu maaso.
 - Tuukiriza.